AKABONERO

Muyinza okutuula. Mwasuze mutyanno, mwenna! Ndi musanyufu okuba ku mulimu gwa Mukama enkya ya leero, nga nkomyewo nate ku. . . Twabadde tetumanyi oba nga tunaakomawo oba nedda, naye Mukama yatuteereddewo ekkubo, ne tusobola okukomawo okuba mu lukuŋŋaana lwa leero. Kati tusuubira okuba n'ekiseera eky'ekitalo ddala olwa leero, ku makya gano, mu ssomo lya Ssande lino ekkulu, mu Kigambo. Era akawungeezi k'olwa leero wajja kubaawo okusabira abalwadde nate, n'okusembera kulyoke kuddirire.

2 Kaakano tulina o—omwana ow'okuwongayo, nzikiriza nga. . . Ow'oluganda Neville abadde yaakambuulira nti waliwo alina omwana we gw'ayagala awongebweyo. Kale omwana oyo bw'aba asobola okumuleeta mu kiseera kino, kati. Ne muganda waffe n'asigala, oba omu ku bo, n'asigaala ku nnanga ennene oba entono, emu ku zo. Omwana n'aleetebwa. Tugenda kuba n'okusaba okw'okuwongayo omwana; tusobole mu bwangu ddala, nga bwe kisoboka, okuyingira mu Kigambo.

3 Kubanga, twagala oku—okuleeta Ekigambo. Ekyo—ekyo kye kintu ekisinga obukulu, twagala tuweereyo ddala obudde bwaffe eri Ekigambo kya Mukama. Kale tuli basanyufu nnyo olw'omukisa gw'okubasisinkana mwenna wano olwa leero, n'oku. . . n'o—n'ogw'olukuŋŋaana luno.

4 Ndabika nnakozeemu ensobi. Tekirina mutawaana, mwannyinaze. Nna—nna—nnabadde ndowooza waliwo. Oba oli awo ebadde nsobi. Kale. Kaakati, naye, era, nkwebaliza ddala. Oba oli awo kino, ndowooza kyayise mu muntu mulala, ne kiddamu ne kiyita mu muntu omulala, kale ekyo ne kikizibuwazaamukko.

5 Kati buli omu yeewulira bulungi? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] . . . ? . . . Katonda yeebazibwe!

6 [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Wuuno ajja nabo."—Omuk.] Kati, o, kale, abaana baabano bajja. Munsonyiwe. Munsonyiyire ddala. Kale, omukadde, osobola okujja? ["Yee, ssebo."]

7 Ddala, nga buwala buto obulabika obulungi, obuwala bubiri obw'amaaso ag'emmunye eza kitaka! Huh? Kirungi ekyo. Erinnya lye y'ani? Tunulako eno! [Nnyina w'omwana addamu nti, "Jennifer Lee."—Omuk.] Jenny? ["Jennifer Lee."] Jennifer Lee. Ate erinnya erisembayo? ["Serept."] Serept. Muvudde ludda wa, Mwannyinaze Lee? ["Versailles, Illinois."] Versailles, Illinois. Nga kirungi!

8 Kati, mu Bayibuli. Kati, batera, ba—bakola ebintu nga okubatiza abaana abato; naye ffe tetukkiririza mu kubatiza

baana bato, kuba baba tebannayonoona, baba bakyali bato nnyo. Naye tukkiririza mu kuwongayo abaana abato eri Mukama. Kati nze n'omukadde tugenda kussa emikono ku mwana. Ogambye ye, Jenny? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Jennifer."—Omuk.] Jennifer. Kale.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

9 Kitaffe Ow'omuggulu, enkya ya leero nga bwe tuleeta omuwala omuto ono, ayitibwa Jennifer, gy'Oli, nnyina n'abaagalwa be bamujje wala ddala, okumuleeta wano okuwongebwayo eri Mukama. Tumanyi nga wassanga emikono Gyo ku baana abato abali nga ono, mu biro Byo, era—era n'ogamba nti, "Muleke abaana abato bajje Gyendi, so temubaziyiza, kuba abalinga abo Obwakabaka obw'omu Ggulu bwe bwabwe." Kaakano tumuwaayo gy'Oli, olw'obulamu obw'okuweerezanga, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

10 Erinnya ly'akawala akalala ke ka ani? [Nnyina w'omwana addamu nti, "Connie Lynn."—Omuk.] Connie Lynn. Kale, omuto Connie, ogira, ondeetera nange okuwulira nga omuto. O, otidde? Ha, ntiddemu ekyo kiyinza obutakola, maama. Kale.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

11 Mukama Yesu, maama aleese omuto ono Connie gye tuli enkya ya leero, mu kusaba okw'okumuwongayo eri Omuyinza wa byonna. Ggwe wamuwa omwana ono, okumukuza, era naye wuuno amuleese gy'Oli, ne muganda we omuto. Nkusaba, Kitange Ow'omuggulu, Obeere wa kisa. Amaka gawe omukisa. Omuwala ono omuto muwe omukisa. Nga bwe tumuteekako emikono, mu Linnya lya Yesu Kristo, tumuwaayo gy'Oli olw'obulamu obw'okukuweerezanga. Amiina.

Katonda akuwe omukisa, n'abaana bo.

Bannange, ate kati abato nga tulina bangi ddala!

12 Erinnya ly'akalenzi ke ka ani? [Nnyina w'omwana addamu nti, "Joel Lee Watson."—Omuk.] Joel Watson. ["Joel Lee."] Joel Lee Watson. Nga kalenzi kalungi nnyo, kalina amaaso ag'emmunye eza bbululu amanene! Bannange! Muviiridde wa? ["Eastman, Georgia."] Muva Georgia. ["Um-hum."] Mbadde ndowooza muva mu Bukiikaddyo. Mbadde ssimanyi . . . ["Kale, amaka gaffe gali awo okuliraana Tifton. Kiri mmanga eyo."] O, ddala. Ha, ogamba ki! Kitegeeza, kano kalenzi kalungi ddala, enzaalwa ya Georgia, huh? Kale, ssebo. Yee, ssebo, ekyo kirungi nnyo. Koogera, n'okwogera. Oyogera?

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

13 Kitaffe Ow'omuggulu, tuleeta omulenzi omuto ono omwagalwa, nga nnyina ne kitaawe bwe bayimiridde wano olw'ensonga y'o—y'okutabagana kwabwe. Wabawa omulenzi omuto ono bamukuze, era bamukomezzaawo gy'Oli. Nga kino kiba ki—kifaananyi kirungi ddala, okufaananako ne

Kaana, ow'edda, eyasaba okufuna omwana; era—era Katonda omwana n'amumuwa, bw'atyo n'amukomyawo mu yeekaalu ya Katonda, okumuwongayo. Kkiriza, Mukama, omulenzi ono abeere muweereza Wo, ne kitaawe ne nnyina baweebwe omukisa, era babeere n'obulamu obulungi wamu n'amaanyi okusobola okumukuza. Era leka awangaalire, mu bulamu obw'essanyu, era abeere muweereza Wo, nga bwe tumuwaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina. (Abawe omukisa!) Mumukuze afuuke omusajja omulungi ddala, oba oli awo abeere nnabbi omulala omuto nga Samwiri.

14 Kati wano waliwo obulenzi bubiri obulabika obulungi. Bannange! Buli busatu, ate? Awo, kati eyo eba famire nnamba. Erinnya lyo ggwe ani? [Omulenzi addamu nti, "Michael."—Omuk.] Michael. Ate eriryo ggwe ani? [Omulenzi omulala addamu, "Paul."] Paul. Nga mannya malungi ddala! Ate eriryo? [Omuwala addamu nti, "Debbie."] Debra. Ekyo ddala kirungi. Michael, ne Paul, ne Debra. Ate erinnya lyo erisembayo ggwe ani? [Kitaawe w'abaana addamu nti, "Ellis."] Ellis? ["Weewaawo."] Ddala, nkubuulira, eyo famire nnungi ddala ey'amaanyi.

15 Omanyi, bwe ndaba abaana abato nga abo, bulijjo nange kinzijukiza bwe nnali nkyali kalenzi kato. Naye kati mumanyi, nga enjogera ey'edda bw'egamba nti, "Kati bakulinnya ku bigere, naye ate oluvannyuma omutima gwo gwe bajja okulinnyirira," naye ssikkiriza nti kinaaba bwe kityo bwe tubawongayo eri Mukama. Tulina wano obuvunaanyizibwa, era kino Katonda yakiteeka mu mukono gwo. Yakufuula omubuulizi. Bulijjo njogera ku bakazi ababuulizi, nga bwe mumanyi, naye buli maama mubuulizi; ekibiina kye mw'abuulira kye kino wano, mukiraba, okukuza obulungi abato bano, nga kitaabwe ali ku mulimu akola. Kale nno mulina obuvunaanyizibwa. Katonda mwembi abawe omukisa. Mulina amaka amalungi.

16 Kitaffe Ow'omuggulu, tujja n'omuto Michael, nga alabika nga ye mubereberye. Era tumussaako emikono gyaffe, mu kumuwongayo, eri Yesu Kristo. Amaka mw'ava galeese abaana baabwe abato kubanga wababakwasa oku—okubalabirira, era bakimanyi nga tebalina busobozi bumala, awatali buyambi Bwo, kye bavudde baleeta ab'amaka gaabwe, okubawongayo.

17 Kaakano mpaayo omuto ono Michael gy'Oli, okutambulira mu bulamu obw'okuweerezanga, mu Linnya lya Yesu Kristo. Mu ngeri y'emu, tuteeka emikono gyaffe ku muto Paul, era tuwaayo obulamu bwe eri Yesu Kristo, okutambulira mu bulamu obw'okuweereza ku lw'ekitiibwa kya Katonda. Ne ku muto Debra, tumussaako emikono, Kitaffe, okumuwongayo, nga tujjukira Yesu Kristo, Oyo eyateeka emikono Gye ku baana abato, n'agamba nti, "Mubaleke bajje Gyendi; so temubaziyiza." Leka obulamu bw'omuwala ono omuto buweebwe omukisa mu Bwakabaka bwa Katonda.

18 Kitaabwe ne nnyaabwe bawe omukisa, era nsaba bawangaale, babe n'obulamu obweyagaza obw'obuwangaazi, okulaba abaana baabwe nga baweereza Katonda. Tusabye omukisa guno ku lw'ekitiibwa kya Katonda, nga bwe tubawongayo mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Abawe omukisa! Abawe omukisa! Muli famire entonotono, ennungi ddala. Weewaawo.

19 Nga . . . Mumanyi kye ndowooza? Abawala abato kati, balungi nnyo okusinga bwe baali nga nkyali mulenzi muto. Yee, ssebo. Gano nga maaso amanene agalabika obulungi ddala! Erinnya lye ye ani? [Nnyina w'omwana addamu nti, "Joanna."—Omuk.] Joanna. Ate erinnya lyo erisembayo ggwe ani . . . [Kitaawe w'omwana addamu nti, "Blair."] Blair, Joanna Blair. Mmwe abali awo abalengera wano, omuto ono si mulungi nnyo? Yee, ssebo. Ye oli otya, Joanna, huh? Alinamu ensonyi entonotono, uh-huh, alinamukko ensonyi. Kakazi kattu akasanyusa.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

20 Kitaffe Ow'omuggulu, amaka gano aga ba Blair gaafuna ekirabo kino okuva mu kutabagana kwabwe, ekya Joanna ono omuto. Naye tumanyi nti ennaku zino mbi, nga Ssetaani ali ku buli ludda, okutaayiza, nnaddala abawala bano abato. Era bamanyi nti tebasobola kwemalirira ku bwabwe bokka ku—kumukuza mu bugolokofu. Ate nga baagala akuzibwe bulungi, era a—abeere muweereza gy'Oli. Kubanga omuwala ono omuto bamukuza okukula nga akussaamu ekitiibwa. Era kaakano bamuleese, okumuwongayo, gy'Oli. Tumuteekako emikono gyaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo, nga bwe tuwongayo omuto Joanna Blair eri Obwakabaka bwa Katonda, olw'ekitiibwa kya Katonda. Amiina.

Akuwe omukisa, Ow'oluganda Blair. Mukama abeere naawe.

21 Wasuze otyanno, ssebo! [Taata w'omwana addamu nti, "Nnasuze bulungi!"—Omuk.] Omulenzi nga alabika bulungi nnyo ono! Owaaye, oli otya? Kale nno, bannange, olabika bulungi bw'okyuka n'otunulako erudda *eno*. Yee, ssebo. Alina, akatwe, akalungi, n'ekyenyi ekikagenderako. Huh?Erinnya lye ye ani? ["Daniel Mark."] Daniel Mark. Ate eriryo erisembayo? ["Mark Kardum."] Hardum. ["Kardum."] Kardum, Daniel Mark Kardum.

22 Oviiridde kumpi wano, Ow'oluganda Kardum? [Ow'oluganda Kardum addamu nti, "Kati, ndi mu kibuga Melkerk."—Omuk.] Yee, ssebo. Osibuka wa? ["Nsibuka mu ssaza lya New York."] Ssaza lya New York, oli Muyankee, si bwe kiri. ["Weewaawo."] Ddala, ssaza ddungi nnyo. Nninayo abantu bange ababeerayo. Kkojjange abeera Plattsburgh. Ha, waliwo bingi nnyo ebyansanyusa mu New York. Gye ndaga

mu lukuŋŋaana lwange oluddako, eyo mu Kibuga New York, mu kkanisa eyo eyitibwa The Stone Church. Kale.

23 Kati, erinnya lye ogambye, ye Mark? [Kitaawe w'omwana addamu nti, "Daniel Mark."—Omuk.] Daniel Mark, nga mulenzi muto omulungi ddala!

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

24 Mukama Yesu, tuleeta gy'Oli omuto Daniel Mark, mu kuwongayo obulamu bwe. Kitaawe ne nnyina baakwasibwa obuvunaanyizibwa, okukuza omwana ono mu kutya Katonda. Era bamanyi nga tebakisobola ku bwabwe bokka, kye bavudde bamuleeta gy'Oli, Mukama, osobole okuwa omukisa obulamu bwe. Era, kaakano, nga bwe tumanyi nti ennaku zino mbi, ze tulimu. Abato bano tubalaba, naye tetumanyi kiki kinaabaawo olw'enkya, naye, kyonna ekinaabaawo, tubateeka mu mukono Gwo. Tuteeka emikono ku mulenzi ono omuto, era tuwongayo obulamu bwe gy'Oli, okutambulira mu bulamu obw'okuweerezanga mu Bwakabaka bwa Katonda, tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

25 Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Mulenzi mulungi ddala. Naawe akuwe omukisa, omuto Mark.

O . . . baleete, mubaleete,
Mubaleete okubajja ebweru eyo mu kibi;
O, mubaleete, mubaleete,
Muleete abato eri Yesu.

Ekyo kirungi nnyo ddala! Weebale nnyo, mwannyinaffe.

26 Bameka abaali wano ku Ssande, abaasabirwa ku lwa Ssande oluyise, abalina kye bawulira era abawulira nti bawonyezebwa? Muwanike ku mikono gyammwe, abo abaasabirwa. Ha, bannange, laba laba, kyenkana buli omu.

27 [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Aleeruuya! Ekyo si kirungi nnyo ddala! Katonda atenderezebwe! Mbadde mbuwuliriza, wiiki eno yonna."—Omuk.] Yee, ssebo. Nange, bwentyo. Mpulira njagala kutuula butuuzi awo, mpulirize, olaba.

28 Mulaba, waliwo ekigenda mu maaso, kye nja okubabuulirako oluvannyuma, gye bujja, mulaba, kya—kya kitiibwa era kirungi nnyo ddala. Era ssinga tu . . . Tulikyogerako, mu lukuŋŋaana olulala, omanyi, gye bujja. Kitaandiikiriza butaandiikiriza okubaawo, era tukyebaliza.

29 Kati mbaddeko emmanga eyo mu Kentucky, nga bwe nkola buli mwaka, nga ŋŋendayo. Nnabaddeyo wamu n'abamu ku mikwano gyange. Naye okutwaliza awamu tekuba kuyigga kaamuje kyokka, ekyo mukimanyi, olaba.

30 Kale tufuna akaseera akanyuvu ddala, era twebaza Mukama!

31 Nnina okugenda kati, nnina okuddayo eka oluvannyuma lw'olukuŋŋaana luno. Ate olwo, nate tu. . . Ndikomawo nate, nga wayiseewo akaseera, bwe ndiba ŋŋenda mu lukuŋŋaana mu New York. Era bwe tulifuna akakisa okuyitirako wano, ddala, tu—tuliba basanyufu okuba n'olukuŋŋaana olulala wano mu kkuŋŋaaniro.

32 Ate era ndiba nnina okukomawo nate, nga ŋŋenda mu Shreveport. Ate olwo tuddeyo eka, era nduubirira okubeera wano okuyita mu kiseera ky'oluwummula, Mukama nga ayagadde, nkomyewo ab'ennyumba yange. Ate era—ate era njagala n'oku. . .

33 Kati ate waliwo n'olukuŋŋaana lwange olw'okubeera mu Phoenix, mu Janwali. Lwe lukuŋŋaana lw'Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi olubeerawo buli mwaka. Naye nga ekyabulayo wiiki nga emu oba ennaku kkumi lulyoke lubeewo, nja kugezaako oku—okupangisa ekyo ekinene. . . Ab'Erinnya lya Yesu; yali Waaluganda Garcia, ne—n'ow'oluganda Omusipeyini be baalina erudda eyo ekifo, ekinene ddala. Kino kyo baakakizimba. Kigenda kuba kituuza enkumi n'enkumi z'abantu eziwerako, kikyali kipya ddala, ate bo ekibiina kyabwe kitono nnyo. Baŋŋamba nti nsobola okukipangisa ekiseera kyonna we mba nkyagalira. Mu kifo ky'o—ky'okutambula nga nkyalira ebifo eby'enjawulo kimu ku kinnaakyo, nga bwe nneetooloola ekiwonvu, kkanisa ku kkanisa, ndowooza ekintu kyonna nja kukigatta wamu mu lukuŋŋaana lumu olunene oluzigatta zonna, mukiraba, tulukolere omwo.

34 Kati tusobola n'okupangisa yeekaalu. Tugenda kulaba oba nga tunaasobola, olwo tubeere n'Olukuŋŋaana lw'Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi. Kale, okutuusa nga eby'emitala w'amayanja bimaze okutereezebwa, tugenda kugezaako okutegeka enkuŋŋaana emmanga okutalaaga wonna mu Maserengeta, mu Janwali, Febwali, ne Maaci, okutalaaga wonna mu bitundu bya Southlands. Olwo—olwo tulyoke tugende. . . kubanga, ssinga tutandika kati ne tugenda mu Afirika. . . Olaba, ebiseera bino ebya Ssekukkulu, eri ewaabwe, bye biseera byaffe awo nga mu nnaku z'omwezi nnya Jjulaayi. Olaba, e—enkuba eba etonnya nga obudde bubi, kale toyinza kugendayo mu kiseera ekyo, n'olwekyo ekiseera ekisinga obulungi kwe kugendayo oluvannyumako. Era kati twagala, bwe tunaaba tusobodde, tutandikire mu Norway, tujje nga bwe tukkirira okwetooloola ensi, tuweerezeeko ne mu Afirika, tukomekkerereze eyo, Mukama nga ayagadde.

35 Naye kati mutusabire. Era tubaagala, ekyo mukimanyi. Kale tusuubira ebisukkiridde obungi, okusinga ku ebyo byonna bye tuyinza okukola, wamu n'okulowooza Mukama by'ayinza okukola.

36 Era tukkiriza, akawungeezi ka leero, wagenda kubaawo olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa olw'amaanyi. Nzikiriza nga wajja kubaawo o. . . Ssigenda kubuulirira bbanga ddene nnyo, kubanga tulina okusembera akawungeezi ka leero. Kale ŋŋenda kumala eddakiika nga abiri oba asatu, okuva awo tube n'olunyiriri lw'ab'okusabirwa, era—era amangu ddala nga olwo luwedde, tube—tube n'okusembera. Era mwanirizibwa okusigala mubeera naffe; tunaaba basanyufu. Tetulina gwe—gwe tugaana kujja kusembera. Kwa buli mukkiriza, buli mukkiriza.

37 Kati nga ssinnasoma Kyawandiikibwa, ssimanyi oba tusobola okukoteka ku mitwe gyaffe okumala akaseera. ŋŋenda kusaba mukwano gwange omwagalwa, Ow'oluganda Lee Vayle, bw'aba anaatukulembera mu ssaala, Katonda awe omukisa Ekigambo Kye. Ow'oluganda Vayle, onookitukolera ekyo?

[Ow'oluganda Lee Vayle kaakano asaba—Omuk.] Amiina. Kituwe, Mukama. Kituwe, Mukama. Kituwe, Mukama. Weewaawo, Mukama. Amiina.

38 Kaakano mu kussaamu ekitiibwa, ne bukkakkamu tuyingira mu Kigambo. Kati njagala okusoma, enkya ya leero, mu Kuva essuula ey'e 12, okutandikira ku lunyiriri olw'e 12, olunyiriri olw'e 12 n'olw'e 13, nga nazo ozitwaliddemu. Era muwulirize n'obwegendereza kati. Era nga tetunnagenda mu kusembera akawungeezi ka leero, musome essuula ey'e 12 eyo—ey'Okuva, essuula yonna; kubanga olunyiriri olw'e 11 wano lwe lw'okwetegekera olugendo, wamu n'okusembera nga olugendo terunnatandika. Era kati kino twagala tukikwate n'obukkakkamu n'okussaamu ekitiibwa. Kati olunyiriri olw'e 12 olw'essuula ey'e 12:

> *Kubanga ndiyita mu nsi ey'e Misiri mu kiro kiri, ndikuba ababereberye bonna mu nsi ey'e Misiri,* omuntu era n'ensolo; *era ku bakatonda bonna ab'e Misiri ndisala emisango: Nze* MUKAMA.
>
> *Awo omusaayi gulibabeerera akabonero ku* nnyumba *ze mulimu: nange bwe ndiraba omusaayi, ndibayitako, so tewalibeera lumbe ku mmwe okubazikiriza, bwe ndikuba ensi ey'e Misiri.*

39 Nsaba Mukama awe omukisa Ekigambo Kye Ekitukuvu!

40 Kati okuva awo njagala nzigyewo eky'okuyigako, nga kya kagambo kamu, ka nnukuta ttaano zokka: *Akabonero. Akabonero.* Njagala kwogera ku kigambo, oba kuyigiriza ku ssomo lino ekkulu erya Ssande, ku kigambo *akabonero*. Bayibuli egambye wano nti, "Awo omusaayi gulibabeerera akabonero." Kale twagala okukozesa ekigambo *akabonero*.

41 Kati tetumanyi, bwe ntunula ku ssaawa, era ekiseera bwe kinaatuuka, kale, bino bye. . . Nnina Ebyawandiikibwa, bingi nnyo ddala ebiwandiikiddwa wano. Kale si. . . Ate nga mmanyi nti ssigenda kuba nammwe okumala ekiseera ekiwerako. Ye

tumanyi ki oba guno si gwe gunaaba omulundi ogusembayo abamu ku ffe okusisinkana? Kale leka tugezeeko okukikwata n'obukkakkamu n'okussaamu ekitiibwa kwonna nga bwe kisoboka. Mmanyi kizibu. Ne Mukama naye—naye, atuwadde amakya amalungi kati, okuba n'olukuŋŋaana olulungi, ddala. Kale ka tugezeeko kati okussaayo omwoyo ku buli kintu kye—kye twogerako, kibeere nti . . . bwe wabaawo ekintu kyonna mu ebyo Mukama kye yandyagadde mutegeere, kibe nga kibaweebwa.

42 Ate tetuyimirira wano kulabibwa bulabibwa. Tetujja wano kulaga balala ngoye ze twambadde, manya, tu—tujja wano lwa kintu kimu kyokka, nga muganda waffe bw'asabye essaala eyo nti, "Tuli wano kuwulira Kigambo, Ekigambo nga kijja gye tuli." Ekyo kye twagala, kubanga ekyo kye Kintu kyokka ekigenda okuba eky'amakulu gye tuli, ky'ekintu kyokka ekigenda okuba eky'omugaso, ky'ekintu kyokka eki—ekigenda okutuyamba.

43 Ate tuli bantu abafa. Abantu bonna boolekedde Butaggwaawo. Naye ate buno bwe budde bwokka bwe tulina okukola okusalawo ku kkubo ki lye tunaakwata. Era oluguudo luli mu maaso gaffe; tusobola okulondako oludda lwonna lwe tuba tulonzeewo okukwata. Bw'atyo bwe yakola Adamu ne Kaawa, era naffe bw'Atukoze.

44 Tuteekwa okujjukira, nti si nsonga kiki kye tukola, oba tukulaakulana kwenkana wa, mu bulamu, awatali Kristo tuba tufiiriddwa buli kimu. Kale bwe kiba nga Ye, oluvannyuma . . . Bw'aba nga Ye yekka gwe tulina okutunuulira, awo nno tuba basirusiru abasingirayo ddala obutakakkiriza Ako, ne tuba, n'o—n'okukatwala nga eky'omuwendo ennyo. Si kukakkiriza bukkiriza kyokka, wabula okujja n'otuuka ku kintu ekisinga ku ekyo. Nga omaze okukafuna Ako, tokatwala Ako ate n'okateeka buteesi mu kabada. Kalina okubeera nga akola.

45 Kiringa bw'oyinza okugenda ew'omusawo okufuna eddagala, ate n'olissa mu kabada. Bw'ogenda n'ofuna eddagala, limire. Bw'oba n'obulwadde obukutawaanya, nga obujjanjabi buno bwe buteekwa okukuyamba, mira eddagala ly'aba akuwadde; ate limire mu ngeri gy'aba akulagiridde okulikozesaamu, kubanga oluusi eddakiika ntono ddala zireetawo enjawulo nnene nnyo olw'engeri gy'oba olikozesezzaamu. Era kwe tutegeerera . . .

46 Naye mu nsonga eno, olwa leero, akaseera katono ddala ak'ekyo ky'onaaba olonzeewo kandisalawo enkomerero yo ey'Obutaggwaawo. Katwale nga bw'Akakuwa.

Akabonero, "Omusaayi gulibabeerera akabonero."

47 Kati, okusooka, akabonero kye kiki? Kye kigambo ekitera okukozesebwa mu ffe aboogera Olungereza, naddala wano mu Amerika. Akabonero kye . . . Ddala, enkuluze y'ebigambo egamba nti akabonero kye kintu ekiraga, ekiraga ebisale

by'entambula, omuwendo oguba gusasuddwa, olaba; nti e—ebisale by'entambula, oba omuwendo gwa ssente, omuwendo ogwetaagibwa gusasuddwa.

48 Okugeza nga ebisale by'entambula ku luguudo lw'eggaali y'omukka oba ebisale by'entambula mu bbaasi. Oyingira n'osasula—n'osasulira ebisale byo eby'entambula, ne bakuwa ttikiti, nga ttikiti eyo tesobola kukozesebwa ku kintu kirala kyonna okuggyako ku luguudo lw'eggaali y'omukka eyo lwokka. Era eba kabonero, eri kampuni y'eggaali y'omukka, akalaga nti osasudde ebisale byo eby'entambula. Eba ttikiti, era toyinza kugikozesa ku kintu kirala kyonna. Tekola ku lugendo lulala lwonna. Ekola ku lugendo olwo lwokka. Era eba—eba kabonero akalaga.

49 Kati ku kino wano, kye twogerako, tutandise nga, Katonda ayogera eri Isiraeri nti, "Omusaayi gw'endiga ke kabonero gye muli." Endiga ya Isiraeri, gye batta, ke kaali akabonero Yakuwa ke yali yeetaaga. Guteekwa kuba musaayi. Katonda yakola akabonero n'akawa Isiraeri. Era tewali kabonero kalala konna kanaakola, mulaba, tekasobola kukkirizibwa.

50 Eri ensi, Ako busirusiru bwereere. Naye, eri Katonda, Ako ye ngeri yokka. Ekintu kyokka kye yeetaaga ke Kabonero ako. Kateekwa okubaawo. Ate toyinza kuba na Kabonero okutuusa nga omutemwa gusasuddwa, olwo n'olyoka ofuna Akabonero akakuweesa o—olukusa okuyitawo. "Bwe Ndiraba Omusaayi, Ndibayitako." Nga kiseera kikulu nnyo, ekyo, nga mukisa gwa maanyi nnyo, okumanya nti munda mu ggwe, olinamu, Ekyo ekikuyisaawo. "Bwe Ndiraba Omusaayi, Ndibayitako." Kye kintu kyokka ky'Ajja okukkiriza. Tewali kintu kirala kiyinza kutwala kifo kya Gwo; tewali kisobola kukola mu kifo kya gwo, tewali kibiina kya ddiini, tewali kintu kirala kyonna. Gulina kuba Ogwo. Katonda yagamba nti, "Ogwo gwokka gwe Nnaalaba."

51 Si nsonga oba baali batuukirivu kwenkana wa, oba baali balungi okwenkana wa, oba baalina obuyigirize obwenkana wa, oba baali bambala batya, akabonero kye kyokka ekyali kyetaagisa. "Bwe Ndiraba akabonero, Ndibayitako." Omusaayi gwe gwali akabonero akalaga nti—nti ekyo Yakuwa kye yali yeetaaga kikolebwe kyali kituukiriziddwa, nti kyali kikoleddwa. Omusaayi gwe gwaliwo nga akabonero. Omusaayi gwe gwali akabonero. Olaba? Obulamu obwa . . .

52 Katonda yali yagamba nti, "Olunaku lwe muligulyako, ku olwo lwe mulifa." Naye waaliwo obulamu obwaggyibwawo olw'okutangirira ku lw'obulamu bw'omukkiriza. Katonda, mu kusaasira, yakkiriza ekintu ekirala ku lw'obulamu bw'omuntu eyali ayonoonese. Omwana We bwe yeeyonoona n'ekibi, olw'obutakkiriza Kigambo, Katonda, ajjudde okusaasira,

yassaawo ekintu ekirala; era, ekyo, kye kyali kirina okufa mu kifo kye. Tewaali kintu kirala kyonna kyali kisobola kukola.

53 Eyo ye nsonga lwaki apo za Kayini n'amatugunda, n'ebirala, tebyakola. Bwali bulina kuba bulamu obulimu omusaayi, era obulamu bwe bwava mu ssaddaaka, olwo omusaayi ne guba akabonero akalaga nti ekiragiro kya Katonda kyali kikoleddwa. Kaakati, Katonda kiki kye yali yeetaaga? Bulamu; era omusaayi gwalaga nti waalina okubaawo obulamu obulina okufa. N'olwekyo omusaayi gwe gwali akabonero akalaga nti obulamu buweereddwaayo, nti waliwo ekifudde, nga kye kyetaago kya Katonda; nti obulamu buweereddwaayo, n'omusaayi guyiiriddwa. Era omusaayi gwe gwali akabonero akalaga, nti obulamu buggyiddwaawo. Obulamu bw'ensolo Katonda gye yali agambye erina okuttibwa, omusaayi gwe gwaliwo nga akabonero akalaga. Mukiraba?

54 O—o—omukkiriza omusinza yeeyolekanga ne ssaddaaka ye, okuyita mu kabonero. Ssaagala kulwa nnyo kiyitiriddde ku bugambo buno obutonotono bwe nnokola, naye, nga akamu ku bwo osobola n'okukamalako obudde obw'olukuŋŋaana lwonna, naye njagala nsooke nkome wano okumala akaseera ekyo nkinnyonnyole. O—o—omukkiriza yalinanga okweyoleka ne ssaddaaka ye. Olaba? Bwe yabanga ssaddaaka nga—nga erina erudda eyo gy'ekoleddwa, yagiwangayo; naye yalinanga okweyolekera mu yo. Eky'amazima, yalinanga okugiteekako emikono gye, okusooka, okusobola okweyoleka ne ssaddaaka ye. Kati n'omusaayi nagwo gwabanga gulina okuteekebwa awantu w'asobolera okuyimirira wansi w'omusaayi. Omusaayi gwabanga gulina kumubeera waggulu. Era ako kaabanga kabonero akalaga nti akkirizza nti, omusango gumusinga, era nga akakasizza nti ekintu ekirala ekitalina musango kye kifudde mu kifo kye.

55 Nga kifaananyi kirungi! Ha, omununule! Mukiraba, obwenkanya bwabanga bukoleddwa, nga n'ekyetaago kya Katonda eky'obwenkanya obutukuvu kikoleddwa. Era Katonda yagamba nti, "Kati Nja kwetaaga bulamu bwo," kale, obu—obu—obulamu bwe bwabanga bwonoonye. Olwo ekintu ekirala ekitalina musango ne kitwala ekifo ky'obulamu obwo. Era gwabanga musaayi gwa nsolo; so si apo oba ttugunda. Ekyo awatali kakunkuna kisaanye okwolekera ddala mu butangaavu ezzadde ly'omusota eri buli omu, nti gwali musaayi. Era nga omusaayi guno, ogwali gutasobola kuva mu kibala, gwava mu ekyo ekitaalina musango ekyatwala ekifo kye. Nga n'obulamu nabwo—nabwo, bwakivaamu, mu kifo kye, era nga omusaayi ke kaali akabonero akalaga nti ensolo yali efudde nga n'omusaayi gugivuddemu.

56 Era omusinza okwesiiga omusaayi, kyali kyoleka nti yeeyolese mu bununuzi, kubanga yeeyolese ne . . . ku ssaddaaka,

yeekwataganyizza ne ssaddaaka, era nga omusaayi gwe guyimiriddewo nga akabonero akalaga.

57 Nga—nga kisukkiridde obulungi! Nga kifaananyi kirungi nnyo! Kifaananyi kyennyini ekiraga Kristo, ddala ddala, omukkiriza olwa leero nga ayimiridde wansi w'Omusaayi ogwayiika, nga yeeyolese ne Ssaddaaka. Kituukiriridde ddala nga—nga bwe kisoboka, nga kiraga engeri Kristo, nga—nga si nsolo . . . Olaba, e—ensolo yafa, naye yali . . .

58 Ekintu ekisingayo obutaba na bulabe mu bye tulina, nsuubira, yandibadde, mu—mu nsolo, gwe—gwe mwana gw'endiga. Katonda bwe yayagala okwoleka Yesu Kristo, yamwoleka nga Mwana gwa ndiga. Ate bwe Yayagala okweyoleka, Yeeyoleka nga kinyonyi, nga Ejjiba. Era ejjiba kye kinyonyi ekisingayo obutaba na bulabe bwonna wamu n'obuyonjo mu binyonyi byonna, ate o—omwana gw'endiga gwe gusingayo obutabaako bulabe bwonna era omulongoofu mu nsolo zonna. Kati mulaba nga e . . .

59 Yesu yabatizibwa Yokaana, era Bayibuli egamba nti, "N'a—n'alaba Omwoyo wa Katonda, nga alinga ejjiba, ng'amukkako." N'olwekyo ssinga kyali . . . ssinga gwali musege, oba ssinga yali nsolo ndala yonna, o—obutonde bw'ejjiba tebwandikwataganye na butonde bwa musege, era n'o—n'obutonde bw'ejjiba tebwandikwataganye na nsolo ndala yonna okuggyako omwana gw'endiga. Naye obutonde obwo obw'engeri ebbiri bwakwatagana, kitegeeza bw'asobola okukkiriziganya.

60 Kati mulaba okuteekerwateekerwa? Bwe yajja yali mwana gwa ndiga. Olaba? Mulaba? E . . . Yali mwana gwa ndiga bwe—bwe yaleetebwa. Yali mwana gwa ndiga. Yazaalibwa nga mwana gwa ndiga. Yakuzibwa, nga mwana gwa ndiga. Mukiraba?

61 Kale, n'olwekyo, ekyo kye kikula ky'Omwoyo kyokka ekituufu ekisobola okusembeza Ekigambo, ekisobola okusembeza Kristo. Ebisigadde bijja kugezaako, bigezezzaako okukifuna Ekyo, ne biteeka Omwoyo wa Katonda ku musege, olaba, ogw'obusungu, ogw'omutima omubi, ogwefaako gwokka. Tajja kubeerawo. Omwoyo Omutukuvu abuukirawo mangu ddala. Tasobola kukikola ekyo.

62 Kyandibadde kitya ssinga Ejjiba eryo bwe lyakka wansi, naye, mu kifo ky'okuba Omwana gw'endiga, ate ne wabeerawo nsolo ndala? Lyandibuukiddewo mangu ddala ne lyeddirayo. Olaba? Naye bwe Lyasanga obutonde obwo bwe Lyali lisobola okutabagana nabwo, byombi Byafuuka Kimu.

63 Era awo e—e—Ejjiba ne likulembera Omwana gw'endiga, era, weetegereze, Lyakulembera Omwana gw'endiga okugenda okusalibwa. Kati, Omwana gw'endiga gwali muwulize eri Ejjiba. Olaba? Si nsonga wa gye Lyagutwalanga, Gwabanga mwetegefu okugenda.

64 Nneewuunya, olwa leero, Katonda bw'atukulembera eri o—obulamu obw'okweweerayo ddala n'okumuweereza, nneewuunya oba nga ddala emyoyo gyaffe olumu tegijeema, nga kiringa ekiraga nti, ssimanyi oba ddala tuli baana ba ndiga? Olaba? Olaba? Omwana gw'endiga muwulize.

65 Omwana gw'endiga gwewaayo gwokka okusaddaakibwa. Te—tegu—tegutwala, tegwerwanirira. Ogugalamiza bulungi wansi n'ogusalako ebyoya. Ekyo kye kintu kyokka kye gulina. Tegu—tegukinyegako yadde; guwaayo buwi buli kye gulina. Ogwo gwe mwana gw'endiga. Buli kimu gukiwaayo eri . . . guwaayo buli kimu, ggwo gwennyini ne kyonna kye guli.

66 Era bw'atyo n'Omukristaayo yennyini bw'abeera, bw'aba nga . . . yeeweereddeyo ddala mu bujjuvu, nga tafaayo ku bya nsi eno, wabula nga awaayo byonna by'alina eri Katonda. Olaba?

67 Kale kati guno gwe gwali Omwana gw'endiga ogutuukiridde, Kristo ekyo kye yali. Era kati okuyita mu kuyiwa omusaayi kw'omwana gw'endiga guno, omwana gw'endiga ogw'omubiri mu Misiri, omusaayi gwasiigibwa, era, bwe gwasiigibwa, ne gubeerawo nga akabonero, kati olwo Omusaayi gw'Omwana gw'endiga guno gwo gunaakiikirira ki? Olaba? Gunaaba Akabonero akalaga nti twafa eri ekyo kye twali ne tweyoleka ne Ssaddaaka yaffe. Mukiraba? Olwo, Omwana gw'endiga ne—ne—Omusaayi n'omuntu byombi byeyolekera wamu, Ssaddaaka n'omukkiriza. Olaba, obulamu bwo butegeerwa, okusinziira ku Ssaddaka yo. Ekyo kye kikufuula ky'oli.

68 Kale omusaayi gwe gwali akabonero, oba ekintu ekiraga. Omusaayi gwalaganga nti omusinza asse omwana gw'endiga, era akkirizza omwana gw'endiga, era yesiizeeko akabonero, nti takwatibwa nsonyi. Teyafangayo ku ani akalaba. Yayagalanga buli omu akalabe, era kaateekebwanga mu kifo nga buli muntu ayitawo asobola okulaba akabonero ako.

69 Olaba, abantu bangi baagala okuba Abakristaayo, naye ba—ba—baagala bakikole mu kyama waleme kubaawo muntu yenna a—ategeera nti Bakristaayo. Oba, a—abo be bakolagana nabo, abamu ku bo bagenda ne balowooza mbu, "Kale, kaakati, labayo, nja—nja—njagala okubeera Omukristaayo, naye ssaagala *Gundi* kukimanyaako." Olaba? Kale, kati, labayo, obwo tebuba Bukristaayo.

70 Obukristaayo bulina okwolesa Akabonero kaabwo, olaba, mu lujjudde, mu bulamu obwa bulijjo, ku mulimu gy'okolera, mu kkubo, bwe wabaawo emitawaana, ekintu kyonna, mu kkanisa, n'awalala wonna. Omusaayi ke Kabonero, era Akabonero kalina okuteekebwako, olaba, oba (bwe kitaba bwe kityo) n'endagaano eba tebalibwa.

71 Omusaayi ke kaali akabonero, oba ekintu ekiraga, ekyoleka nti omuntu ono anunuddwa. Kaakati, kale, mwetegereze, baali, baanunulibwa nga tewali kintu kyonna kyabaddewo.

Olw'okukkiriza baasiiga omusaayi. Olaba, bwe kyali tekinnabeererawo ddala, omusaayi gwasiigibwa olw'okukkiriza, nga bakkiriza nti kyali kigenda kubaawo. Olaba? Nga obusungu bwa Katonda tebunnayita mu nsi, omusaayi gwalina okusooka, okusiigibwa. Kyali kikeerezi nnyo nga obusungu bumaze okukka.

72 Kati awo tulinawo eky'okuyiga kye tusobolera ddala, oba oli awo okwanjula eri ebirowoozo byammwe, okumala akaseera. Labayo, nga *tekinnabaawo*, kubanga ekiseera kijja w'otoliyinziza kuba na Musaayi gwonna gw'osiiga.

73 Omwana gw'endiga gwattibwa mu kaseera ka kawungeezi, oluvannyuma lw'okuterekebwa okumala ennaku kkumi na nnya. Awo omwana gw'endiga ne gulyoka guttibwa era omusaayi ne gusiigibwa mu kaseera ak'akawungeezi. Mukitegeera? Akabonero tekaabaawo okutuusa mu kiseera eky'akawungeezi.

74 Era kino kye kiseera eky'akawungeezi eky'omulembe gwe tulimu. Kino kye kiseera eky'akawungeezi ekya—eky'Ekkanisa. Kino kye kiseera kyange eky'akawungeezi. Kino kye kiseera eky'akawungeezi eky'Obubaka bwange. Nfa. ŋŋenda. Nvaawo, mu kiseera eky'akawungeezi eky'Enjiri. Era tuyise mu kuggyibwako omusango, n'ebirala byonna, naye kino kye kiseera Akabonero we kalina okuteekebwako. Nnabagamba Ssande eyayita nti njagala okubaako n'ekintu kye njogerako gye muli; kye kino. Ekiseera w'o—w'otasobolera kumala gakazannyisa Ako. Kirina okukolebwa. Bwe kiba kya kukolebwa, kirina kukolebwa kati. Kubanga, tulaba nga obusungu bunaatera okuyita mu nsi, era buli kintu ekitali wansi wa Kabonero ako kijja kuzikirira. Omusaayi, gwe gukwoleka. Weetegereze.

75 Kubanga, obulamu bw'ensolo bwali tebuyinza kukomawo ku muntu. Omusaayi bwe gwayiibwanga, obulamu bwavangamu, ekyo kyeraga kyokka, kubanga byombi byali bigendera wamu. Era obulamu obw'omusaayi bwe bwaguvangamu, engeri obulamu gye bwabanga bwawukana ku musaayi. . . Kaakati, omusaayi bwe bulamu mu ngeri ekwatikako, naye obulamu kintu kya njawulo ku musaayi, naye nga ate obulamu buli *munda* mu musaayi. Bwe kityo obulamu bw'ensolo bwabanga tebusobola kukomawo ku musinza. Bwe yayiwanga omusaayi guno ogw'omwana gw'endiga, yabanga alina okusiiga musaayi gwennyini ogutonnya, kubanga o—obulamu bwabanga bugenze nga tebusobola kukomawo.

76 Kubanga, bwabanga tebusobola kudda ku muntu, kubanga obulamu bw'ensolo tebulina mmeeme. Ensolo temanyi nti eri bwereere, era yo—emala ga. . . Tetegeera kibi. Terina ky'emanyi, kale n'olwekyo yo kintu ekirina obulamu naye nga tekirina mmeeme nnamu. N'olwekyo, obulamu bw'ensolo obwo bwabanga tebusobola kukomawo ku bulamu bwa muntu, kubanga ensolo eyo teyalinaamu mmeeme mu bulamu obwo.

Kaakati, waliwo obulamu, obulimu omusaayi mu bwo; ate ne wabeerawo obulamu, obulimu n'emmeeme mu bulamu obwo; emmeme ye nkula y'obulamu. Kale, ensolo yabanga terina nkula etegeerekeka, nga nsolo busolo, n'olwekyo omusaayi gwabeerangawo nga akabonero akalaga nti obulamu bwali buweereddwaayo.

77 Naye mu kifo kino eky'ekitiibwa, wansi w'endagaano eno, waliwo enjawulo wakati w'Omusaayi n'Obulamu. Akabonero k'omukkiriza leero ye Mwoyo Omutukuvu; so si musaayi, gwennyini ogutonnya, wabula Ye Mwoyo Omutukuvu owa Katonda. Ako ke Kabonero Katonda ke yeetaaza Ekkanisa leero. Katonda ateekwa okulaba Akabonero kano. Ateekwa okukalaba mu buli omu ku ffe.

78 N'olwekyo, nga ebisiikirize by'akawungeezi bwe birabika kaakano, nga n'ekiruyi kinaatera okufukumulwa okuva mu Ggulu, ku mawanga agatatya Katonda, ne ku batakkiriza abatatya Katonda, ku—ku abo abeeyita obweyisi ebintu nga tebalina kintu kyonna kye balina, ku bintu bino! Era nge—ngezezzaako okweyanjuluza n'okubitambuliramu, okulaba wa we biri, nga sinnayogera bintu bino. Kati tuli mu bisiikirize, era ekiruyi kinaatera okukuba ensi, era Katonda yeetaaga Akabonero akalaga nti ggwe kennyini wafuna Akabonero Ke, Omwoyo Omutukuvu. Ye ngeri yokka, era ke kabonero kokka Katonda k'aliyitako, kubanga Bwe Bulamu bwennyini ddala obwa Yesu Kristo nga bukomyewo mu mukkiriza.

79 Obulamu bw'ensolo bwali tebusobola kudda, n'olwekyo omusaayi gwali gulina okuteekebwa ku luggi, ku mufuubeeto ne ku kabuno k'oluggi; kibeere nti buli yenna ayitawo, n'abantu bonna, buli muntu eyayitanga ku nnyumba, yakimanyanga nti waaliwo a—akabonero ku luggi olwo, ak'omusaayi, akalaga nti obulamu bwafiiridde ku luggi olwo. Amiina!

80 Bwe kityo bwe kirina okuba eri buli mukkiriza leero, ajjudde Omwoyo Omutukuvu; Akabonero akalaga nti Omusaayi gw'Omwana gw'endiga ogwayiika, Obulamu obwo obwali mu Mwana gw'endiga, bukomyewo era mu lujjudde busibiddwa munda omwo, nga buli muntu yenna ayitawo, oba ayogerako naawe, oba alina enkolagana yonna naawe, alaba nti Omusaayi gusiigiddwa, era Akabonero k'Obulamu obwali mu Musaayi kali ku ggwe. Ekiriyu tekiikutuukeko. Ekyo kyokka; si kuba mmemba. Nedda, ssebo!

81 Obulamu bw'ensolo bwali tebusobola kujja ku mukkiriza, kubanga yali nsolo, kale kyali kyogera bwogezi ku butaba na kulumirizibwa mu mutima, nga kiraga nti walijja Ssaddaaka etuukiridde.

82 Kale, kati, wayinza watya okubaawo Ssaddaaka endala etuukiridde ennyo okusinga Katonda Yennyini okufuuka Omutango, Yennyini? Katonda bwe yayambala omubiri, mu

Musaayi Gwe gwennyini gwe yeetondera, nga eyo . . . ye ngeri yokka Obulamu bwa Katonda gye bwali busobola okukomawo.

83 Kubanga, ffenna twazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa mukazi na musajja, kale n'olwekyo obulamu obwo obutulimu bwa nsi, era obulamu obwo tebugenda kubeerera. Kintu ekyasalirwa edda omusango ne kinenyezebwa. Tosobola kukikuba biraka. Tewali ngeri yonna ya kukikuba biraka. Tewali ngeri yonna ya—ya kukigolola. Tewali ngeri yonna ya kukirungiya. Kiteekwa kufa! Ekyo kye kyetaagibwa kyokka. Kiteekwa kufa.

84 Era Ekitangirira, nga bwe Bulamu bwa Yesu Kristo, bulina okujja mu ggwe, nga ye Mwoyo Omutukuvu, Akabonero ka Katonda; akalaga nti okkirizza Omusaayi gw'Omwana We, Yesu Kristo.

85 N'olwekyo, mu biro bya Wesley manyanga . . . Mu biro bya Luther, kaalowoozebwa kuba, "kukkiriza." Mu biro bya Wesley, "gwali Musaayi gwennyini ogutonnya." Naye bino bye biro ebisembayo, a—Akabonero we keetaagibwa. Ebyo nga byonna, awamu, bye bikola ekibinja kyonna eky'Okukwakkulibwa. Mukiraba?

86 Amazzi, omusaayi, n'omwoyo bijja maama bw'aba azaala omwana. Ekintu ekisooka okujja, mu kuzaala okwa bulijjo, ge mazzi, eky'okubiri guba musaayi, n'ekiddako bulamu.

87 Mu mubiri gwa Mukama waffe Yesu Kristo mwavaamu: amazzi, Omusaayi, n'Obulamu. Era Ekkanisa yonna, awamu, Omugole, ekoleddwa okuyita mu kuggyibwako omusango, okutukuzibwa, awamu n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, nga ke Kabonero.

88 Nga Abaebbulaniya 11 bwe wagamba nti, "Bano bonna baatambulanga nga bambadde amaliba g'endiga n'ag'embuzi, nga tebalina kantu, naye n'ebintu bino byonna bye baakola, tebaatuukirizibwa awatali ffe."

89 Kati n'Ekkanisa mu biro bino, efunye Akabonero, ak'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, akalaga nti Omusaayi gwayiibwa era nti Omwoyo Omutukuvu ali ku Kkanisa; kitegeeza, bali awatali ffe, tebayinza kuzuukira. Naye beesigamye ku ffe, kubanga Katonda yasuubiza nti Aliba nayo, era waliwo aligibeeramu. Ssimanyi oba aliba ani, naye waliwo alikafuna. Kimu kyokka kye nvunaanyizibwako, kwe kukabuulira. Mulimu gwa Katonda okunoonya ensigo eyo eyateekerwateekerwa. Mu buli ngeri, baakubaayo. Kubanga, buli omu ku bo, baakubaayo, aba guno n'aba guli; ab'omulembe ogw'amazzi, ab'omulembe ogw'Omusaayi, ate kati n'ab'omulembe gw'Akabonero ak'Omwoyo Omutukuvu.

90 Era, mujjukire nti, Isiraeri yayita mu bintu bingi, naye kyali mu kiseera eky'akawungeezi akabonero we kaali keetaagibwa; so si ku makya, si mu kweteekateeka, mu nnaku ekkumi n'ennya

ez'okuterekeramu omwana gw'endiga. Isiraeri baakimanya nti waaliwo ekyali kijja.

91 Ne Luther yakimanya, ne Wesley yakimanya, ne Finney, Knox, Calvin, baakimanya. Kye Kino! Baakimanya nti ekiseera kirituuka Empagi y'Omuliro n'ekomawo mu Kkanisa. Baakimanya nti ekiseera kirituuka ebintu bino ne bibaawo, naye tebaasobola kuwangaala kukiraba, naye baali bakirindirira.

92 Israeri baakimanya nti waaliwo ekyali kijja, naye kyali mu kiseera eky'akawungeezi omusaayi gw'omwana gw'endiga ogwo, akabonero, we gwateekebwa ku luggi. Ate nga, omwana gw'endiga gwali gwamala dda okuwanikibwa.

93 Ebbanga lino lyonna gubaddenga Mwana gwa ndiga. Mu biro bya Luther gwali Mwana gwa ndiga, gwali Mwana gwa ndiga—Mwana gwa ndiga mu biro bya Wesley, naye kati kiseera kya Kabonero nga buli nnyumba eteekwa okubikkibwako Akabonero. Buli nnyumba ya Katonda eteekwa okubikkibwako Akabonero. Abo bonna abali munda mu yo bateekwa okubikkibwako Akabonero. Era Ennyumba ya Katonda gwe Mubiri gwa Yesu Kristo, era okuyita mu Mwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Kabonero kano ne tufuuka kitundu ku Gwo, ogwo, Katonda gwe yagamba nti, "Bwe Ndiraba Akabonero kano nga kalabisiddwa, Ndibayitako." Nga kiseera kikulu nnyo kye tulimu! Ha!

94 Omusaayi gwe gwayolekanga, gwe gwayolekanga omukkiriza, kubanga obulamu obwabanga buguvuddemu, bwabanga tebusobola kukomawo, kale yalinanga kuba na—na musaayi gwennyini ogutonnya. Yabanga alina okuba n'ekintu nga langi, omusaayi, gwennyini ogutonnya okulaga nti obulamu bwali buguvuddemu.

95 Kati Omwoyo Yennyini ke Kabonero. Omwoyo Omutukuvu Yennyini ke Kabonero, so si Omusaayi. Omusaayi gwayiibwa e Kalivaaliyo, ago mazima. Naye Omusaayi, nga gwo, gwaddayo mu birungo eby'enjawulo mwe gwava, okuva ku mmere gye yalyanga Ye. Naye, olaba, munda mu katoffaali k'Omusaayi ako mwalimu Obulamu obwo obwaleetera akatoffaali k'Omusaayi okutambula. Singa kyali. . .Mu birungo eby'enjawulo ebikola omusaayi temwalimu Bulamu, nga byo, n'olwekyo gwali teguyinza kutambula. Naye Obulamu bwe bwajja mu birungo eby'enjawulo ebikola omusaayi, ne Buzimba akatoffaali. Bwezimbira akatoffaali Akaabwo, n'oluvannyuma akatoffaali akalala n'akatoffaali akalala, olwo n'afuuka Omuntu. Era Omuntu oyo ye yali Katonda, Emanweri, mu mubiri. Naye Obulamu obwo bwe bwaddayo, n'ebirungo eby'enjawulo ebikola omusaayi byagenderako, naye Akabonero ye Mwoyo Omutukuvu ku Kkanisa, basobole okulaba Kristo.

96 Bwe kirina okuba, kubanga omukazi ne bba bafuuka omuntu omu. Bafuuka omu. Bwe kityo bwe kiri ne ku Mugole ne Kristo

bafuuka omu. Obuweereza bw'Omugole, n'obuweereza bwa Kristo, bwe bumu. Era jjukira nti, "Ebitabo bino ebibereberye nnabikola, Ai Teefiro, bye nnakuwandiikira, ebyo Yesu bye yasooka okukola era by'akyeyongera okukola." Okufa Kwe tekwamukomya. Nedda, ssebo! Yakomawo nate. Si muperesoona wa kusatu, naye Omuntu y'omu ye yakomawo nate mu nkula ey'Omwoyo Mutukuvu, okwongerayo omulimu mu maaso; era gugenda mu maaso, Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume bwe kigamba. "Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ako ke Kabonero. Ekyo kye kiraga.

97 Peetero ne Yokaana bwe baayita ku luggi olwayitibwanga Olulungi, waaliwo omusajja eyali yagongobala, nga yalemala okuviira ddala mu lubuto lwa nnyina, naye n'agamba nti, "Ffeeza ne zaabu ssirina; naye kye nnina, kye nkuwa. Mu Linnya lya Yesu Kristo ow'e Nazaleesi, golokoka otambule." Mulaba? Bwe baayogera nabo, ne bakizuula nga basajja abatalina kye bamanyi era abataasoma, naye bwe baabeekaliriza ne bakizuula nti baaliko ne Yesu. Olaba, Akabonero kaaliwo, nga kalagibwa. Olaba, "Kye nnina!" Bwe baalaba ow'oluganda omunaku, eyagwa nga agalamidde awo, bambi mugongobavu yenna tafaananika, yadde. Ate nga Obulamu bwe bumu obwali mu Kristo buli mu bo ne bagamba nti, "Kye nnina!"

98 "Mu Linnya Lyange *mmwe* munaagobanga emizimu." Ssi, "*Nze* ndigoba." "*Mmwe* munaagobanga!" "*Mmwe* bwe mulyogera eri olusozi luno!" Ssi, "*Nze* bwe ndyogera." "*Mmwe* bwe mulyogera eri olusozi luno!"

99 Ha, ow'oluganda, essaawa ey'okulaga Akabonero ako etuuse. Tusobola okugiraba. Tumanyi nga tusemberedde enkomerero kati. Tuggyeeyo buli kika kya bubaka, okulaga obubonero n'eby'amagero, naye kati wano tukomyewo ku ekyo Ekkanisa ky'erina okukola. Akabonero kalina okulagibwa. "Bwe Ndiraba omusaayi, Ndibayitako." Tewali kintu kirala kyonna kisobola kukola. Guteekwa kuba Musaayi. Kaakati, Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero kaffe, okuva ewa Katonda.

100 Nga munnaddiini ow'ekitalo, o—omuyivu, ow'oluganda Omubaputisti, omusajja omulungi ddala, ow'empisa ennungi, olumu bwe yajja gyendi, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "oyogera ku Mwoyo Mutukuvu ono," n'agamba nti, "Naye, ekyo si kipya n'akatono." N'agamba nti, "Ekyo tuzze tukiyigiriza ebbanga lyonna, okuyita mu mirembe." Nze ne—ne ŋŋamba nti, kale, nja. . . N'agamba nti, "Twafuna Omwoyo Omutukuvu."

101 Ne mmubuuza nti, "Wamufuna ddi?"

102 N'agamba nti, "Lwe nnakkiriza." Kubanga, eyo nnali ngimanyi nti y'enjigiriza y'Ekibaputisiti, nti ggwe, kasita okkiriza, olwo oba ofunye Omwoyo Omutukuvu.

103 Kye nnava ŋŋamba nti, "Naye Pawulo yagamba, mu Bikolwa by'Abatume 19, eri ekibinja, ekibiina ky'Ababaputisiti, ekyo, omubuulizi Omubaputisiti eyali omu ku abo abaakyusibwa Yokaana, mwe yali nga akakasa nga akozesa Bayibuli nti Yesu ye Kristo."

104 "Bwe yayitako eyo mu njuyi eziri waggulu wa Efeeso, n'asangayo abayigirizwa abamu, n'abagamba nti, 'Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu *kasookedde* mukkiriza?' Ne bamugamba nti, 'N'okukimanya tetukimanyiiko yadde nti eriyo n'Omwoyo Omutukuvu.'" Kwe kubabuuza engeri gye baabatizibwamu. Kati baali tebabatizibwanga na mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana gw'endiga ogwaweebwayo nga ssaddaaka. Baali tebeeyolekanga Naye, n'akamu. Baali baakikkiriza bukkiriza; nga eddagala bwe libeera awo, naye nga tonnalimira. Pawulo n'abalagira baddemu babatizibwe, mu Linnya lya Yesu Kristo.

105 Era kino bwe yakikola, olwo Akabonero ne kabakkako. Baategeererwa ku mirimu n'obubonero eby'Omwoyo Omutukuvu, nga ayogera ennimi okuyita mu bo, n'okulagula, n'okugulumiza Katonda. Beeyoleka nga—nga wamu ne Ssaddaaka yaabwe.

106 Era Omwoyo Omutukuvu kwe tulabirwa. Oyo y'atwoleka nti tuli Bakristaayo. Si kuba ba mmemba mu makanisa, si lwa kutegeera Bayibuli, si lwa ngeri gy'omanyiimu ennyo Bayibuli. Wabula engeri gy'omanyiimu Eyagiwandiika, olaba, Eyagiwandiika mu ggwe alimu kyenkana wa. Kiri kuba nti ggwe—nga ggwe ovuddewo. Tokyaliwo. Nga weebala nga eyafa, nga Akabonero ke kalamu mu ggwe. Ate Ako tebuba bulamu bwo; wabula abeera Ye.

107 Pawulo yagamba nti, "Obulamu bwe nnina kaakano (Obulamu bwe yali atambuliramu bwali bwa njawulo okuva ku buli bwe yalimu okusooka.) si ye nze, wabula Kristo y'abeera omulamu mu nze." Ako ke Kabonero akooleseddwa Katonda ke yeetaaga. Nga tweyoleka ne . . . Okweyoleka ne Ssaddaaka yaffe, Obulamu bw'Omulokozi waffe nga buli mu ffe, Omwoyo Omutukuvu.

108 Ha, nga—nga Kabonero kennyini akatuufu! Tewayinza kubaayo Kabonero kalala konna. Ha, bannange, singa osobola okufuna e—ekirowoozo kyakyo. Singa mbadde na—n'amaanyi enkya ya leero, n'ebigambo, okunnyonnyola n'okukiteeka mu mmeeme yo eri mu- . . . si mu matu go, naye mu mmeeme yo, n'o—n'osobola okulaba obukakafu bw'Ako. Ka—kaggyawo, Kakuleetera okuwummulira ddala.

109 Watya ssinga obeera, ozzizza omusango, nga ogenda kuwozesebwa mu kkooti. Nga okimanyi, nti ssinga osangibwa nga gukusinga, ogenda kuttibwa, ogenda kuteekebwa ku katebe k'amasannyalaze, oba mu kasenge ak'omukka ogw'obutwa,

oba engeri yonna ey'okuttamu ababeera basaliddwa ogw'okufa gye babeera bakutegekedde, oba oli awo kuwanikibwa ku kalabba, oba ekintu kyonna, okutirimbulwa, oba ekibonerezo ekirala kyonna. Nga okimanyi nti wa . . . Omusango gukusinga. Okimanyi waguzza, era oteekwa kufa ssinga oba tofunyeeyo muwolereza yenna kukuyamba, oyo asobola okugukuggyamu. Kati awo obeera weetaaga omuwolereza asingirayo ddala obulungi gw'oyinza okufuna.

110 Era ssinga ofuna omuwolereza omulungi, omuwolereza omukujjukujju, oyinza okuwulira muli nga omusango gwo omutali . . . osobola n'okulattamukko, kubanga olina anaakuwolereza. Naye era waba wakyaliwo ekibuuzo oba nga ddala omuwolereza ono asobola okukyusa endowooza y'omulamuzi, oba okukyusa ababeera balondeddwa okuwuliriza ensala y'omusango; oba nga omuwolereza ono, n'enjogera ye ey'obukujjukujju n'engeri gy'amanyiimu amateeka, ddala asobola okukikyusa ekyo, n'awoza omusango gwo n'akakasa nti—nti osaanidde okuba omulamu. Naye ate, mu buyinza bwe—bwe obw'ekitalo bwonna n'enjogera ey'ekitalo gy'asobola okukozesa, n'engeri gy'ayinza okumatizaamu akakiiko k'abalondeddwa okuwuliriza ensala y'omusango oba omulamuzi, era—era wandibadde—wandibadde . . . Oba oli awo oyinza okulattamukko okumala eddakiika entonotono, naye era mu birowoozo byo muba mukyalimu ekibuuzo ekigamba nti, "Ddala asobola okukikola?"

111 Naye mu musango guno, Omulamuzi Yennyini ate y'afuuka Omuwolereza waffe. Katonda yafuuka omuntu. Tewaaliwo muwolereza yenna yali asobola kukikola. Twali tetuyinza kuzuulayo n'omu. Musa, n'Amateeka, bannabbi, tewali kyali kiyinza kukikola. Bw'atyo Omulamuzi kye yava afuuka byombi Akakiiko akawuliriza ensala y'omusango, Omuwolereza, era Omulamuzi, Ye yennyini; n'atwala obwenkanya bw'Amateeka Ge mu Mikono Gye, n'asasula omuwendo gwabwo, Ye kennyini. Tuyinza kuba bagumu kwenkana wa okusingako awo? Ate n'Asindika n'Obulamu Bwe Bwennyini ku ffe, nga omujulizi nti agukkirizza. Nga kyesigika!

112 "Weewaawo, newankubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'olumbe, ssiritya kabi konna, kubanga Ggwe oli nange."

113 Bwe Yafuuka byombi Omulamuzi, Akakiiko akawuliriza ensala y'omusango, e—era Omuwolereza, yawoza omusango gwaffe. Ffe, twasangibwa nga gutusinga okusinziira ku Mateeka Ge Gennyini; naye n'Ajja n'atwala ekifo ky'omuntu gwe gumaze okusinga, oyo eyali mu kifo ekitukuvu. Yatwala ekibi kye. Yakyetikka Ye kennyini, n'afa, n'asasula omuwendo, n'ayiwa Omusaayi Gwe, n'asindika n'Akabonero Ke Kennyini, Obulamu Bwe Bwennyini.

114 Kati, tutuukiridde. Omusango gugobeddwa. Tewakyali kibi ku mukkiriza. Ai Katonda, saasira, ssinga abantu tebakiraba ekyo, nti tewakyaliwo musango gwonna. "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo Eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, era talijja mu Musango, wabula aba avudde mu kufa okudda mu Bulamu." Ogwo gwe gubadde omusango. Omusango gugobeddwa! Tewakyaliwo musango gwonna. Amiina! Kati awo nga kuliko obukuumi, nga kuliko obukuumi nga Akabonero kasiigiddwa, okufa bwe kutandika okukuba ku luggi, kuba tekukyayinza. Olaba? Ddala.

115 Akabonero kasiigiddwa. Akabonero kokka ke kakkirizibwa kati. Olaba, ekyo Yakikola Akabonero kasobole okujja. Akabonero bwe bwali Obulamu bwa Katonda.

116 Era Katonda bwe yakola omuntu eyasooka, yamukola nga mwana. Naye omwana n'ayonooneka nnyo n'atuuka n'okuwuliriza mukyala we mu kifo ky'okuwuliriza Katonda, n'omukazi naye n'awuliriza ssetaani mu kifo ky'okuwuliriza bba, era, ekyo bwe baakikola, ne kiboonoonera ddala bombi, okutuusa nti kyaleetawo n'obwonoonefu. Era Yakimanya, nti ekyo bwe baakikola, baali baakuzaala abaana mu nsi. Ekibala ekyali mu mmakkati g'omuti tekyali kya kukwatibwako, naye, kati, bwe kyakwatibwako, ne beereetako ekibi kino ku bo bennyini. Olwo olulyo lw'omuntu lwonna, olwazaalibwa, ne luba mu kibi. Nga, tewaliiwo ngeri ya kukivaamu.

117 Awo Katonda kwe kukka wansi. Waliwo engeri emu yokka ey'okumukomyawo, nga kwe kumukomyawo okuba omwana ow'obulenzi nate. Naye kati Ayinza kukikola atya, ate nga Etteeka Lye Ye kennyini lyayimirira ne ligamba nti "gumusinze?" Awo Kitaffe Yennyini kwe kufuuka omu ku ffe. Ogwo gwe Mwana gw'endinga ogwa nnamaddala. Ekyo kye kigendererwa Kye kye yali Alina mu birowoozo.

118 Eyo ye nsonga lwaki Omwana gw'endiga gwali nsonga nkulu nnyo mu lusuku Adeni, nga kimanyiddwa nti lumu Omwana gw'endiga n'Ejjiba birisisinkana, Omwana gw'endiga n'Ejjiba we biribeerera awamu. Awo we Yategeerera, okuyita mu ekyo, nti ffenna tusobola okuba awamu. Era Yali mwetegefu okukola ssaddaaka eyenkanidde awo, kati, Akabonero kasobole okusiigibwa, nga tetukyali bagwiira, tetukyali bagenyi, wabula tuli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Bombiriri Adamu ne Kaawa, omukazi n'omusajja, nga beegasse wamu, babeera baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, mu Kristo Yesu, okuyita mu ssaddaaka Ye ey'ekitalo.

119 Era, kati, obutabaawo nsobi! Ensigo ey'obulamu buno eteekwa okusimbibwa mu ttaka, ery'omubiri guno eyo—eyo nsigo ezikirira; n'obulamu, bwe buba nga obulamu obuli mu nsigo bukyamu, buzikiririra wamu n'ensigo. Naye Yagiteekamu Obulamu Obutaggwaawo n'agyoleka nga Eyiye ku Bubwe,

kibeere nti mu kuzuukira Aligizuukiza nate, waleme kubaawo n'ekimu ekibula. Mulaba kye ntegeeza?

120 Kiikyo, kati tesobola kuzikirira. Eriko Obulamu. Nga ke Kabonero, nga kali ku mubiri ogwo, nga kali ku mmeeme y'omuntu oyo. Eriko Akabonero, nga ye Omwoyo Omutukuvu, akalaga nti ya Katonda. Yiye. "Bwe Ndiraba Akabonero, Ndibayitako." Akabonero kennyini akatuufu, Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero kaffe. N'olwekyo, bw'ofuna Omwoyo Omutukuvu, oba ovudde mu kufa n'odda mu Bulamu. Ekyo kye kitegeeza, kubanga Obulamu buba bukulimu. Nga tokyasobola kuzikirira.

121 Bayibuli egamba nti, "Oyo azaalibwa Katonda tayonoona, kuba tasobola kwonoona, kubanga Ensigo ya Katonda," amiina, "Ensigo ya Katonda esigala mu ye." Ye ate ayinza atya okwonoona nga Katonda atayonoona ali mu ye? Nga ali mu Katonda atayonoona, ate ayinza atya okwonoona? Ka kibe kiki kyonna ky'abeera akoze, Omusaayi guba gumubisseeko. Olaba? Kati abeera kitonde kiggya. By'ayagala ne by'aluubirira bya mu Ggulu, kubanga akyusiddwa okuva mu kubeera ekikwatandiga n'afuuka eŋŋaano. By'ayagala tebikyali bye bimu nga bwe byali okusooka, era ekyo akyoleka.

122 Oyinza okugamba nti, "O, Ogwo nange ngukkiriza." Nga ate okyagenda mu maaso n'okwonoona? Nedda! Walimbibwa. Olaba? Tegusobola kulaga kintu kirala kyonna okuggyako Akabonero.

123 Isiraeri yalagirwa okusigala wansi w'omusaayi ogwo okutuusa nga ekiragiro ky'okusimbula kifulumye. "Temufuluma ebweru waako!" Kasita baabeeranga wansi w'akabonero ako, baabanga basibiddwa munda omwo. "Temukafulumamu!" Baasigalayo munda okutuusa ettumbi bwe lyatuuka amakondeere ne gafuuyibwa. Era amakondeere bwe gaavuga, amayembe g'endiga amakadde bwe gaatandika okufuuyibwa, buli omu n'afuluma nga akumba n'ebintu bye, nga bw'agenda mu nsi ensuubize.

124 Bw'atyo n'omusajja oba omukazi ajjudde Omwoyo Omutukuvu bw'ali, abeera amaze okusibibwako envumbo, nga aliko obukuumi okuva eri obulabe bwonna n'emitawaana. Obulamu bwe bwonna bulaga ekyo ky'ali, buli yonna gy'atambulira, ka gube mulimu ki gw'akola, k'abe ani gw'ayogera naye. Bw'asisinkana abakazi, bw'asisinkana b'akolagana nabo, bw'asanga ekintu kyonna, Akabonero ako kabaawo. Amiina! Bwe gutuuka ku kufa agamba nti, "Siritya kabi konna, kubanga Ggwe oli nange," Akabonero ako kabaawo. Bwe kirituuka ku kuzuukira, alibaayo, kubanga Katonda alimuzuukiza ku lunaku olw'oluvannyuma. Yesu bw'atyo bwe yagamba! "Bwe Ndiraba Omusaayi, Akabonero, Ndibayitako." O!

125 Jjukira, akabonero ako bwe kaabanga tekasiigiddwa, n'endagaano yasazibwangamu. Bwe kiri. Endagaano yasazibwangamu. Tewaabangawo—tewaabangawo ndagaano kasita akabonero tekaabangawo. Akabonero ke kaalaganga endagaano. Katonda yakola nabo endagaano, yee, ssebo, naye akabonero kaalina okubaawo. Yali tebalibwa, endagaano yali tebalibwa, okuggyako nga akabonero weekali.

126 Wayinza okuba waaliwo Abayudaaya bangi abaagambanga nti, "Jangu wano! Weewaawo ku luggi lwange ssirinaako musaayi, naye nnina kye njagala okukulaga, ndi Muyudaaya omukomole. Nnakomolwa." Ekyo tekyalina kakwate na *kiri.* [Ow'oluganda Branham akuba entoli—Omuk]. "Bwe Ndiraba omusaayi! Bwe Ndiraba akabonero!"

127 Oyinza okugamba mbu, "Ndi Mubaputisiti, Mupulesibiteriyani, Mumesodisiti," oba kyonna ky'oyagala okuba.

Naye kiri nti, "Bwe Ndiraba Akabonero!"

128 Oyinza okugamba nti, "Ndi mukkiriza. Mmange yali mmemba wa kkanisa eno. Kitange yali mmemba wa kkanisa eno. Mbadde mmemba waayo okuviira ddala mu buto bwange." Ekyo tekirina kakwate na *kiri.* [Ow'oluganda Branham akuba entoli—Omuk]. "Ssirimba, ssibba. Ssikola *kino.* Ndi . . . " Ekyo tekirina kakwate na *kiri.* [Ow'oluganda Branham akuba entoli.] "Ndi mmemba wa Kkuŋŋaaniro lya Branham. Nkola *kino, kiri,* oba *ekirala.* Nzikiriza Ekigambo kyonna."

129 Abayudaaya abo baali basobola okugamba nti, "Nzikiriza Yakuwa!" Ayinza n'okuba nga yawuliriza ne ku Bubaka obw'ekiseera ekyo, bw'aba yabuwuliriza. Mazima ddala.

Bayinza okuba baalina obubaka bungi nnyo, naye Buno bwe bwali Obubaka obw'ekiseera ekyo. Olaba? Nzikiriza Obubaka bw'ekiseera. Weewaawo. Omusaayi gwasiigibwa mu kiseera eky'akawungeezi.

Bayinza okuba baagamba nti, "Nze, ndi Muyudaaya."

130 Abantu leero bagenda ne bagamba nti, "Ndi Mukristaayo. Nnyinza n'okukulaga ebbanga eddene lye mmaze nga ndi mmemba. Njagala ombuulire lwe nnali nzibye ekintu kyonna, oba lwe nnali ntwaliddwaako mu mbuga z'amateeka. Ndaga lwe nnali nnyenzeeko, oba lwe nnali nkoze n'ekimu ku bintu bino, oba ekintu ekiringa ebyo. Kindage." Ekyo tekirina makulu gonna kati. Nedda, nedda. Labayo, ne bw'aba yalina endagaano mmeka, endagaano yabanga tebalibwa. Nga tekola.

Oyinza okuŋŋamba nti, "Nze, ndi muyizi wa bya Bayibuli."

131 Ssifaayo kiki ky'oli. Awatali ndagaano eyo, obusungu bwa Katonda bukuliko. Bwe kiri. Bukugwikirizza. Ddala. "Ebibi byo bijja kukukwekula." Ekibi kye ki? Bwe butakkiriza. Obubaka tobukkirizza. Ekigambo tokikkirizza. Tokkirizza bujulizi bwa

Kabonero, nga Kko, nga ate keeyolese Kko kennyini mu makkati gaffe. Ddala oyinza otya obutakakkiriza Ako? Ne bw'okomya wa obutakakkiriza Ako, Kateekwa okusiigibwa.

132 Oyinza okugamba nti, "Nkakkiriza. Nkakkiriza. Nkakkiriza okuba nga Kko ge mazima. Nkasembeza okuba nga Kko ge Mazima." Kati awo ekyo kirungi, naye Kalina okusiigibwako.

133 Kati, wayinza okuba waaliwo Omuyudaaya ono omu nga ayimiridde awo, atabula omusaayi, nga endiga bw'etonnya omusaayi, nga agamba nti, "Kino ye Yakuwa."

134 Nga erudda wayimiriddewo kabona, agamba, "Yee, ssebo, nzikiriza nga ekyo kituufu," naye nga ku nnyumba ye tegunnasiigibwako. Nga tayagala kulaga nti alina akakwate n'ekibinja ekyo; nedda ssebo, eky'abazoole bano abasiiga omusaayi ku luggi. Nga tayagala kulaga nti y'omu ku bo. Ne bwe yabanga kabona eyenkana wa, nga Ekigambo akimanyi okwenkana wa, nga yakuzibwa bulungi ddala, mirimu gyenkana wa gy'akoze, abaavu abagabidde kwenkana wa, asaddaase kwenkana wa!

135 Pawulo yagamba nti, "Ne bwe mpaayo omubiri gwange okwokebwa, nga ssaddaaka; ne mpaayo ebyange byonna okuliisa abaavu; nga nnina okukkiriza okusigula ensozi, n'ebirala byonna; nga njogera mu nnimi, ez'abantu n'eza bamalayika; n'ebintu ebirala bino byonna," n'agamba nti, "Mba ssiriiko kye ngasa okutuusa nga Akabonero kamaze okusiigibwa. Okutuusa nga Akabonero kano!" Ekyo kye njogerako olwa leero, okwagala. Olaba? "Kati, okutuusa nga kano kamaze okusiigibwa, ssiriiko kye ngasa." Olaba?

136 Ssifaayo, oyinza okuba wagoba emizimu. Oyinza okuba nga owonyezza abalwadde olw'essaala yo ey'okukkiriza. Oyinza okuba nga okoze ebintu bino byonna. Naye Akabonero ako bwe kaba tekaliiwo, oli wansi wa busungu bwa Katonda. Oyinza okuba oli mukkiriza. Oyinza okuyimirira ku kituuti n'obuulira Enjiri. "Bangi balijja Gyendi ku lunaku luli, nga bagamba nti, 'Mukama, Mukama, ssaalagula mu Linnya Lyo, ssaabuulira mu Linnya Lyo? Ssaagobanga emizimu mu Linnya Lyo?'" Abo be Babaputisiti, Abamesodisiti, n'Abapentekoote bonna wamu. Yesu yagamba nti, "Muve wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu. Sibamanyanganako."

137 "Naye bwe Ndiraba Akabonero, Ndibayitako." Kye kyetaago kya Katonda eky'ekiseera kino. Obubaka obw'ekiseera eky'akawungeezi, kwe kusiigako Akabonero.

138 Ssetaani agenze asuulasuula ebikwangala ebya buli kika, eby'okukwatagana mu ngalo, n'obukakafu obutali bumu, n'ebiringa ebyo. Byerabire! Ekiseera kituuse eky'Akabonero, Kennyini; nga si bicupuli, okukkiriza okw'okwefaananyiriza obwefaananyiriza, okukiwaanyisaamu n'ekirala, oba ekintu ekirala kyonna.

139 Essaawa etuuse Akabonero Ye kennyini nga Yeeyoleka mu makkati gaffe, era nga akakasa nti Ye Yesu y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, era nti Ali wamu ddala n'Ekigambo. Kalina okusiigibwako. Omuntu agamba nti alina Akabonero, ate n'agaana Ekigambo kino, olwo aba ategeeza ki? Okiraba, toyinza kukikola. Akabonero kateekwa okubaawo. "Bwe Ndi . . . Omusaayi gulibabeerera akabonero." Kati Omwoyo Omutukuvu, Obulamu obwali buli mu Musaayi, ke Kabonero gy'oli. Tugenda kukituukako mu kaseera katono, olaba. Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero. Omusango guggaddwaawo. Yee, ssebo. Kati jjukira. Era nja . . .

140 Si nsonga kiki ky'oli, oli mulungi kwenkana wa, mirundi emeka *gy'obuusebuuse*, makanisa ameka ge waakeegattako, bintu bimeka ebirungi by'okoze, tebirina makulu gonna ge bigenda kukola gy'oli Akabonero bwe kaba nga tekasiigiddwako. Kino ky'ekiseera eky'akawungeezi. Ebyo byakola bulungi mu biro bya Luther, byakola bulungi nnyo mu biro bya Wesley, naye tebikola kati. Nedda.

141 Weewaawo, okukuuma omwana gw'endiga kyali kirungi mu biro ebyo. Abo abaafa mu biro ebyo nga omwana gw'endiga tegunnasiigibwa, omusaayi, ekyo kyali kirala. Yee, ssebo. Baayitangawo kuba baali tebalina kibalumiriza mu mitima gyabwe. Baasalirwanga omusango oba nga ba—baa . . .

142 Bwe baba nga baali baateekerwateekerwa, kyabalumirizanga. Bwe kitabalumirizanga, tekyabalumirizanga. Ky'ekyo kyokka. Katonda yekka. "Ye—Ye aggyako omusango oyo gw'Aba ayagadde okuggyako omusango, n'asaasira oyo gw'Aba ayagadde okusaasira, era n'Anenya oyo gw'Aba ayagadde okunenya." Ye Katonda. Ky'ekyo kyokka. "Asaasira oyo gw'Abeera asaasidde, era n'Anenya gw'Aba ayagadde okunenya."

143 Omuyudaaya yali asobolera ddala bulungi okulaga, olw'okukomolebwa, nti mukkiriza.

144 Waliwo abantu bangi, abantu abagobererera ddala ennono z'enjigiriza, abasobola okukwata Bayibuli eno ne bagamba nti, "Ndi mukkiriza, era Yesu yagamba nti, 'olw'okukkiriza' tulokolebwa. Era ndi mukkiriza, naye ebyo eby'okubatizibwa kw'Omwoyo omutukuvu tebiriimu makulu." Awo Akabonero kaba tekasiigibwangako. K'abeere, nga akkiriza okwenkana wa, okukkiriza kwe tekubalibwa.

145 Okufaananako n'okukomolebwa kw'Omuyudaaya. Agamba nti, "Ndi Muyudaaya. Kiki ekintwala eyo okweyisa nga ekibinja ky'abazoole kiri?"

146 Musa yayimirira, n'atambula ng'adda eno n'eri mu kkubo, nga bw'agamba nti, "Obubaka obw'akawungeezi buubuno! Awo olulituuka, ennaku ekkumi n'ennya bwe ziriba ziweddeko, mulikuŋŋaanya wamu ekibiina ne mutta omwana gw'endiga.

Ekibiina kyonna ekya Isiraeri kirigutta, nga bagutaddeko emikono gyabwe, okweyoleka nagwo. Era omusaayi gulisiigibwa ku mwango, ne ku mufuubeeto gw'oluggi, era, 'Bwe Ndiraba omusaayi, Ndibayitako, kubanga ako ke kaliba akabonero akalaga nti mukkirizza okufa kw'omwana gw'endiga gwe mbawadde.'" Omusaayi gwe gwali akabonero.

147 Leero Omwoyo ke Kabonero. "Mulijjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu ennaku si nnyingi okuva kati." Era Omusaayi bwe gwayiibwa, Akabonero ne kasindikibwa ku Lunaku lwa Pentekoote, nga okuwuuma, okw'empewo ey'amaanyi.

148 Ogwo gwe gwali omulamwa gwa buli mutume. Gwali nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza? Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, kubanga ke Kabonero, amiina, akalaga nti osomose okuva mu kufa okudda mu Bulamu." Kiikyo. Abo Ab'amawa—. . . ekkanisa y'Abayudaaya bwe yaseebengerera, Ab'amawanga ne bagyezza, ne wabaawo okukyamizibwa okwenkanidde awo; naye kati evuddeyo, okuggyayo abo abaasigalira ku b'Amawanga, nga ye Mugole, olw'Erinnya Lye.

149 Mulaba kye ntegeeza? Mulaba Ekyawandiikibwa kye kyogerako wano? Akabonero bwe kataalagibwanga, endagaano yabanga tekola. Olaba? Kateekwa okulagibwa. Kubanga, bw'ogamba nti okkiriza, ate n'otogoberera biragiro bya Kigambo, kitegeeza tokkiriza. Olaba? Ne bw'oba nga wakomolebwa, ne bwe weegattako obweggasi, ne bw'obatizibwa, n'okola ebintu bino byonna bw'otyo; ako era si ke Kabonero, Omwoyo Omutukuvu.

150 Omuyizi ono omulungi yagenda mu maaso nga ayogera nange, nga bwe mbagambye gye buvuddeko. Yaŋŋamba nti, "Billy," n'agamba nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda, era ne kimubalirwa okuba obutuukirivu. Kiki ekisingawo omuntu ky'ayinza okukola okuggyako okukkiriza Katonda?"

151 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kituufu, Dokita. Kituufu. Ddala yakkiriza Katonda. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Oli mutuufu. Awo w'otuuse, oli mutuufu."

152 Kasita aba—aba—abakessi ekkumi n'ababiri, abaasindikibwa okugenda okuketta ensi ya Kanani, kasita baasigala nga batambula boolekedde Kanani, beeyongeranga okugisemberera; naye olwatuuka ku nsalo, ate awo ne bawalira.

153 Ne ŋŋamba nti, "Mmwe Ababaputisiti mwenna muli batuufu, okusinziira awo we mutuuse, naye mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?" Hum. Ne ŋŋamba nti, "Jjukira, Katonda yakkiriza okukkiriza kwa Ibulayimu. Ya—yakkiriza Katonda, era ne kimubalirwa okuba obutuukirivu, ekyo kituufu, naye ate Katonda yamuwa

envumbo ey'okukomola, nga akabonero, akabonero gy'ali." Eky'okukomolebwa, kw'omubiri gwe, si kugamba nti kyalina we kikwataganira n'emmeeme ye, wabula kaali kabonero akalaga nti Yali (Katonda yali) akkirizza okukkiriza kwe.

154 Era naffe Atuwa akabonero, ak'Omwoyo Omutukuvu, akalaga nti atukkirizza nti tuli bakkiriza. Kubanga kigamba nti, "Mwenenye, era mubatizibwe buli omu ku mmwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe!"

155 Kati ensonga mugitegeera. Abayudaaya, ne bwe bandikakasizza okwenkana wa nti baakomolebwa, naye era akabonero kko kaali kalina okulagibwa. Ekitali ekyo, endagaano yabanga tebalibwa. Nga tebalibwa.

156 Kye kimu na kati, ekintu kye kimu. Ka kibe kiki kyonna ky'okola, K'obe nga—nga onnyonnyola Bayibuli okwenkana wa. Oyinza okuba nga oli muyizi wa Bayibuli. Ha, bannange! Oyinza—oyinza okugamba nti, "Ndi mukkiriza, na buli kintu kyonna." Naye era Akabonero keetaagibwa. Nga omuyizi asomerera ebya Bayibuli, oyinza okugamba nti, "Nnali muntu mulungi, Ow'oluganda Branham."

157 "Ssifaayo ku kiki omuntu yenna ky'ayogera, toyinza kusinga musajja oyo. Ssimulabangako nga akola kintu kyonna ekikyamu, mu bulamu bwange." Ekyo tekirina kakwate *konna* na Katonda. [Ow'oluganda Branham akuba entoli—Omuk]. Ekibanjibwa kiri kimu, era ky'ekyo kyokka!

158 Ate ekyo tosobola kukikola. Tosobola kuteeka musaayi ku mwango gwa luggi, awo, awatali kabonero okuggyako nga omwana gw'endiga gwattiddwa. Era omusaayi kaali kabonero akakakasa nti omwana gw'endiga gwattiddwa. Tewali bya kukkiriza kwa kwefaananyiriza bwefaananyiriza; omwana gw'endiga gwafa!

159 Era n'Omwoyo Omutukuvu Kabonero akakakasa nti Omwana gw'endiga gwo gwafa era wafuna Akabonero ku ggwe, kubanga Obulamu Bwe Bwennyini buli mu ggwe. Olaba? Tewali bya kukkiriza kwa kwefaananyiriza bwefaananyiriza. Tewali bya kwefuula ky'otali. Tewali bya kugeegeenya ky'otali. Weekali! Okimanyi. Okimanyi. Ensi ekimanyi. Akabonero weekali.

160 Omuntu ne bwe yabanga mulungi atya. Ayinza okuba nga yali muyizi wa Bayibuli. Ayinza okuba . . . Ayinza okuba omuntu ekika kya—kya mmemba w'ekkanisa omulungi. Ayinza okuba omuntu omulungi. Ayinza okuba o—omukulembeze w'ekibiina ky'eddiini. Yandiba ku—ku bukulembeze bw'e Rooma obw'emitendera. Si—ssimanyi oba ani, ekyo tekirina—ekyo tekirina makulu gonna.

161 Naye, Isiraeri, omuyizi yenna wa Bayibuli akimanyi bulungi nti Isiraeri yali kifaananyi kya Kkanisa, ddala bwe kiri, nga egenda mu nsi ensuubize. Era eyo gy'Egenda.

162 Naye ekiseera eky'akawungeezi bwe kyatuuka, nga olugendo lukyagenda mu maaso, waaliwo ekyali kyetaagisa ekikulu kimu. Oli ne bwe yabanga abadde Muyudaaya okwenkana wa, nga akuumye bulungi ebirime bye okwenkana wa, nga alabiridde bulungi baliraanwa be okwenkana wa, nga akoze ebyenkana wa, nga mmemba mulungi okwenkana wa, nga awaddeyo ekimu eky'ekkumi emirundi egyenkana wa. Ebintu bino byonna byali birungi. Tebyalina kabi. Yabanga muntu mulungi, amanyiddwa mu bantu be, nga omuntu omulungi. Naye awatali kabonero, ka musaayi, yazikirira.

163 O, nsaba Katonda annyambe, eri mmwe abali wano kati n'abawuliririza ku ntambi, ekyo okukikkaatiririza ddala!

164 Si nsonga, oyinza okuba wali obuulidde Enjiri, oyinza okuba wali ogobye ku mizimu, oyinza okuba nga wali oyogeddeko ne mu nnimi, oyinza okuba nga wali oleekaanyeko, n'ozinira ne mu Mwoyo, naye nga tolina Kabonero.

Oyinza okugamba nti, "Nnyinza okukikola?"

165 Pawulo yagamba nti osobola. "Ne bwe njogera mu nnimi ez'abantu n'eza bamalayika, ne bwe mpaayo ebyange byonna okuliisa abaavu, ne mpaayo omubiri gwange okwokebwa nga ssaddaaka, nga nnina okukkiriza okusigula ensozi, n'ebintu bino, mba ssiriiko kye ngasa." Ebyo tobyesigamako. Akabonero kye kikulu! Ne bw'oba nga okoze ebyenkana wa obungi, nga oli mulungi okwenkana wa; obusungu bwa Katonda bwe bunaamyansa, bujja kutunuulira Kabonero kokka.

166 Akabonero ke kalaga nti omuwendo gumaze okusasulwa, ogubadde gwetaagibwa. Era omuwendo ogwasasulwa gwali gwa Bulamu bwa Yesu Kristo, era yawaayo Bulamu Bwe. Era Omwoyo We akomawo nate ku ggwe, nga Akabonero akalaga nti okkiriziddwa. Era Akabonero otambula nako, emisana n'ekiro, si ku lwa Ssande lwokka. Naye ekiseera kyonna, obeera n'Akabonero. "Bwe Ndi . . . Omusaayi gulibabeerera akabonero gye muli."

167 Oyinza okugamba nti, "Nkyakkiriza. Ndi mukkiriza." Ekyo kirungi. Naye bw'ogaana Akabonero, olwo obeera ogenda kubeera otya omukkiriza? Ekyo kiba kikontana naawe. Olaba, kiba kikontana n'obujulizi bwo, obw'ebyo by'okola.

168 Omuyizi wa Bayibuli, omuntu omulungi, mmemba w'ekkanisa, kyonna ky'oli, tekirina makulu gonna. Yee, ssebo. Oba oli awo kitaawo mubuulizi. Oba oli awo maama wo—wo yali mutukuvu. Oba . . . Ekyo—ekyo kirungi, balina okweyanukulira ku lwabwe. Nga bwe nnagambye, gezaako . . .

169 Abantu Katonda bagezaako okumufuula nnamukadde, omunene, omwagaagavu, jjajja w'abaana agyinya ekyejo, olaba, alina olwebeeya lw'obuzzukulu, nga bu Ricky ne bu Elvis obuto, nga bagamba mbu, "Tebulina mutawaana gwonna."

170 Si Katonda! Ye talina bazzukulu. Ye ye Kitaffe. Olina okuzaalibwa ogw'okubiri! Ye si jjajja agyinya ekyejo.

171 Ye Katonda ow'omusango. Bayibuli egamba nti ekyo ky'Ali. Obusungu Bwe bwa ntiisa. Togeza n'okirinnyirira Ekyo ate n'osuubira nti obulungi bwa Katonda luliba lumu ne bukutwala, nga oli mu kwonoona kwo, mbu ne bukutwala mu Ggulu. Ekyo ssinga Yali asobola okukikola, bano bonna wano yandibasonyiye, ne Kaawa yandimutute. Ku bibiri ojja kukkiriza Ekigambo Kye, oba si ekyo ojja . . . ojja kuzikirira. Era bw'okkiriza Ekigambo Kye, ojja kubaako Akabonero. Uh—huh.

172 Okufa kwali bulindaala okusaanyaawo Misiri ekiro ekyo, akadde konna. Kyali kiseera kya ntiisa; emikolo gyabwe gyonna, ennaku zaabwe zonna ez'embaga, n'ennaku ez'okusiiba.

173 Katonda yali abakyalidde. Katonda yali alaze obubonero obunene n'eby'amagero Bye eby'ekitalo mu makkati gaabwe. Kiki ekyo? Kati sooka oyimirireko katono. Katonda yali abalaze ekisa Kye. Yali abawadde akakisa.

174 Baali tebasobola kukisambajja Ekyo. Naye baagamba mbu, "Ha, ebyo tebiriimu makulu. Ebyo temuli. Bintu buntu ebiri eyo mu biyiriro, wabaddewo okukulugguka kw'ettaka e—erimyufu lye lyawaguzza, era lye lifudde ennyanja okuba emmyufu." Omuzira ne gujja. N'ebikere ne bijja. Katonda yali ategese ekifo, nga Atadde n'Ekigambo Kye mu kamwa ka nnabbi. Era buli kye yayogera, kyatuukirira, era baakiraba. Baali tebasobola kukisambajja.

175 Ekyo Musa kye yayitanga okujja, era ky'ekyo Musa kye yafunanga, okuva eri Katonda, kubanga yayogeranga Kigambo kya Katonda kyokka. Yagamba nti, "Nja kukufuula katonda." Musa yali katonda gye bali. Olaba? Nabo ky'ekyo kye baali bamanyi, bw'atyo n'Agamba nti, "Onaabeera katonda, ne Alooni anaabeera nnabbi wo. Olaba, onaabeera nga katonda, kubanga Nja kukozesa, eddoboozi lyo, era Nja kukukozesa okutonda. Nja kwogera, nga n'abantu tebayinza kukisambajja, kubanga kijja kubaawo. Ky'onooyogera, kijja kutuukirira." Ha, bannange! "Nnaakulaga ebintu ebyo." Bannange! Ate Misiri yabiraba. Baabiraba awo nga akaseera ak'akawungeezi kanaatera, oba awo mu kaseera ak'akawungeezi.

176 Yabalaga obulungi Bwe. Yabalaga nti Asobola okubiggyawo, n'awonya.

177 N'abafuusa nabo ne baagezaako okukola ekintu kye kimu, abo abageegeenya. Bulijjo babeerawo. Waaliwo Yane ne Yambere, nga bayimiridde awo. Naye bwe gwatuuka ku kintu kyennyini, tebaakirina. Ky'ekyo. Baagobererako, okumala akaseera. Naye, bwe waayitawo akaseera, obusirusiru bwabwe ne bwasanguzibwa.

178 Kati Bayibuli ekintu kye kimu si ky'egamba nti ky'ekiribeerawo mu nnaku ez'oluvannyuma, "nga Yane ne

Yambere bwe baaziyiza Musa”? Naye obusirusiru bwabwe bwayasanguzibwa, era bujja kuddamu bwasanguzibwe. Olaba? Kiikyo, abantu ab’endowooza ezaakyamizibwa, abaayonooneka amagezi gaabwe ku bikwatagana n’Amazima, eby’Ensonga. Bayinza okuba n’ebibiina by’abantu ebinene, n’ebintu eby’amaanyi, eby’ekitalo, ebya waggulu, ebintu amatiribona, naye akaseera kajja kumala katuuke.

179 Yimirira butengerera n’Akabonero! Ekyo Katonda ky’ayagala tukole. Weekwate ku Kigambo Kye. Tokivaako. Kinywerereko. Bayibuli bw’egamba.

180 Okufa kwali kukka. Katonda yali abalaze ekisa, nga abalaze amaanyi n’obubonero.

181 Kati leka tusooke tukomeko awo okumala eddakiika nga emu oba bbiri, ku ssaawa eyo awo. Leka tudeyokko emabega, tulowoozeeko mu mitima gyaffe, ku kye Yasuubiza ekigenda okubaawo mu nnaku ez’oluvannyuma. Nneewuunya oba tetuutere kutuuka mu kaseera ako, naffe. Mukiraba?

182 Yali akoze ebintu bino byonna, naye era baali tebaagala kwenenya, oba okukkiriza obubaka bw’ekiseera ekyo. Era baali tebaagala kukikola, newankubadde nga bwali bulabisiddwa mu maaso gaabwe, era nga mazima ddala bukakasiddwa.

183 Era bw’olaba ebintu nga ebyo nga bigenda mu maaso, kabonero akalaga nti omusango gujja. Omusango gwe gugenda okuddirira ebintu ebyo. Bulijjo bwe kibaddenga, ne ku mulundi guno tekigenda kuba kya njawulo. Olaba? Omusango gwe gugoberera ekisa. Ekisa bwe kisambajjibwa ne kitafiibwako, waba tewasigadde kirala kyonna okuggyako omusango. N’olw’ekyo bulijjo gwe gujja okugoberera.

184 Kaakati, ebintu ebibaawo. Buli kintu kyonna eky’omwoyo ekibaawo kaba kabonero okuva ewa Katonda. Weegendereze. Ekyo kigenderere, olaba. Wekkaanye, buli kintu kyonna eky’omwoyo ekibaawo, buli kintu kyonna ekibaawo, kaba kabonero. Tetuli wano mu butanwa. Ebintu bino tebimala gabaawo mu butanwa. Kaba kabonero. Kaba kabonero, akakutegeeza okugenda—okugenda awali obukuumi, mangu ddala. Nuuwa yali kabonero eri omulembe gwe; Eriya yali kabonero eri ogugwe; Yokaana yali kabonero eri ogugwe. Olaba? Buli kimu, Obubaka bw’ekiseera, kabonero. Mubwekenneenye, mulabe kye Bukola. Olaba? Kabonero. Buli kintu kirina amakulu.

185 Era tewali kiseera kirala kyonna Obubaka obw’ekika kino we bwali busobola kubeererawo. Bwali tebusobola kujja mu biro bya Luther, bwali tebusobola kujja mu biro bya Wesley, bwali tebusobola na kujjira mu biro bya Pentekoote. Bwali tebusobola. Olaba? Tewali. . . tewabangawo kintu kifaanana bwe kityo, ate nga kyatusuubizibwa mu Bayibuli. Olaba? Tuli ku nkomerero. Tewali kyali kisobola kubaawo, kyali tekisobola

kubaawo okutuusa ekiseera kino. Era kigenda mu maaso nga kirina akabonero ke kiraga. Mwebuuza kabonero ki ako?

186 O, bannange bantu mmwe, muganda wange, mwannyinaze, yingira wansi w'Akabonero ako, mu bwangu. Olaba? Togeza, togezaako okutwala ekintu ekirala mu kifo kyako. Tokikola, tokikola, tokikola, tokikola ekyo. Olaba? Tokateebereza buteebereza Ako. Sigalirawo ddala awo okutuusa nga otegedde nti Akabonero kassiddwako, okutuusa (nga wenna) endowooza eyali mu Kristo eri mu ggwe, okutuusa nga obutaliimu bwonna obw'ensi bukuweddemu, olaba, okutuusa nga okuyaayaana kw'omu mutima gwo kwonna ye Ye. Olaba? Ekyo bwe kinaabaawo, awo, olwo lw'onaamanya, lw'onaamanya nti waliwo ekigenda mu maaso. Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza," si abo abeefaananyiriza obwefaananyiriza abakkiriza, wabula abakkiriza. Olaba? Kati, tetwagala kweyibaala, yadde akatono ku ekyo; tolina kweyibaala.

187 Obubaka bw'ekiseera kabonero eri amakanisa. Kabonero eri abantu. To. . . Kati mu—mukifuna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Nsuubira, n'abawuliririza ku lutambi, nabo bakifuna, olaba, n'abali mu bitundu by'ensi ebirala. Olaba, essaawa y'akabonero etuuse. Waliwo Akabonero akalina okussibwako, era kaali tekasobola kujja mu kiseera kirala kyonna.

188 Weetegereze enteekateeka ya Katonda olw'ekiseera ekyo. Kati, nga bwe tumanyi nti Bayibuli egamba nti, "Ebintu ebyo byonna byabaawo nga eby'okulabirako, olaba, gye tuli." Mweetegereze, Katonda bwe yatuuka okusalira Misiri omusango, yasooka kukola nteekateeka. Omulundi ogwasooka Yakola ki? Takyusa nkola Ye.

189 Omulundi ogwasooka, bwe yafuna, bwe yakola enteekateeka Ye, Yaweereza nnabbi nga alina obubaka. Ekisooka kye yakolera abantu Be kwali kuweereza nnabbi nga alina obubaka.

190 Ekyaddako kye Yakola, okwoleka nnabbi ono, Yaweereza Empagi y'Omuliro nga eky'okumwoleka, okumwoleka.

191 Ekintu eky'okusatu kye Yaweereza kaali kabonero. Ky'ekyo kyennyini. Akabonero, akabonero kaali kategeeza ki? Bukakafu!

192 Okusooka, nnabbi We nga alina obubaka; Yeeyoleka Ye yennyini mu. . . ne—n'Empagi y'Omuliro wamu ne nnabbi We; kati awo n'Aweereza akabonero, okubeera wansi w'omusaayi guno, okulaga nti yali Akkirizza ekintu ekirala okufa mu kifo kyo. Olwo, omusaayi ne guba akabonero kwe yatunuulanga Ye, akalaga nti wali owulidde obubaka, n'okkiriza Empagi ey'Omuliro, era nga okkirizza ekyo ekyali kiweereddwaayo mu kifo kyo kye yali Awaddeyo ku lulwo, era nga oli wansi wa musaayi gwennyini oggutonnya ogw'obulamu obwali

bufudde ku lulwo. Bannange! Nga kituukiridde, ekyo nga kintu ekituukiridde, olaba, oli wansi wa musaayi.

193 Kati oli wansi wa Mwoyo, wansi w'Omwoyo Omutukuvu. Olaba? Olaba? Okkiriza Obubaka bw'ekiseera, olaba, okkiriza a—a—a—a—amaanyi, e—e—Empagi y'Omuliro. Obikkiriza ebyo, olaba, era obikkiriza.

194 Kati, kati labayo, Ekyo okukikkiriza obukkiriza kyokka tekimala. Si ku—ku. . . Okutambulira Ekyo we kiri, tekimala. Olaba, ekyo kikwongera kuba mubi, "Kubanga oyo amanyi okukola ekyo ekirungi, ate n'atakikola, gy'ali kuba kwonoona." Olaba, abakkiriza ab'oku nsalosalo, Yesu yayogera ku kintu kye kimu.

195 Abaebbulaniya, essuula ey'o 6 nti, "Tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, ne bafuulibwa abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu, ne balega ku Kigambo kya Katonda ekirungi, ne ku mirembe egigenda okujja, bwe bagwa okubivaamu, tekiyinzika kubazza buggya olw'okwenenya; nga beekomererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda; ne batyoboola endagaano y'Omusaayi, ogwo mwe baatukuzibwa. . . " Luli omusaayi gwennyini ogutonnya gwe gwali gutukuza. Naye nga si ke ka Kabonero. Omusaayi si ke Kabonero kati. Obulamu ke Kabonero.

196 Obulamu bwali tebusobola kubaamu omwo, kubanga yali nsolo. Omusaayi gwennyini ogutonnya gwe gwali akabonero, walina okufuna omusaayi gwennyini ogutonnya n'ogusiiga ku luggi. Naye kati Mwoyo Omutukuvu. Kye tugendako, mu kaseera katono, okukikakasa ekyo, olaba. Obulamu ke Kabonero.

197 Nga obulamu bwo bugetebukyaliwo, nga wafa, nga n'obulamu bwo bwafa. Nga okwekeddwa mu Katonda, okuyita mu Kristo, nga osibiddwa munda muli n'Omwoyo Omutukuvu. Nga endowooza eyali mu Kristo eri mu ggwe. Ate Kristo, ne Bayibuli, n'Ekigambo, kye kimu. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda." Kati olwo ggwe, ne Kigambo, ne Katonda, ne Kristo, ne muba kye kimu. "Era bwe munaabeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, musabe kye mwagala, kinaabakolerwa." Olaba?

198 Yateeka obuyinza mu kamwa ka Musa mwennyini, okugenda n'Ekigambo Kye n'ayogera, ebikere ne bijja; n'ayogera, ebikere ne bigenda; n'ayogera, ensekere ne zijja; n'ayogera, obulamu—ensekere ne zigenda. Amiina!

199 Naye kko akabonero kaali keetaagibwa ku Isiraeri yonna. Isiraeri yonna yali yeetagibwa okuba n'akabonero kano. "Era bwe Nnaalaba akabonero, Nnaabayitako." Ha, bannange, bannange! Nga bukakafu bwa kitalo!

200 Isiraeri okufuluma Misiri, kyali kifaananyi, ky'ekyo ekituukirira leero. Misiri ye yali ekkanisa, ate Isiraeri ye yali

ekifaananyi ky'Omugole. Kati nga Isiraeri bwe yafuluma Misiri, bw'atyo n'Omugole bw'afuluma ekkanisa. Olaba? Kubanga, wateekwa okubaawo ekintu ky'Alina okufulumamu, era Alina okukifulumamu, kale, bw'eba nga ye yali ekifaananyi. E—ekkanisa eri mmanga mu Misiri, mu nsi era mu kibi, era teyeefiirayo ya—ya—yadde n'akatono ku bya Kabonero ko. N'okukakkiriza tebakakkiriza. Naye Isiraeri baakaagala, kubanga bwali bulokozi gye bali. Ha! Ha! Kisaanye okutuwa essanyu, kisaanye okuleetera emitima gyaffe oku. . . Ha!

201 Mukateekeko, kkanisa! Kati temulemwa okukassaako. Munaakikola kaakano? To, to, tokkiriza njuba kugwa. To, to, to, towummula, oba misana oba kiro. Temweyibaala. Tebijja kukola, baana bange. Tebijja kukola. Oteekwa okuba n'Akabonero!

202 Oyinza okugamba nti, "Nzikiriza. Weewaawo, ŋŋenda. Nze, weewaawo, Obubaka mbukkiriza. Nze. . . " Ekyo kirungi, naye, ekyo—ekyo kirungi.

203 Naye oteekwa okufuna Akabonero! Ekkuŋŋaaniro lya Branham, muwulira? Oteekwa okuba n'Akabonero nga kalabika! Nga tokalina, okukkiriza kwo kwonna kwa bwereere. Olaba? Ojja kutambulira mu bulamu obulongoofu; owulirize Ekigambo kye kigamba; ogende mu kkanisa; ogezeeko okutambulira mu ngeri engolokofu; ekyo kirungi, naye si ke Kko. "Bwe Ndiraba Omusaayi," ako ke Kabonero. Ate Akabonero wano si. . .

204 Kubanga, kiki, Ye—Yalina okulaba omusaayi gwennyini ogutonnya, kubanga obulamu bwali bulugenze, ya. . . bwali bugivuddemu, yali nsolo.

205 Naye wano Buno Bulamu Bwe Bwennyini bwe bwali mu Musaayi. Era omusaayi ogutonnya gwali kintu ekiraga obulazi oba akabonero ak'okutukuzibwa, naye Obulamu Bwennyini ke Kabonero; kubanga awatali kukomolebwa, awatali Kabonero, ne mu ndagaano toliimu. Ekintu kyonna kikolera wamu. Bw'ogamba nti wakomolebwa eri Kigambo, era eri Kyo kyokka, ojja kukkiriza Ekigambo; bw'oba okkiriza Ekigambo, kati awo Akabonero kateekwa okujja, kubanga yagamba nti, "Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe mu Linnya lya Yesu Kristo okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu." Kiikyo. O, bannange!

206 Kati nno weetegereze enteekateeka gye yakolera abantu Be ab'okugenda mu nsi ensuubize. Weetegereze bye Yakola. Ekisooka, yalina abantu be yali Akoledde ensi. Yali abategekedde ensi. Kati awo n'Aweerezaayo engeri ey'okugyeteekerateekera, ku lw'abantu ab'okugenda mu nsi ensuubize. Yali y'abo bokka abaateekerwateekerwa ensi eyo ensuubize, Omugole ow'ekiseera ekyo. Era engeri gye Yakikolamu, yatuma nnabbi nga alina obubaka, n'abukakasa

n'Empagi ey'Omuliro, n'awa n'akabonero kwe basobolera okuba abakakafu ddala nti butuufu. Ky'ekyo. Kye kyali kibagumya.

207 Isiraeri, nga efuluma Misiri mu kiseera ekyo, ye yali e—ekifaananyi. Kuno kwe kutuukirira kwakyo, nga Ekkanisa efuluma ebibiina by'amadiini. Kaakati, si bonna nti bagunjaawo ebibiina by'eddiini. Ntegeeza Omugole. Mulaba? Abantu abamu, waliwo abamu abeetongodde naye nga babi ddala nga ebibiina by'amadiini, oluusi nga babi n'okusingawo.

208 Njogera ku Kabonero akateekeddwaako. Akabonero kakkiriziganya na buli Kigambo. Mulaba? Kalina okukkiriziganya, kubanga Kko kye Kigambo. Kko bwe Bulamu obwali mu Kigambo. "Ebigambo Byange bya Mwoyo; Bwe Bulamu," Yesu bwe yagamba. Mulaba?

209 Musa bwe yatandika obuweereza Bwe mu Isiraeri, n'obubonero obw'amaanyi, olaba, Isiraeri mangu ddala yakuŋŋaana okuva wonna mu Misiri, ne bajja e Goseni, nga bakomawo eka waabwe, kubanga baakitegeera nti waaliwo ekyali kinaatera okubaawo. Ha, nga kifaananyi kyennyini!

O, bava Ebuvanjuba n'Ebugwanjuba,
Nga bava mu nsi ez'ewala, (Bwe kiri, oluyimba olwo mwali muluwuliddeko.)
Okulya ne Kabaka, okulya naye nga abagenyi Be;
Abatambuze bano nga baamukisa!
Okwekkaanya amaaso Ge ag'ekitiibwa
Agaakaayakana n'okwagala kwa Katonda;
Ab'omukisa abagabana ku kisa Kye,
Okwakayakanira mu ngule Ye nga amayinja ag'omuwendo.

O, Yesu ajja mangu,
Olwo ebigezo byaffe bikome.
Ha, watya ssinga Mukama waffe ajja mu kaseera kano
Okutwala abo abatakyafugibwa kibi?
Ha, ekyo gwe kinaakuleetera ssanyu,
Oba nnaku na kunyolwa okutagambika?
Mukama waffe bw'alijja mu kitiibwa,
Tulimusisinkana waggulu mu bbanga.

210 Nga tulaga Akabonero! "Era Ndimuzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma." Mazima ddala! Ze nnaku ze tulimu.

211 Abantu baakuŋŋaanira e Goseni. Baali beetegefu. Baakimanya nti waaliwo ekyali kinaatera okubaawo. Baali ba . . .

212 Ggwe labira ku mbaata, ekiseera ky'okusenguka bwe kituuka, zonna zidduka ne zeekuŋŋaanyiza wamu. Enjuki, n'ebirala, byetegeka, wabaawo okutegeera kw'obutonde mu byo okubikukuŋŋaanya awamu.

Omwoyo Omutukuvu y'akuŋŋaanya abantu!

213 Ha, ekiseera bwe kyatuuka obusungu bwa Katonda obw'ekitalo okuyiika, buli . . . Wajja embaata bbiri, ensajja n'enkazi. Ne wajja embaatakabuzi bbiri, ensajja n'enkazi; ne wajja embalaasi bbiri, ennume n'enkazi; nga waliwo ekintu ekibisika, ebyo ebyateekerwateekerwa. Ebirala byonna byazikirira. Ha! Ebirala byonna byazikirira! Naye ebyo ebyawulira okusikibwa okwo okuyingira, byakitegeera nti ekyombo kyali kitegekeddwa. Kaali kabonero akalaga nti enkuba yali ejja. Byakimanya nti enkuba yali ejja, si nsonga obudde bwali bulabika butya n'abantu abalala kye baali balowooza. Byo byakimanya.

214 Waaliwo ekintu mu byo, ekyabigamba nti, "Muyingire munda omwo, mangu ddala! Muyingire munda omwo, kubanga omwo mwokka mwe mutagenda kuba mutawaana." Kubanga, Katonda yategeka nnabbi, Yaweereza ekyombo nga akabonero, n'agamba nti, "Muyingire munda omwo," enkuba yali ejja. Bwe bityo ne biyingira munda omwo, bibiri bibiri. Ensolo zonna zaayingira, bbiri bbiri, mu kyombo, kubanga zaayingira mu kyo. Si nsonga kiki abasigadde . . .

215 Era bonna abaali ebweru w'ekyombo ekyo baazikirira. Bonna abaali ebweru w'akabonero, ak'omusaayi, baazikirira, buli omu. Na buli omu ali ebweru w'Akabonero, ak'Omwoyo Omutukuvu, ajja kuzikirira.

216 Ka obe nga oli mulungi okwenkana wa, nga oli mmemba wa kkanisa omulungi okwenkana wa! Baaliwo bangi nnyo mu biro bya Nuuwa. Baaliwo bangi nnyo mu biro bya Musa; naye omuntu eyalemererwa okusiiga omusaayi, nga akabonero, oyo, yazikirira. Abo abaalemererwa okuyingira mu kyombo, baazikirira. Abo abalemererwa okuyingira mu Kristo, kubanga Ye kye Kyombo!

217 Abakkolinso Ekisooka 12 wagamba nti, "Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Ogutalabika na maaso, si kkanisa; naye ogutalabika na maaso, si bibiina by'amadiini; wabula Omubiri gwa Yesu Kristo ogutalabika na maaso! "Ku bw'Omwoyo omu," ennukuta ennene O-m-w-o-y-o, Omwoyo, "ffenna tunnyikibwa mu Mubiri guno gumu." Awo Akabonero kaba kali ku luggi, kubanga obeera oli mu Kristo. Era Ye ye yali Oyo, Ssaddaaka yo, Eyagumira omusango. Era ekyo Katonda bw'akitunulako, tayinza kukola kintu kyonna. Obaako obukuumi bwonna nga bwe kisoboka, kubanga Katonda ne Kristo, ye Muntu y'omu yennyini, Omwoyo eyayambala omubiri n'abeera gye tuli. Kale abeera Katonda nga ali ne Ye Mwennyini, wamu nammwe, abaana Be Ye, mu Mubiri. Kiikyo, si omusaayi ogutonnya, wabula Omwoyo! "Ndibayitako."

218 Baava wonna mu Misiri, okukuŋŋaanira mu kifo kino ekimu, basobole okubeera wansi w'akabonero kano.

219 Era bavudde mu Bamesodisiti, mu Babaputisiti, mu Bapulesibeteriyani, mu Baluzalaani, mu Bapentekoote, ne mu birala byonna, okuyingira wansi w'Akabonero. Mu ngeri y'emu yennyini ddala nga bwe kyali luli!

220 Kaalabisibwa mu kifaananyi kya Mpagi ya Muliro ku luli. Kale omu yabuulirako munne, n'omulala n'abuulira omulala, n'omulala n'abuulira omulala, era, okukkakkana, bonna ne batandika okujja. Baatandika okujja, era bwe baalaba akabonero ka Katonda. Ne bagamba nti, "Omusango gutuuse."

221 Awo nnabbi n'agamba nti, "Mpulidde okuva eri Katonda. Wajja kubaawo akabonero. Kale muteeke omusaayi ku luggi. Mutte omwana gw'endiga, omusaayi muguteeeke ku luggi, era ako ke kajja okuba akabonero, kubanga okufa kubindabinda."

222 Muleke mbabuulire olwa leero, nga omuweereza We, okuggyako nga Akabonero ku luggi kwekali, waliwo okufa mu mwoyo okubindabinda. Era amakanisa gonna goolekedde kugenda mu—mu kakiiko, Akakiiko k'Ensi yonna akagatta Amakanisa. Bonna bagenda kuddayo mu Bukatuliki. Okuggyako abo bokka nga ddala, baazaalibwa ogw'okubiri, be bagenda okusigala ebweru!

223 Mujjukire, si bibiina byammwe eby'amadiini eby'Ekipentekoote, kubanga ebyo byamala dda okukayingiramu. Ekyo kiraga nti byafa! Byazikirira. Byawaayo ssaddaaka. Byaddayo emabega. Byamugobera bweru wa luggi, naye Ye anoonya Kabonero. Kubanga, ekintu kyokka kye beesigamako kwali kwogera mu nnimi.

224 Teweesigama ku kwogera mu nnimi, yadde ekintu ekirala kyonna. Wabula leka Akabonero kko Kennyini kabeerewo, Omuntu Yesu Kristo, Obulamu Bwe nga buli mu ggwe. Tokomolako *kino*, oba *kiri*; naye weekomole wenna, okutuusa nga ggwe ne Kristo muli Omu. Kristo nga ali mu ggwe, n'Obulamu Bwe nga bulabisibwa mu ggwe.

225 Kati, kati, okuva wonna mu Misiri! Era kati mulabeeyo, nga bwe tulaba kye baakola, nga bwe tulaba ekiseera nga kisembera, tulagirwa okukola ekintu kye kimu. Ekyo mubadde mukimanyi? Mwekkaanye mulabe nnabbi kye yayogera.

226 Era tugenda kusoma kati, bwe muba mwagala okusoma, mu Abaebbulaniya essuula ey'e 10. Bwe muba mwagala okusomera awamu nange, njagala okusomayo olunyiriri nga lumu oba bbiri wano kati nga tetunnagenda mu maaso. Abaebbulaniya essuula ey'e 10, era leka tutandikire ku lunyiriri olwa 26 olw'essuula ey'e 10 ey'Abaebbulaniya. Nedda, ndi. . . Leka tulabe. Weewaawo. Yee ssebo! Abaebbulaniya, essuula ey'e 10, n'olunyiriri olwa 26, olaba.

Kuba bwe tugenderera okwonoona nga tumaze okuweebwa . . .

227 Ka tulabe, nkifunye bulungi? Weewaawo. Ky'ekyo. Weewaawo.

. . . bwe tugenderera okwonoona nga tumaze . . . okuweebwa okutegeera amazima, tewasigaddeeyo nate ssaddaaka olw'ekibi.

Wabula okulindirira omusango n'obuti, n'obukambwe obw'omuliro ogugenda okwokya omulabe.

Mulabeeyo wano! *Anyooma amateeka ga Musa afa awatali kusaasirwa olw'abajulirwa ababiri oba abasatu:*

. . . Mulowooza mutya okubonerezebwa okwo kw'alisaanyizibwa, okusinga okuba okubi eyalinnyirira— eyalinnyirira ddala omwana wa Katonda, era . . . n'alowooza . . . omusaayi gw'endagaano . . . obutaba mutukuvu, n'agirira ekyejo Omwoyo ow'ekisa ekyava mu Musaayi?

228 Omuweereza, mmemba, omusajja omulungi, omusajja ow'empisa, kyonna ky'oli, nga okimanyi nti Katonda yakuggya ku ssigala. Abakazi, nga okimanyi nti yakuggya ku kwambala empale ennyimpi, n'o—n'okusalako enviiri okuzifuula ennyimpi, na buli kyonna, kye . . . Nga okimanyi nti Yakikola. Naye ate ssinga okyuka, n'okola ekikontana, Omusaayi gw'endagaano n'ogutwala, nga gy'oli nti Ggwo, "kintu ekitali kitukuvu," Oyo eyakutukuza era akutuusizza wano wooli!

229 Ofaananako n'abakessi, bwe bajja okutuukira ddala ku nsalo, ne balengera emitala, naye ne bagamba nti, "Eky'amazima, nkimanyi gy'eri, naye enkonge etuli mu maaso esusse obunene. Ffe tuli nga buyanzi," baazikiririra mu ddungu. Abakkiriza ab'oku nsalo!

230 Tomatizibwa na kutuuka butuusi *wano* w'otuuse, nga ogamba mbu, "Obubaka mbukkiriza." Gondera omubaka. Yingira mu Kristo! Oyinza okugamba nti, "Naye, nzikiriza buli Kigambo kye kigamba, Ow'oluganda Branham." Ekyo kirungi, naye ekyo ki—ekyo kiri lwa kuba osobola okusoma.

231 Twala Obubaka, Buyingize mu mutima gwo, nti oteekwa okufuna Akabonero, Obulamu bwennyini obwali mu Kristo bubeere mu ggwe. "Bwe Nnaakalaba Ako, Nnaakuyitako."

232 Nga bwe tulaba obubonero obukulu obw'ekiseera eky'enkomerero ku nsi olwa leero, tumanyi nti ddala bwe kiri. Kati mulabeeyo, kino nkirindiridde, okumala ebbanga ddene, ebbanga ddene ddala, okuleeta Obubaka buno gye muli. Mukiraba? Era obubonero bw'ekiseera eky'enkomerero mubulabye. Era Mbubabuulidde, ne Mbubalaga, nga nkozesa buli kintu Kristo kye yayogera. Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mukikkiriza nti bwe kiri? ["Amiina."]

Tuli mu kiseera kya nkomerero. Ssirabayo kintu kyonna kisigaddeyo.

233 Oyinza okubuuza nti, "Ate akabonero k'ensolo?" Abo abagaana Omwoyo Omutukuvu baba bamaze okulambibwa ensolo. Ekibonerezo kya kujja luvannyuma. Olaba?

234 Mu Isiraeri, ekkondeere bwe lyafuuyibwanga mu mwaka gwa Jubireewo, buli muntu. . .Mwali mwekkaanyizza Kristo, nga ekyo akisoma? Yakisomako kitundu, kubanga ekitundu kyakyo kyokka kye kyali kyogera ku kiseera ekyo. Olaba? "Antumye okusiba emitima egimenyese, okubuulira okununulibwa," n'ebirala, olaba, naye, Ye, "n'omwaka gwa Mukama ogwakkirizibwa." Ekitundu kyakyo ekisigadde, Teya—Teyakisoma; Omuzingo n'Aguteeka wansi, kubanga ekyo kyali kya kiseera kino. Mulaba? Yakisomako kitundu, ekitundu kyali kikwata ku biro Bye.

235 Kati kino ky'Agenda okukola leero. Kino ky'Ayogera, okuyita mu Mwoyo We aliko amafuta, eri ekkanisa leero: Essaawa y'eno. Ekiseera kye kino. Mukafune, bantu mmwe. Mukafune!

236 Kiki? Tulaba ebiseera eby'enkomerero eby'entiisa, n'ebitaala ebimyufu ebirabula, buli wamu. Ku butonde, tulaba obutonde nga bulaga ekitaala ekirabula nti, "Ekiseera kituuse." Tukiraba ku kkanisa, nga eraga ekitaala ekirabula. Esaliddwa omusango. "Ekiseera kituuse." Eri mu nsi. Tukiraba mu—mu bwengula, mu nnyanja, mu mawanga, buli wamu wonna; mu njuba, omwezi, emmunyeenye. Bubonero!

237 Tulaba obubonero bw'Omwoyo Omutukuvu obw'ekiseera eky'enkomerero nga bukomyewo ku bantu. Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, engeri Omwoyo Omutukuvu gye yakolera mu mubiri ogwo ogw'obuntu, eyali Katonda nga alabisiddwa mu mubiri. Engeri Katonda gye yeefuulamu omuntu Ye kennyini mu—Ye kennyini mu Mugole We mu kiseera ekyo, n'ayolesa akabonero ke kamu, Yesu yagamba nti kiriba ekintu kye kimu mu nnaku ez'oluvannyuma. Tukiraba. Tulaba Empagi y'Omuliro y'emu. Ne ssaayansi agikubye ebifaananyi, n'ebirala byonna. Obubonero bw'ekiseera eky'enkomerero tubulaba nga busembedde. Tukimanyi nti etuuse.

238 Era kati, bino bwe tubiraba, bwe muba munzikiriza! Bwe muba temunzikiriza, mukkirize obubonero, mukkirize Ekigambo, kubanga byogera ku ebyo bye mbagamba. Ssinga mbadde ssibabuulira Mazima, byandibadde tebyanukula. Katonda talyogera eri bulimba. Katonda ayogera eri Mazima. Era Ebigambo bino bijulira nti ge mbabuulira ge Mazima. Bye bijulira Obubaka bwe mbuulira. Si Malayika yekka emmanga eri ku mugga ku lunaku luli, eyagamba nti, "Obubaka bwo bujja kukulembera Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'okubiri," naye n'emirimu gyennyini! Bwe muba temusobola kukikkiriza nti Malayika oyo yayogera Mazima, kale mukkirize emirimu,

kubanga Bayibuli yagamba nti ebintu bino bya kubeerawo mu kiseera eky'enkomerero. Ebyo bye bijulira. Bye byogerera waggulu n'okusinga ebigambo byange oba eby'omuntu omulala yenna. Ebyo Kigambo Kye. Bye bijulira ku kiseera.

239 Era tulaba obubonero buno obukulu, obw'entiisa obw'enkomerero nga buli ku bantu, n'obubonero obw'ebiro, nga buli ku nsi, okweraliikirira wakati w'amawanga.

240 Isiraeri tugiraba ng'eri waabwe waayo ku butaka. N'akabonero k'eggwanga, Emmunyeenye ya Dawudi ey'ensonda omukaaga, nga keewuuba, akabonero akasingayo obukadde mu nsi yonna, bbendera esingirayo ddala obukadde mu nsi yonna. Nga kati ggwanga. Kati erina gavumenti eyaayo. Erina abantu abaayo. Eri mu kinywi ky'amawanga. Eri, eri, eri ebintu bino byonna. Eri mu kibiina ky'Amawanga Amagatte. Era erina ne ssente ezaayo ku bwaayo, buli kimu. Yesu yagamba nti, "Omulembe guno teguliggwaawo okutuusa nga buli kimu kimaze okutuukirira." Era, mujjukira nti, ekiro kyennyini Isiraeri lwe yafuulibwa eggwanga, ky'ekiro Malayika wa Mukama lwe yandabikira emitala. Bwe kiri. Ffenna tuli awo.

241 Buli kimu kiraga nti ge Mazima gennyini. Ssibalimbye. Mbabuulidde Amazima, ne Katonda ajulidde nti Amazima ngababuulidde. Kati, mujjukire, ndi muganda wammwe. Ndi muntu, olaba. Ndi muntu buntu nga mmwe mwenna, naye wateekwa okubaawo omuntu agaleeta, omuntu omu alina okugoogera Ago. Si nze nneeronda; Ye yannonda. Era mbabuulidde Amazima, era Azzeemu n'ajulira n'akakasa nti Ago ge Mazima.

242 Bwe tulaba ebintu bino ebiri ku nsi olwa leero, ha, bantu mmwe, eno ye ssaawa esembayo. Teekako Akabonero ako, mangu ddala nga bw'osobola; oba, yingira mu Kabonero, yingira mu Kabonero. Nga bwe tulaba akabonero akakulu ak'enkomerero, nga n'ekiseera kisembedde, nga tulabulwa nti, "Ekiseera kituuse."

243 Ha, kino mukitwale nga kikulu nnyo! Tuteekwa okwagalana. Ha, bannange! Tuteekwa okwagalana ennyo! Temwogereganangako bubi. Bwe wabaawo asobezza, musabire mangu ddala. Kino tukirimu ffenna wamu, ne Katonda. Tuli baaluganda abaami n'abakyala. O, mutambulire mu bulamu obw'okutya Katonda. Mubeereewo, mweyise nga abaana ba Katonda ab'obuwala, mweyise nga abaana ba Katonda ab'obulenzi. Mubeere balungi, ba kisa, beetoowaze.

244 Toganya kibi kyonna kujja mu birowoozo byo, mu ndowooza yo. Ky'oba okola, ky'oba okola kigoberewo. Bwe kikonkona ku luggi, kigobere wala. Gamba bugambi, lagayo bulazi Kabonero ko, weeyongereyo mu maaso nga ogamba nti, "Ndi wansi wa Musaayi!"

245 Mujjukire nti, bangi nnyo abaatuukirira abakazi abo ekiro ekyo, nga bagamba nti, "Owange ggwe, Gertie, Lillie, owaaye ggwe, fuluma, ekiro kya leero tugenda ku kabaga."

246 "Huh-uh! Ndi wansi wa musaayi. Ndi wansi wa kabonero, nnina kusigala wano. Okwagala kwange kuli eri oyo Eyantonda. Okufa kuli mu nsi ekiro kya leero."

247 N'okufa kuli mu nsi olwa leero. Omusango gulinze, gubindabinda. Bbomu nnamuzisa, n'omukka ogw'obutwa, n'ebikankano ebya buli ngeri, birinze amawanga.

248 Ne Katonda atambuza Ekkanisa Ye, era byonna abiraze. Kati Omwana gw'endiga tumukuumidde ebbanga eriwera, nga twetegereza, tulaba by'Akola, tulaba embeera Ze na buli kimu, naye kati Akabonero kalina okuteekebwako. Kalina okuteekebwako. Kye kintu kyokka. "Omuntu okuggyako nga azaaliddwa Omwoyo, n'amazzi, tewali ngeri gy'aliyingira." Ate mulina okwagalana. Abakkiriza balina okweyawula ku by'ensi. Ekyo kati temumala gakitwala nga eky'olusaago.

249 Kati, mmwe bantu mmwe abawuliririza Bino, ku lutambi, bakazi mmwe, basajja mmwe, musooke muwulirize. Bwe muba mwali munzikirizzaako, Kino mukikkirize kaakati.

250 Kye kiseera okulekera awo okukuubagana mwekka na mwekka. Mukkirize Obubaka bwa Bayibuli! Mukkirize Yesu Kristo! Era mwagalane, mwesseemu ekitiibwa, era mussaŋŋanemu ekitiibwa. Abasajja musseemu bakyala ekitiibwa. Amaka gammwe mugasseemu ekitiibwa. Amaka gammwe mugakumeekume wamu, kubanga, mujjukire nti, Omwana gw'endiga guno gwali gwa maka gonna wamu, so si muntu omu yekka; wabula, amaka gonna wamu, gaalina okuleetebwa. Buli kimu kyalina okuyingizibwa munda. Tusaanye okwagalana. Era abakkiriza basaanye okweyawula ku by'ensi.

251 Mwetegereze, tebaakuŋŋaana wamu kwogera bwogezi ku bubaka. Baakuŋŋaana wamu kusiigako musaayi, kusiigako kabonero.

252 Ekyo kye muteekwa okukola. Omusumba Neville, n'eri ekibiina kino, abayima, abadiikoni, nammwe ab'oluganda, ekiseera kituuse okuteeka ku bbali obusirusiru bwonna obw'ensi, kye kiseera okuteeka ku bbali buli kimu. Bye tulabye bimala kati, okutuusa okuba nti kati, tukakasirizza ddala. Kale Akabonero kateekwa okusiigibwako. Nga tokalina, ogenda kuzikirira; oteekwa okuzikirira, kye ekyo kyokka.

253 O, temukuŋŋaana bukuŋŋaanyi wamu, kugamba mbu, "Nkakkiriza Ako." Genda wansi waako, yingira munda mu Kko! [Okutaataagaanyizibwa mu mayengo g'amaloboozi ga leediyo kuwulirwa—Omuk.] Okikola otya? "Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gwa Yesu Kristo." Buli omu

kkiriza, n'omutima gwo gwonna. Olaba? Yali tavunaanyizibwa ku muntu yenna eyali ebweru waako.

254 Oyo ani abadde ayogera? [Waliwo omuntu agamba nti, "Gabadde maloboozi ga leediyo, Ow'oluganda Branham."—Omuk.] Amaloboozi ga leediyo okuva waggulu? ["Gayise mu muzindaalo."] Gayise mu muzindaalo. Ne gayingira munda omwo? Waliwo gwe mpulidde ayogera. ["Ow'oluganda Branham, ndowooza gabadde maloboozi ga leediyo ge gayingidde mu byuma."] Amaloboozi ga leediyo, weewaawo. O, ba—baagiyunzeeko. Ka nsuubire gagenda . . . O, mu mmotoka? Munsonyiweko. Mmanyi waliwo omuntu alina ky'ayogedde. Kale mbadde ndowooza nti waliwo ayagadde okubaako ne ky'aŋŋamba, naye ne kitawulikika, mulaba, kale kye nvudde njogera bwe—bwe ntyo. Mbalabye nga mumagamaga. Nange mpulidde eddoboozi. Mbadde ndowooza nti waliwo omuntu ayimiridde okubaako ky'ayogera, naye nga ssitegedde kibadde kiki. Kale, kale, weebale.

Naye, kkiriza, yingira wansi waako!

255 Isiraeri tebaakuŋŋaana bukuŋŋaanyi kugamba mbu, "Olwa leero leka ffenna tugendeko e Goseni. Tugenda kuvuga tugendeko e Goseni. Ggwe weebagale eŋŋamira yo, naffe tutuule mu kigaali ekisikibwa ente ennume. Tugenda kutwalako famire ya ba Jones, erudda wano, n'abalala, ne—ne famire ya ba Goldberg, ffenna tugendeko e—e Goseni. Ye mumanyi? Olwa leero Musa agenda kubuulira." Tebyali bwe bityo. Nedda, ssebo, ow'oluganda! Kyali nti, yingira wansi w'omusaayi ogwo! Weewaawo, mazima ddala.

Si kukoogerako bwogezi; wabula kuyingira munda mu Kko!

256 Omu ku bo oba oli awo yagamba nti, "Omanyi, Mw. Goldberg, mu butuufu mmanyi nti ago ge Mazima."

257 "Weewaawo, ow'oluganda, nange nzikiriza nti ge Mazima. Mmanyi nti ago ge Mazima."

"Mw. Lavinski, ggwe okirowoozaako ki?"

258 "Ge Mazima gennyini ddala! Ndabye amaanyi ga Yakuwa Katonda nga ayogera. Ndabye ebikere ebyo nga biva mu nsi eyo. Mmanyi nti yamala kubyogera ne biryoka bibaawo, era mmanyi nti oyo ye Yakuwa Katonda." Kati, ebyo byonna birungi.

"Wakomolebwa?"

"Yee, ssebo!"

"Oli mukkiriza?"

"Yee, ssebo!"

259 Naye bwe yawulira Musumba Musa nga ayogera, ku olwo, n'agamba nti, "Naye olina okuyingira wansi w'omusaayi ogwo, kubanga Katonda yagamba nti, 'Omusaayi ke kabonero.' Ke kabonero! Si nsonga wali okkiriza kwenkana wa, si nsonga oba

wakomolebwa; eyo ye ndagaano Katonda gye yawa Ibulayimu, n'abalala, eyo ye ndagaano. Naye olina okuyingira wansi w'omusaayi, ako ke kabonero, kuba Ye yagamba nti, 'Bwe Ndiraba omusaayi, Ndibayitako.' Omuyisiraeri, oba omulala yenna!"

260 Oba olina ekibiina ky'eddiini oba tolina, buli omu, oteekwa okujja wansi w'Omusaayi. Omumesodisiti, Omubaputisiti, Omupulesibeteriyani, Omupentekoote, atalina kibiina kya ddiini, oba kyonna ky'oli, kintu kya muntu kinnoomu. Oteekwa okujja wansi w'Omusaayi. Kati leka kukoogerako bwogezi; naye kafune Ako! Mumpulirize! Mumpulirize! Mu Linnya lya Mukama, muwulire bye njogera! Olaba? Oteekwa okuyingira wansi w'Omusaayi!

261 Yali tavunaanyizibwa ku muntu yenna ataali wansi wa musaayi. Katonda yakyogera lwatu nti bonna abataali wansi wa musaayi baali ba kuzikirira.

262 Nsobola okukozesa Ebigambo Bye? Abo bonna abali ebweru wa Kristo bajja kuzikirira. Oyingira otya mu Kristo? Abakkolinso Ekisooka 12, "Ku bw'Omwoyo omu!"

263 Si ku lwa "kukwataganako mu ngalo, ku bwa kuba mmemba, ku bwa kibiina kya ddiini kimu." Bagezaako kukifuula kuba ekyo. Bandikikola.

264 "Naye ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." "Ssinga malayika ava mu Ggulu n'ayigiriza ekikontana," Pawulo yagamba nti, "akolimirwe." Obwo bwe Bubaka, yingira mu Kristo!

265 Mulabeeyo, omuntu yenna eyali wabweru w'akabonero, Katonda yali tamuvunaanyizibwako. Era Katonda tavunaanyizibwa ku muntu yenna, oba mukulu oba wa wansi, oba amanyiddwa oba tamanyiddwa, oba mugagga oba mwavu, oba musibe oba wa ddembe, oba musajja oba mukazi; Ye tavunaanyizibwa ku muntu yenna atali wansi wa Kabonero ak'endagaano. Tavunaanyizibwa.

266 Oligamba nti, "Naye, Ai Mukama, nga nnakola *kino*. Nga nnagoba emizimu. Mukama, nnakola *kino*. Nna—nnabuulira Enjiri."

267 "Muve wendi, mmwe abakola eby'obujeemu. N'okubamanya ssibamanyanganako." Ategeera Kabonero kokka.

268 Mukiwulira? Muddemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina!"—Omuk.] Kati, kiri gye muli. Ye . . .

269 Luli bwe nnali ntudde mu kibira kiri, nga abavubuka beebuuza, bagamba nti, "Kati zino ennaku bbiri, nga to . . ." Ssaakubayo yadde ka kaamuje n'akamu. Ne bambuuza nti, "Kiki ekyabadde kikutawaanya?" Mulabeeyo, kyali ekyo. Olaba?

270 Yaŋŋamba nti, "Kibakwase, kibakwase." N'agamba nti, "Okyogedde—okyogeddeko Nange." Olaba? Kati kiri mu ngalo zammwe. Kiri mu zammwe.

271 Talina kirala kyonna ky'ajja kukkiriza okuggyako Endagaano eyo, ey'Omwoyo Omutukuvu. Ate toyinza kufuna Ndagaano eyo okuggyako nga olokose, n'otukuzibwa, n'olyoka obatizibwa okuyingira mu Mubiri. Tajja kukikola.

272 Oyinza okubaako ne by'okopperera, oyinza okuwulira obulungi, *n'obuukabuuka*, n'oyogera mu nnimi, n'ozinira mu Mwoyo. Ebyo tebirina we bikwataganira nako. Mukiwulire Ekyo, mu Linnya lya Mukama! Katonda ebyo si by'akkiriza. Ebyo n'abakaafiiri babikola. N'abalogo babikola.

273 Ojja kugamba nti, "Ndi muyivu. Nkola *kino*, *ekyo*, oba *ekirala*." Ye tafaayo oba oli muyigirize kwenkana wa. Ne ssetaani, naye muyigirize, olaba.

274 Ategeera ka—Kabonero kokka. Obwo bwe Bubaka bw'ekiseera! Obwo bwe Bubaka obw'ebiro bino! Obwo bwe Bubaka obw'ekiseera kino! Mu Linnya lya Yesu Kristo, kafune Ako!

275 Si kintu eki-. . . ekirala mu kifo kyako, ekintu ssetaani ky'ayinza okukuteekako; nga omukwano omujingirire, oguleetera omusajja okuganza omukazi omulala atali mukyala we, oba omukazi okuganza omusajja omulala atali bba, oba ekimu ku bintu bino wano, ekintu ekiweebuula. Ogwo si mukwano gwennyini. Oyo ssetaani. Egyo gye mirimu gye. Kiba kintu ky'aba agezezzaako okukukwasa, mu kifo kya kiri; n'akuwa essanyu, n'onywa omwenge n'owulira bulungi mu kukikola, n'ogamba n'okugamba nti, "Mpulira nnennyise mu mutima; naye nja kugenda nnyweyo eccupa y'otwenge, mbyerabire ebyo." Okwo kufa.

276 Katonda ye ssanyu lyo. Katonda ge maanyi go. Okumanya Obubaka, okumanya Amazima, okwo kwe kumatizibwa kwaffe kati. Ye ye kumatizibwa kwange kwonna. Mu Ye, ebintu byonna bye nneetaaga biri mu Ye. Oyo ge maanyi gaffe. "Okubeerwa kwange kuva eri Mukama." Mmwe Abakristaayo, mutunuulire Ye ku lw'essanyu lyammwe, mutunuulire Ye ku lw'amaanyi gammwe, mumunoonye Ye ku lw'essanyu lyammwe. Ye mirembe gyange. Ye ssanyu lyange. Ye kwagala kwange. Ye Bulamu bwange. Eyo ye Ndagaano, Akabonero nga kali ku luggi!

277 Tavunaanyizibwa ku muntu n'omu, ku muntu n'omu, ne bw'oba ani, Ye tavunaanyizibwa, ku atali wansi waako.

278 Ate mujjukire nti, ennyumba yonna, yakuŋŋaana wamu. Ha, bannange! Ha, kati jjukira!

279 Oyinza okugamba nti, "Naye, nze kitange mubuulizi. Muganda wange! Omusumba wange! Wange. . . " Ekyo, nakyo, kyandiba ekituufu, naye ate ggwe?

280 Jjukira, obukuumi bwali wamu wokka nga akabonero kalagiddwa! Ssinga omusajja yali munda *wano*, nga ate mutabani we ali eri busukka kkubo, omutabani yali mu kabi, yandizikiridde. Kitaawe ye yandiwonye. Oba, ssinga omutabani ye yali munda *wano*, nga kitaawe ali ludda eri, kitaawe yandizikiridde. Kabonero kokka! "Bwe Ndiraba akabonero, Ndibayitako." Ekyo kye kintu kyokka.

281 Oyinza okugamba nti, "Nze, mutabani wange mubuulizi." Mmwe bamaama mugenda ne mugamba mbunno, "Nnina omulenzi asingayo obulungi," oba "omuwala asingayo obulungi. Nkukakasa, oli y'asingayo obulungi. Yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era alina okwagala okutagambika! Muwulize. Nze ssirabanga alinga ye!" Kati ate ggwe, maama?

282 Oyinza okugamba mbu, "Maama wange y'asinga obulungi mu bonna. Era mmanyi, bw'afa, agenda mu Ggulu, kubanga mu butuufu yafuna Akabonero, Ow'oluganda Branham." Kati ate ggwe, mwannyinaze? Ennyumba yonna eteekwa okuyingizibwa munda.

283 Mukooye? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Nja ku. . . Essaawa ziri mukaaga. . . Mumpeeyo eddakiika. Nsobola okukisalako ne ntandikira awo akawungeezi. ["Nedda."] Naye bwe muba mwa—mwagala okulindako katono, ŋŋenda kugezaako okwanguwa kati. ["Amiina."] Na kino leka nkigattewo awo wennyini, kubanga, ndowooza, mu kaseera kano kennyini nga mukyali wansi w'amafuta gaakyo, kijja kuba kirungi ssinga mukifuna mu kaseera kano.

284 Okuggyako awo wokka Akabonero we kooleseddwa! Olwo nno, ennyumba yonna eteekwa okuba wansi w'Akabonero ako, Omusaayi. Taata ne maama, mmanyi bwe muwulira. Nange, nnina abaana, nteekwa okulaba nga balokoka. Nange nneebuulira leero. Olaba? Nnina baganda bange. Nnina bannyinaze. Nnina abaagalwa. Nja—njagala okubalaba, nabo, nga balokose. Naye, jjukira, awatali kulaga Kabonero, bajja kuzikirira. Teribaayo kuzuukira kwabwe. Bwe kiri. Baba babuze. Okuggyako nga Akabonero kalagiddwa!

285 Tunuulira, Yoswa, kale ssinga tubadde n'ebiseera ne tukisoma. Mukiwandiike, Yoswa essuula ey'oku 2; Lakabu, munnamawanga eyali malaaya eyakkiriza.

286 Ha, kale ssinga essaawa zibadde zigenda kuwera buwezi ssatu. Nnandyagadde—nnandyagadde ekyo nkikwateko mbalage ekyaliwo, olaba.

287 Malaaya ono, Munnamawanga, weetegereze, ab'ennyumba ye bonna. Yali mukkiriza. Ab'ennyumba ye bonna baalina okuyingira munda w'ekiwero ekyo ekimyufu, akabonero ako. Baalina okuyingira munda wakyo, oba si ekyo baali ba kuzikirira. Baali bawulidde ku busungu bwa Katonda. Baali bawulidde ku kwolesa kw'obubonero n'eby'amagero

bya Katonda mu bantu Be, n'olwekyo baalina okukakkiriza. Yalina okukakkiriza. Katonda, malayika azikiriza, yali ajja. Ekyo baali bakimanyi. Era Yoswa ye yali malayika oyo. Baali boolekedde bo.

288 Era bwe kityo bwe kiri ku buli ggwanga lyonna, mu nsi, lyolekedde Musango gwa Katonda!

289 Mukazi wattu ono, omwenzi, yali awulidde. Okukkiriza kujja lwa kuwulira! Yagamba nti, "Eggwanga lyonna liri mu kutya ku lwammwe." Ky'ekyo.

290 Kati, abakessi abaasindikibwa okugendayo okukola enteekateeka, n'ebirala, omukazi ono yabassaamu ekitiibwa. Era, ya, yayagala atalizibwe. N'agamba nti, "Mmanyi nti Katonda wammwe ye Katonda, era mpulidde ku bintu eby'ekitalo by'Akoze. Mmanyi kye yakola Ogi, era mmanyi ne kye yakola amawanga amalala agatali gamu. Era nkirabye nti abo abamukkiriza balokolebwa, naye abo abagaana okumukkiriza bazikirizibwa. Naye nze njagala kuba mulamu," bw'atyo bwe yagamba. Ha, bannange! Kiikyo. "Njagala kuba mulamu." Kubanga ba . . .

291 Wekkaanye, Yeriko baali bawulidde ku ebyo Katonda bye yali akola, naye tebaayagala kutwala kulabula.

292 Na bwe kityo tewali kibiina kya ddiini n'ekimu mu ggwanga lino, lyonna, kitawulidde Katonda by'akola. Tebaagala bwagazi kutwala kulabula.

293 Amaanyi Ge ag'ekitalo n'obubonero byali birabisiddwa. Ebyo bye yali Akoze, Yasomoka Ennyanja Enfu, nga alinga atambulira ku lukalu. Yaleetera, Yatonda ebintu, n'akola ebikere, ensekere, n'enkukunyi ne bibuna mu bbanga wonna; nga abitonda n'Ekigambo Kye, okuyita mu nnabbi We. Ekyo tekyali kya kyama. Baali bakimanyi.

294 Lakabu kwe kugamba nti, "Ebyo nnabiwulira. Ssaagala kuzikirizibwa wamu n'abatakkiriza bano. Nedda, ssebo!" Yakimanya nti omusango gwe gwalina okuddirira, kubanga baali boolekedde bo. Ekyo yali akimanyi. Bwe batyo, ne bamukolerawo engeri y'okusimattukamu.

295 Bali bateekwa okuba baali bakkiriza nti ekibiina kyabwe ekinene eky'eddiini y'e Yeriko kyali kisobola okuziyiza obusungu bwa Katonda, olaba, ekibiina kyabwe eky'eddiini ekinene.

296 Ekyo bangi ku bo kye balowooza leero. "Ha, ekyo mazima Katonda tajja kukikola." Ekyo Ssetaani kye yagamba Kaawa. "Ha, eky'amazima Katonda tajja kukikola." Ajja kukikola, kubanga yagamba nti Ajja kukikola, olaba, era ekyo kye Kigambo Kye. Yee, ssebo.

297 "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa!" "N'obubonero buno bunaagobereranga abo abazaaliddwa!" Olaba? "Ku kino abantu

bonna kwe banaategeerera nti muli bayigirizwa Bange," n'ebirala, olaba. Kale, baayagala okukikola. Ha!

298 Biki ebyaddirira? Kati ne babayimiriza. "Tewali lukuŋŋaana lwa kudda buggya lugenda kubeera wano. Ekibiina kyaffe eky'eddiini tekijja kuwagira bintu bya ngeri eyo. Tetugenda kukkiriza bya busirusiru bya ngeri eyo mu ffe. Mwenna mbagaanye okugenda mu lukuŋŋaana olwo." Huh! Yeriko, nga eyolekedde okuzikirizibwa!

299 Naye wateekwa okuba nga waaliwo abamu ku bavubuka ab'entambi z'amaloboozi abeesolossa ne bayingira, olw'ensigo eyo eyateekerwateekerwa. Beesolossa ne bayingira mu nnyumba y'omukazi ne babaako ezimu ku ntambi ze bawuliriza. Ennyumba ye ya—yagifuula kkanisa, okufuniramu obubaka.

300 Ne bwe baakola batya era, baazifuna. Mu buli ngeri, Obubaka bwatuuka eri ensigo eyateekerwateekerwa. Tetumanyi ngeri gye Bwatuukayo, naye Bwatuukayo, Abatukuvu baleme kuzikirira wamu n'abatali batukuvu. Ekyo Katonda akakasa nti kibaawo, ne leero. Weewaawo, Bulina engeri gye buyingizibwamu. Tetumanyi ngeri ki. Newankubadde tebaabuteekemu ssente kugenda mu maaso, naye waliyo eyo Ensigo ezaateekerwateekerwa.

301 Omuntu yenna alina ky'amanyi ku Bayibuli, akimanyi bulungi nti malaaya oyo yali yateekerwateekerwa. Ddala yali! Teya . . . Bayibuli egamba nti, "Teyazikirira n'abo abatakkiriza." Ky'ekyo. Wabula yakkiriza Obubaka bw'ekiseera ekyo.

302 Era Katonda yamuwa akabonero, okuyita mu babaka Be. Ne bamugamba nti, "Ddira e—ekiwero ekimyufu okisibe ku . . . " Ne bamugamba nti, "Jjukira, ekiwero ekyo bw'otalikisibawo awo, oba okukilekawo, ekyo ekikozeseddwa okututolosa, tuliba tetuvunaanyizibwa ku kirayiro kyaffe." Ne bagamba nti, "Bw'olibeera ebweru wakyo, teguliba musango gwaffe." Ha, bannange! "Lakabu, buli nsigo yonna eyayawulibwa erina kubeera muno munda, genda obayiggeyo bonna obaleete. Leeta kitaawo, leeta maama wo! Kubanga, twakava, wansi w'omutango ogwo, emmanga mu Misiri, era buli kintu kyonna ekitaasangibwa wansi waagwo kyazikirira. Lakabu, nkuwa ekiraga. Nga ke kabonero. Era njogera, mu Linnya lya Mukama, nga ŋŋamba nti, ako bw'onakateekako! Ojja kuba otegeeza nti ggwe, n'omubaka mumanyiganye. Tumanyiganye n'omubaka w'obusungu, Yoswa. Ye mubaka wa Katonda azikiriza. Nze naye tumanyiganye, era akimanyi nti walina okubaawo akabonero akalaga. Era olikawanika awo, era nkukakasa. Nkulayirira." Ne Katonda, naye n'alayira, nti buli ekirisangibwa wabweru waako kirizikirira, naye byonna ebirisangibwa wansi waako biritalizibwa.

303 Kaakati, ekirayiro kye kimu ky'ekiriwo ne leero, kintu kye kimu, olaba, "Ssiribaganya kuzikirira wamu n'abo abatakkiriza Bubaka." Era baa . . .

304 Yali awulidde emirimu egyakolebwa, era n'agikkiriza. Naye, ebikwata ku, ye yali . . . Ye ne kitaawe, ne bannyina nga baabo, oba bwe batyo, be bokka abaagikkiriza mu kibuga kyonna.

305 Mulaba bwe bali abatono? Omu yekka *wano* ne *wali*, mu ggwanga eddamba mulivaamu famire emu yokka entonotono. Si bwe kiri? Ky'ekyo kyennyini kati, wano twogera nsonga zennyini. Tuli . . . Bw'oba ow'okulaba okutuukirizibwa kw'ekiri mu kifaananyi, olina kusooka n'olaba ekifaananyi bwe kyali. Olina okulaba ekisiikirize bwe kiri, n'olyoka omanya ekintu kyennyini bwe kinaafaanana. Mulaba?

306 Amaanyi Ge gaali galabisiddwa. Nga omusango gubindabinda. Bateekwa okukkkiriza, okusobola okulokolebwa. Yee, ssebo. Era buno . . .

307 Abantu bano ne bayingirayo, ababaka bano, ne—ne baggyayo ensigo eyo eyali yateekerwateekerwa eyakkiriza. Ennyumba ye yagikozesa nga ekkanisa, okusobola okwaniririzaamu ababaka bano. Mu makanisa gali baali tebasobola kubakkirizaayo. Nedda, ssebo. Mukiraba? Ye kye yava . . .

308 Nammwe, tebajja kubakkirizaayo. Babafulumizaawo kasita mukyogerako Ekyo. Ddala. Olaba?

Baakuŋŋaanya abo bonna abaali mu kibuga mwe yali, abakkiriza, ne babateeka wansi w'akabonero.

309 Ky'ekyo kyennyini kye tusaanye okukola olwa leero. Bw'oba olina omwagalwa wo yenna gw'oyagala alokolebwe, osaanye omuyingize kati mu kiseera kino kyennyini. Olaba?

310 Ekiruyi kya Katonda bwe kyazikiriza ekibuga ekyo ekinene, obulambe bw'akabonero bwataliza ennyumba ye n'esigalawo. Amiina. Lwaki? Obulambe bwali ku kabonero ke . . . Manya, akabonero kaaliko ku nnyumba ye, ekitundu ekisigadde eky'ekibuga bwe kyalindiggulwa ne kigwa ku ttaka. Kyali kiki? Kyali kiki? Yoswa, omubaka wa Katonda! Katonda Mwene yatuukiriza obubaka bw'omubaka We. Amiina! Bwakakasibwa. Bwakakasibwa. Obubaka baabugondera. Yaatuukiriza obubaka bw'omubaka We. Era ekitundu ky'ekibuga ekisigadde kyonna gye kyalindigulirwa ku ttaka, ekiwero kya Lakabu ekimyufu kyo kyali wali nga kyewuuba ku luggi, nga abalala bonna basaanyeewo.

311 Awo, bamalayika abazikiriza ne bayingira ne bazikiriza buli kimu ekyali mu kibuga, obutalekaawo kintu kyonna. Omu bwe yajjayo ekimu ku bintu, yazikirira nakyo, ekyali kivudde mu kibiina ky'eddiini ekyo. Ekintu kyonna baakikwata ne bakizikiriza! "Akolimiddwa omuntu yenna aligezaako

okukizimba. Omwana we omuggulanda alifa bw'aliba yaakakitandika," n'ebirala. Katonda bw'atyo bwe yagukolimira, ogubuga ogwo ogunene ogwagaana eki-. . . obubaka obw'ekisa n'okusaasirwa, abaalowooza nti baaliko obukuumi obumala.

312 Abantu bangi ennaku zino, balowooza nti, "Kubanga nnina ekkanisa mwe nsabira, ndiko obukuumi obumala." Tokkiriza bya busirusiru bya ngeri eyo.

313 Luli kyali nti, "Omusaayi gunaababeerera akabonero." Omwoyo kati ke Kabonero gye muli, Obulamu obwali mu Musaayi.

314 Kye kimu, muleke tukirowoozeeko ekyo, obulambe bw'akabonero ke kamu ke baakozesa mu Misiri, akabonero ke kamu ak'obulamu akaali mu Misiri, akaali mu Misiri, Katonda yakozesa obulambe bwe bumu n'erudda eno. Yoswa, ekifaananyi, kyennyini ekiraga Yesu, yali mwesigwa eri obulambe bw'akabonero ababaka be ke baali babuuliddeko. Yoswa, bwe yayogera ekyo, yagamba nti, "Temukwata ku nnyumba eyo oba ekintu kyonna ekigirimu. Etaliziddwa ku lwa Mukama." Amiina!

315 Munnamawanga, malaaya, eyeetunda ku kkubo, naye yawulira n'akkiriza, era n'ateekako akabonero.

316 Si nsonga otubidde kyenkana wa mu kibi, oba kiki ky'okoze, tekirina kye kitegeeza n'akamu. Ggwe teekako Kabonero. Kaliwo ku lulwo. Bw'oba nga mu mutima gwo owulira nga waliwo ekikusika, kitegeeza Kako. Ggwe teekako Kabonero. Era ow'amaanyi Yosw-. . .

317 Ekigambo *Yoswa* kitegeeza "Yakuwa-omulokozi." Ne *Yesu*, nakyo kitegeeza "Mulokozi." Kati, Yoswa, bwe yakimanya nti ababaka be. . .

318 Ababaka be baakomawo, ne bagamba nti, "ŋŋondedde ebiragiro byo. Naye waliwo omukazi gwe twasanga, bwe twateekako entambi, omanyi. Twasangayo omukazi eyakkiriza. Era ne tumugamba nti, abo bonna abanayingira munda w'ekiwero kiri ekimyufu, kinababeerera, akabonero. Kati ekyo kye mbuulidde. Onaakikola, Yoswa?"

"Ekyo kye nnabatumye okukola." Amiina.

319 Kale, ekyo, ne Katonda yakituukiriza, ennyumba n'etasuulibwa ku ttaka. Era bw'atyo Yoswa bwe yayimirira n'abasiinyaako ekintu kyonna okukizikiriza, baagenderawo butereevu, naye Lakabu n'abantu be bonna baali batudde ntende, n'ebintu byabwe byonna, amiina, amiina, ebintu byabwe byonna ebyali mu nnyumba, tebyatuukibwako kabi konna. Baayimirira buyimirizi awo, kyali tekibeetaagisa na kulengera kiri bweru wa ddirisa. Baasoma busomi Byawandiikibwa nga olutalo bwe lugenda mu maaso.

320 Yakomawo n'ayogerezebwa, n'ayogerezebwa omuduumizi w'amagye, era omuduumizi oyo n'akuzibwa, ne bajja e Beeserekemu, omugabo gw'omukazi oyo bwe gutyo bwe gwabalirwa awamu nabo. N'azaala o . . . yazaala omwana ow'obulenzi omututumufu, n'omwana oyo omututumufu n'azaala omwana omulala omututumufu, era n'omwana oyo n'azaala omwana omulala omututumufu, okutuusa Omwana omututumufu, omukulu bwe yajja. Okuviira ddala emabega, n'okutuuka ku Obedi, n'okweyongerayo ku Yesse, n'awunzikira mu Dawudi. Ekyo kituufu, Lakabu malaaya, kubanga yakkiriza omubaka. Yateekako akabonero, era ennyumba ye n'erokolebwa, ssinga teyakola ekyo yali wa kuzikiririra emmanga eyo gye yali.

321 Muwulirize n'obwegendereza kaakano. Ha, muŋŋambe, mukalaba? Bonna abaali wansi waako e Misiri baalokolebwa. Bonna abaali wansi waako mu Yeriko baalokolebwa. Bonna abali wansi waako baakulokolebwa leero. Ogubunye omusaayi, omwana gw'endiga ogutonnya omusaayi, kifaananyi ekiraga Yesu Kristo.

322 Mu Abaebbulaniya 13:10 ne 20. Ssirina budde kukisoma. Mukiwandiike. Mbadde wa kukisoma. Eyitibwa "endagaano ey'emirembe n'emirembe." Omusaayi gwa Yesu Kristo guyitibwa "endagaano ey'emirembe n'emirembe." Yee, ssebo! "Endagaano ey'emirembe n'emirembe."

323 Lwaki teyayitibwa "Endagaano Etaggwaawo"? Kubanga yali teyinza kuba Etaggwaawo. Bwe tulimala okununulibwa, olwo buli kimu kiriba kiwedde. Ya *mirembe n'emirembe,* ekitegeeza, "ekiseera ekigere," okutuusa nga ebiseera biweddewo. Tewalibaawo ndala yonna. Okubala ebiseera bwe kulikoma, tuliba tetukyetaaga ndagaano. Naye endagaano tukyagyetaaga, okutuusa okubala ebiseera lwe kulikoma.

324 Kati, jjukira, Abaebbulaniya 13:10-20, "endagaano ey'olubeerera." Ekisuubizo kya Katonda eky'endagaano y'Omusaayi kitufuula ba ddembe okuva mu kibi. Amiina! Mu Ye temuli kibi; ekibi, obw'obuntu, omubiri.

325 Musinze era oyolese amaanyi Ge agaasuubizibwa! Abantu ba Katonda ab'endagaano y'Omusaayi, abaasibibwako Akabonero, balina Omwoyo wa Kristo mu bo, nti, "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye nkola, naye aligikola," nga booleka endagaano. Mulaba?

326 Endagaano Empya! *Endagaano* kitegeeza "ekiragaano." Ky'ekyo, si bwe kiri Dokita Vayle? *Endagaano* kitegeeza "ekiragaano." *Endagaano Empya* kitegeeza "ekiragaano ekiggya." Endagaano Enkadde ye yali enkadde, wansi w'omwana gw'endiga, nga obulamu tebuyinza kukomawo ku mukkiriza. Endagaano Empya yali ya Mwana gwa ndiga ogwa Katonda, era Obulamu Bwe bukomawo ku ffe. Obulamu bw'Omusaayi! Mukiraba? Omusaayi mu Ndagaano Empya

Bulamu, olaba, Obulamu buva mu Musaayi gwa Mwana gwa ndiga, ekitegeeza Endagaano Empya, ekiragaano ekiggya.

327 Eyo, Katonda gye yagamba nti, "Oluvannyuma lw'ennaku ezo Ndiwandiika amateeka Gange ku bipande by'emitima gyabwe eby'emibiri." Mulaba? Mulaba? "Si ku bipande eby'amayinja, n'omusaayi gw'omwana gw'endiga, we wagambiranga nti, 'Weewaawo, omusaayi ngu—ngulina *wano,* kati kiki kye gugamba kye nnina okukola?' Wabula ku bipande by'omutima gwo, olaba, endagaano ey'Omwoyo gye Ndikola n'abantu."

328 Era Eyoleka amaanyi Ge. Yokaana 14:12 wagamba nti, "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola."

329 *Endagaano Empya* kye "kiragaano ekiggya," Obulamu obuggya, kiraga nti Yesu yatuukiriza ebyetaago byonna ku lwaffe Katonda bye yali atwetaaza, okusobola okutukomyawo, mu kubeerera ddala, abaana ba Katonda ab'obuwala n'ab'obulenzi, wansi w'Omusaayi, nga tewakyali musango nate.

330 Abaruumi 8:1, "Kale kaakano tebaliiko musango abali mu," si abo *abakakkiriza* Ako, "abo abali mu Kristo Yesu, abatatambula nga bagoberera mubiri, wabula abatambula nga bagoberera Omwoyo." "Ate Ekigambo Kyange gwe Mwoyo n'Obulamu." Mulaba? Ha, mu ekyo ssandiggyeemu eky'okuyigirizaako ne nneeyongerayo essaawa endala nga ziizo. Naye tugenda kwanguwa tukimalirize, olaba.

331 Tebaliiko musango; ba ddembe okuva eri ekibi, ba ddembe okuva eri emitawaana gy'ensi, tebaliiko musango. Lwaki? "Eri abo, okuyita mu Mwoyo omu, ababatiziddwa okuyingira mu Mubiri gumu." Abo abasiigiddwaako Omusaayi gw'Omwana gw'endiga. Nga Katonda w'Eggulu abakkirizza, era nga . . . Obulamu Bwe buli mu mmwe, era muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala.

332 Nga embala zammwe ze mbala za Katonda. Kiki, lwakuba wabaddewo okusindikibwamukko? Nedda, ssebo! Katonda Ye Katonda asala omusango. Ye Katonda agolola ensobi. Kiteekwa okuba nga kikwatagana n'ebirala. Tewali kirala kinaakola. Ekyo kye kika ky'embala gy'olina, kubanga olina embala ya Kitaawo. Olaba?

333 Kiki? Bulamu, weetegereze (bwo) obulamu bwe bwaggyibwangawo, obw'omusaayi. Olaba? Obulamu nga bwo bwaggyibwangawo. Olaba? Obulamu, bwaggyibwangawo, obw'omusaayi. Olaba? Omusaayi gwasiigibwanga, naye obulamu bwabanga tebuyinza kujja ku mukkiriza mu kiseera ekyo, kubanga bwabanga bulamu bwa nsolo. Si bulamu bwa . . .

334 Naye, mulabeeyo, mu kifo ky'omuntu obuntu, yali Muntu musukkulumu, omusukkulumu, omusukkulumu ennyo. Olaba? Era ekyo kati kifuula omuntu obutaba muntu buntu kyokka, wabula omwana wa Katonda

ow'obulenzi n'ow'obuwala, kubanga Obulamu obusukkulumu, obusukkulumu, obusukkulumu, obusukkulumu, obusukkulumu, obwali mu Ye, bukomawo ku ggwe, ne bukukyusa okuva mu kubeera omwonoonyi, n'okuva ku bintu by'ensi, mmemba w'ekkanisa, n'omukiise obukiise ow'ekibiina ky'ediini, n'ofuuka Omukristaayo azaaliddwa ogw'okubiri, ajjuziddwa Omwoyo; nga Obulamu bwa Katonda bukulukutira mu ggwe, nga ensasi ezimansuka okuva ku kyuma ky'omuweesi, nga bw'otambula, nga ojjudde amaanyi, n'okwagala, n'obukkakkamu, nga n'Omwoyo Omutukuvu bw'atambula, nga ayogera. Ha, bannange! Kiikyo awo. Kati wamu (ne ki?) n'okuwulira Obubaka, n'okulaba Empagi y'Omuliro, n'obukakafu obw'omukisa nti, "Nvuddde mu kufa ne ŋŋenda mu Bulamu." Kati nno, wekkaanye, waba tewakyali musango gwonna.

335 "Emitima gyaffe bwe gitatusalira kutusinga, olwo tuba tujja kufuna bye tusaba," olaba, "tuba tukimanyi." Naye mu mutima gwaffe bwe mubaamu ekibi, ekyo kitusalira omusango, n'okutandika te—tetuteekwa kutandika yadde. Olaba? Oteekwa okwetakkuluzaako ekibi. Era engeri yokka gy'oyinza okwetakkuluzaako ekibi kwe kuyingira mu Ye. Ekyo kye kibikkako kyokka ekiriwo eri ekibi, ye Kristo.

336 Jjukira, endagaano y'Omusaayi, endagaano y'Omusaayi tekkirizibwa awatali Kabonero. Tosobola. Tolisobola. Oyinza okugamba nti, "Naye, nze—nze nnatukuzibwa okuva ku bintu ebitali bimu." Ako si ke Kabonero. Omwoyo, ke Kabonero, Omwoyo wa Kristo nga ali ku ggwe. Kikkirize!

337 Kati, mulabeeyo, Ekigambo kituwa obukakafu bw'ekisuubizo. Bino byonna bitundu bya kuyigirizaako bye nnawandiise wano. Kirabikanga, bye nsobola okugenda mu maaso nga mbuulirako okumala olunaku lwonna, olaba, nga mbibuulirako. Olaba? Ekigambo kituwa obukakafu obw'ekisuubizo, kubanga Kyo kye kisuubizo. Ekigambo kye Kisuubizo, ate era Ekigambo ye Katonda, ate era Ekigambo kya—kyaffe. Era tufuuka Ekigambo, n'Ekigambo ne kifuuka ffe. "Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe," kati awo, mukiraba, efuuka famire emu ey'amaanyi ennene. Mulaba? Kituwa obukakafu. Kubanga lwaki? Kale, kiri kitundu ku ffe. Mulaba? Mulaba? Olaba, Kifuuka kitundu ku ffe. Nga kitundu kya kuyigirizaako eky'ekitalo! Kale. Kituwa obukakafu, bw'ekisuubizo.

338 Akabonero kye kiraga nti omuwendo gusasuliddwa era ne gukkirizibwa. Kati, toyinza kufuna ttikiti kuva eri ba ntambula ya ggaali ya mukka okutuusa nga osasulidde ebisale by'olugendo; era engeri yokka gy'ogenda okusasulamu ebisale kwe kuwaayo ensimbi. Ky'ekyo. Kye kiki ekyo? Kakkirize. Katoole. Obuwulize obujjuvu eri Ekigambo kya Katonda ekijjuvu bujja kukugwanyiza okufuna Akabonero. Obuwulize obujjuvu! Si kitundu ku Kyo nga ekibiina kyo eky'eddiini we

kikoma, wabula Kyonna. Obuwulize obujjuvu eri Ekigambo, nga ye Kristo, kikuyingiza mu Kristo.

339 Kati watya ssinga obeera nga oli munda wenna, naye nga ebigere byo bireebeetera bweru? Watya ssinga wenna obeera nga oli munda, naye nga emikono gireebeetera bweru? Abasinga obungi ku ffe tuli munda, naye nga omutima guleebeetera bweru? Olaba? Olaba? Nga omutima gwo gukyali eri mu nsi? Olaba? Naye tetukola bwe tutyo.

340 Obuwulize obujjuvu, obulamba bukufuula ggwe n'Ekigambo okubeera Omu. N'oba nga okikkiriza Ekyo, buli katundu kaakyo. Era nga Nakyo kiri mu ggwe kyonna, n'okiraba nga kikolera mu ggwe.

341 Nga tomala gatambula nga weeyisa otyo. Olaba? Nga oli Mukristaayo. Nga omuntu yenna ne bw'ayogera ki, nga tebirikutuukako. Oli mu Kristo. Oliko obukuumi bwonna.

342 Okufa bwe kukonkona ku luggi, tekusobola kukunyweeza, olaba, tekusobola n'akatono. Lwaki? Obeera ositudde busituzi kigere n'ova *wano* n'oyingira Eri.

343 Emyaka giba tegirina makulu yadde. Emyaka obeera ogivuddemu. Nga oli mu Butaggwaawo, kubanga oli mu Ye. Ye Taggwaawo. Giba tegirina makulu yadde, oba oli muto, oba mukadde, oba muvubuka, oba kyonna ky'oba oli. Oba oli mulungi, oba mubi, oba mumpi, oba munene, oba kiki kyonna, biba tebirina makulu n'akatono. Tebirina.

344 Obeera tokyatwalirizibwa, na bino ebirala byonna. Ggwe, ebyo byonna obeera obivuddemu. Oba mufu. Nga obulamu bwo bukwekeddwa mu Katonda okuyita mu Kristo. Nga osibiddwaako envumbo munda muli n'Omwoyo Omutukuvu, nga otambulira mu Kristo. Nga ekintu kyokka ky'olaba ye Kristo. Kye kyokka. Ye yekka, gw'otambula naye. Ha, bannange! Kye twavanga tuyimba akayimba ako akagamba nti:

> Jjuza olugendo lwange bulijjo n'okwagala,
> Nga bwe ntambula n'Ejjiba ly'Eggulu;
> Leka ntambulenga bulijjo, n'oluyimba n'akamwenyumwenyu,
> Jjuza . . .

345 Leka mbeere waaluganda. Leka mbeere eky'okulabirako ky'ekyo Kristo kye yagamba omusajja ky'ateekwa okuba. Leka mbeere waaluganda eri ow'oluganda, era waaluganda eri mwanyinaffe. Leka mbeere o—omuweereza eri abaweereza. Leka mbeere eky'okulabirako mu by'okulabirako. Leka ndage ensi nti Ekigambo kino ye Kristo. Engeri yokka gye nsobola okukikolamu kwe kuyingira mu Ye. Kubanga, ssiyinza kukikola ku lwange, naawe toyinza kukikola. Naye leka Ekigambo naawe mufuuke Omu, olwo Kyo kiryoke kyeyolekere mu ggwe. Nga oli bbaluwa ya Yesu Kristo etambula, nga y'akufu- . . . y'akufuga wenna mu bujjuvu, okukola buli Kigambo.

346 Ssinga ajja *bw'ati* n'agamba nti, "Njagala kukola Kino," ate ggwe n'ogamba nti, "Nedda, nedda, Ekyo ssikikkiriza," olaba, awo oba tonnayingira mu Kigambo. Olaba?

347 Mu bujjuvu, kati weetegereze, mu bujjuvu, kati, obuwulize obujjuvu eri Ekigambo kya Katonda ekijjuvu butugwanyiza okufuna Akabonero. Kati awo bwe tusasula, bwe tusaba, tuteekwa okuba n'Akabonero ke tulagayo wamu n'okusaba kwaffe.

348 Ssinga ogamba nti, "Nsaba, Mukama, naye mu butuufu ssirina . . . " Kale, toyinza. Kisingako n'obivaako, olaba, oku . . . Sooka, ogende, ofune Akabonero, olaba, kubanga Akabonero ako k'Ajja okukkiriza. Olaba? Yee, ssebo!

349 Bwe tusaba, kati tuteekwa okulagayo Akabonero nti, "Mukama, nkugondedde, mu bujjuvu. Nneenenyezza ebibi byange. Mpulira nti Onsonyiye. Nnabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Omwoyo Omutukuvu ali ku nze. Kaakano waliwo kye nneetaaga olw'Ekitiibwa Kyo. Mukama, nkisaba. Kyange kaakati." Awo ne wabaawo ekintu ekisuula ennanga munda *wano*, "hwyu-hwyu," kikyo. Nga kiwedde. Awo kiba kiwedde. Kiba kiwedde. Kigonjoddwa. "*Kino* kye nsaba. Nkisaba. Nteekwa okukifuna." Olaba? Olaba? "Nkya—nkyagala olw'ekitiibwa Kyo." Olaba? Kati, ky'ekyo, awo Akikuwa buwi. Era obeera omanyi nti kikyo. Bwe kityo bwe kiri ne ku, baana baffe, na buli kimu, tuteekako Omusaayi, ne tukikkiriza. Ky'ekyo kyokka. Kale.

350 Kati awo kiki ky'Akola? Bw'obeera, bw'olagayo Akabonero wamu n'okusaba kwo, Kalaga nti otuukidde ddala mu bujjuvu bw'obuwulize eri Ekigambo kya Katonda kyonna. Bw'ofuna Akabonero, kitegeeza nti ogondedde buli Kigambo. Olwo, ggwe n'Ekigambo muba muli omu, obeera osaba busabi ekyo ky'oli. Olaba? Olaba? Kati, ddala, okimanya.

351 Ssinga ŋŋamba omukono *guno* nti, "Mukono ggwe, ŋŋondera, osikeyo akatambaala ako!" Gukikola. Olaba, omukono guŋŋondedde. Lwaki? Guli kitundu ku nze. Olaba?

352 Kati naawe n'Ekigambo bwe mufuuka omu, buli kisuubizo, ekitiibwa kidde eri Katonda, buli kisuubizo kiba kikyo. Kikugondera. Kati awo obeera olina okwegendereza by'oyagala okukola. Toyinza kuteeka mukono gwo mu muliro, nga ogamba mbu, "Mulabe bwe nkikola." Oh, nedda, nedda! Olaba? Naye mu muliro ogwo bwe mubaamu ekintu, kye nnina okuggyayo, gujja kuŋŋondera. Olaba? Olaba? Ky'ekyo. Olaba, obeera olina okwegendereza by'okola.

353 Eyo ye nsonga lwaki Omwoyo Omutukuvu tamala gagaba bintu, n'ebirala, mumanyi kye ntegeeza, kubanga abamu . . . Tewandyagadde ku . . . Omuweereza wa Katonda yennyini omutuufu teyeeraga nga amulina Oyo, okiraba. Ky'ekyo. Okwo kuba kweraga.

354 Bwe tusaba, tulagayo Akabonero. Kalaga nti tugonze mu bujjuvu.

355 Pawulo atugamba, nti, "Omusaayi gwogera." Ekyo, buli omu yenna akimanyi nti omusaayi, mu butuufu, gwo gwennyini, teguyinza kwogera. Musaayi busaayi ogutonnya. Si bwe kiri? Ekyo bameka abakimanyi? Naye ate bameka abakimanyi nti omusaayi gwogera? Ekyo bw'oba oyagala okukiwandiika, Olubereberye 4:10. Katonda yabuuuza nti, "Muganda wo aluwa?" N'ayongera n'Agamba nti, "Omusaayi gwe gunkaabira okuva mu ttaka, ku lulwo." Si bwe kiri ekyo? Omusaayi gwe gwogera. Aleeruuya! Katonda yamubuuza nti, "Muganda wo aluwa?"

N'addamu nti, "Nze mukuumi wa muganda wange?"

356 Ye n'agamba nti, "Omusaayi gwe gunkaabirira. Omusaayi gwe gunkaabirira." Kabonero. Kabonero, akalaga nti yali attiddwa. Omusaayi gwe nga gumululumira.

357 Kati, ekyo bw'okifuna ekiri mu Lubereberye 4:10, n'eky'Abaebbulaniya 12:24, tandika okusoma. Mu Abaebbulaniya 10, 12:4. Wagamba nti, "Omusaayi gwa Yesu gwogera ebirungi okusinga ogwa Abbeeri."

358 Mulaba, Abbeeri, yali muntu mutuukirivu. Yafa. Yafa, taliiko musango, kubanga yali mu Kkubo. Yali mu Kkubo, nga ayimiridde ku lw'okubikkulirwa okwa nnamaddala kwe yalina. Yayogera. Gwaluluma! Omusaayi gwa Abbeeri ogutaaliko musango gwalulumira Kayini.

359 Naye Omusaayi gwa Yesu Kristo, ggwo tegwaluluma bululumi kyokka, naye Gwanunula. Amiina!"Gwogera ebintu ebisingako obulungi." Gubafuula abaana ab'obuwala n'ab'obulenzi. Gubakweka okuva eri obusungu bwa Katonda. Olaba? Omusaayi gwa Abbeeri gwali teguyinza kukweka Kayini, olaba, naye Omusaayi gwa Yesu guyinza. Amiina!

360 N'olwekyo, Kayini musajja wattu, weekukunuleyo leero, bw'oba obadde oyigganya Ekigambo, nga ogamba mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaayitako. Kino Ekintu kya busirusiru," n'ebiringa ebyo.

361 Gululuma, olaba. Omusaayi gwa Yesu Kristo gululuma, naye mu Gwo mulimu okusonyiyibwa ssinga ogukkiriza bukkiriza. Ekyo ssinga tubadde tusobola okukyogerako okumala akaseera akawera, olaba nti, "Omusaayi gwogera ebisingako obulungi."

362 Kkiriza, olw'obukuumi. Olwo oteekeko, olaba. Kkiriza olwa. . . Kiikino ky'olina okukkiririza okufuna. Okiraba, weetaaga obukuumi obubwo. Kkiriza okufuna obukuumi bwo, oluvannyuma oteekeko Akabonero ku lw'amaka gonna. Olaba? Oyinza okubuuza nti, "Ekyo nnyinza kukikola ntya?" Kasabe! Bwe Kakukolako, olwo ggwe n'Ekigambo nga mufuuka omu. Amiina! Amiina! Olaba? Okiraba, mwembi Kabakolera. Ggwe

n'Ekigambo bwe muba omu, kati awo Kateeke ne ku baana bo, Kateeke ne ku baagalwa bo.

363 Nga Lakabu bwe yakola, yateeka akabonero ku kitaawe, n'akateeka ku nnyina, n'akateeka ku bannyina ne ku baganda be, bonna n'abayingiza munda.

364 Naawe Kateekeko, ogambe nti, "Mukama, nkimayo mutabani wange. Nkimayo muwala wange. Mmubanjaayo wange!" "Ssetaani, mute! Mmukima. Nteekako Akabonero kange, Omwoyo Omutukuvu." "Ai Omwoyo Omutukuvu, ggwe abeera mu nze, kwata muwala wange oyo. Ŋŋenda gy'ali kaakano, nga ndiko amafuta Go." Ajja kukikola. Amiina.

365 Ky'ekyo kye baakola e Misiri. Ky'ekyo kye baakola e Yeriko.

366 Mwagala okusomayo ekirala, Ebikolwa by'Abatume 16:31. Pawulo yagamba omwami w'ekitongole nti, "Kkiriza Obubaka bw'ekiseera kino. Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, ggwe n'ennyumba yo yonna munaalokolebwa." Si bwe kiri? Kkiriza ku lw'ennyumba yo, bonna obayingize. "Kati olabye Katonda w'Eggulu nga akola ekyamagero. Ekyo kibaddewo nga omusango tegunnabaawo. Okikkiriza?"

"Yee! Nkole ntya?"

367 N'addamu nti, "Yimuka obatizibwe." Pawulo n'amutwala n'amubatiza, n'amugamba nti, "Kaakano kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, ggwe n'ab'ennyumba yo mwenna munaalokolebwa."

368 Nzikirize ki? Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, ku lw'ennyumba yo, oteekeko Akabonero ku nnyumba yo.

369 Kati olwo okola ki bw'okateeka ku nnyumba yo? Fulumya gasiya yenna. Kwata obusikaati bwonna obumpi, n'obuwale obumpi, ne matatu, ne ssigala, ne zi ttivvi, na buli kimu kyonna, obikasuke ebweru, bw'oba ogenda okuteekako Akabonero; tekajja kukkiriziganya nabyo. Yee, ssebo. Byonna bifulumye. Endongo zonna, n'obubagabaga, n'amazina gonna ag'okwetigoonyola aga rock-and-roll, n'empapula z'amawulire ez'obuseegu, n'ebintu byonna eby'ensi, bifulumye ebweru, ogambe nti, "Tulongoosa kifo kino."

370 Nga Yakobo bwe yakola, yagamba, yagamba mukyala we n'abalala bonna, n'abagamba nti, "Mwoze engoye zammwe na buli kimu. Obwo bu lubaale mubuggyeewo." Amiina. Yo- . . .

371 Mumanyi Yoswa kye yayogera nga tebannasomoka? Yagamba nti, "Mwoze engoye zammwe; mweyawule ku bakyala bammwe, n'ebirala, mwetegeke, kubanga mu nnaku ssatu tujja kusomoka Yoludaani." Amiina. Yali yeetegeka, nga ateekako akabonero. Amiina. Ky'ekyo.

372 Weetegeke. Kateekeko. Kakkirize. Weerongoose. Leka abaana bo, leka ab'ennyumba yo, leka abaagalwa bo, bakalabe Ako mu ggwe. Bwe kiri. Kajja kukola. Yee, ssebo!

373 Kati awo oteekeko Akabonero mu kusaba, n'o—n'o—n'obwegendereza, n'okukkiriza. Kateekeko n'okwagala kungi ddala, n'ebirala byonna, okutuusa lw'onaamanya nti kigenda kubaawo, kigenda kubaawo. Ky'ekyo kyokka. Kateekeko mu bukakafu nga okkiriza nti Kanaayamba. Bw'oyogera n'omwana oyo, bw'oyogera n'omwami wo, bw'oyogera ne mukyala wo, bw'oyogera n'omwagalwa wo ono, kkiriza nti Kagenda kuyamba. Yimirira buyimirizi awo, ogambe nti, "Mukama, mmaze okubabanjaayo. Bange. Mbaleetera Ggwe, Mukama."

374 Kateekeko, otondewo embeera eyo okukwetooloola, basobole okugwa butereevu mu Ko. Olaba? Ha, ekyo ky'oli, ekyo ky'oli, bw'oba olina Akabonero, otondawo omwoyo okukwetooloola, amaanyi, ne kiba nti bw'otambula, abantu bakimanya nti oli Mukristaayo. Babeera baagala obeeko ne ky'obagamba. Bakkiriza ekigambo kyo. Ky'oyogera, bakinyweererako. Olaba? Ky'ekyo.

375 Teekako Akabonero, otambule nako. Banjaayo ab'omu maka go. Oteekwa okukikola kati. Kino ky'ekiseera eky'akawungeezi. Kaakati, omaze ebbanga ddene nga owuliriza, kati kano ke kaseera ak'akawungeezi. Kaseera ka kuteekako kati. Obusungu bugenda kuyiika, olumu ku nnaku zino, kyandiba ekikeerezi ennyo mu kaseera ako. Olaba? Teekako Akabonero, nga oli mukakafu.

376 Ekyo bwe muba mwagala okukisoma, mubeeko ne kye musoma wano, ekyawandiikibwa kyange kye nnawandiise ekikwata ku kino, musome Abaefeeso 2:12, era n'abaagala okukiwandiika. Mwetegereze, mu Abaefeeso 2:12, bw'okisoma, wagamba bwe wati, nti, tetuweereza bikolwa bifu, wabula tuweereza Katonda omulamu, alina emirimu emiramu. Amiina! Ha, bannange! Alina emirimu emiramu, n'obubonero obulamu. Mukkiririza mu bubonero obulamu? Muwandiike ne, Abaebbulaniya 9:11-14, bwe muba mwagala nakyo okukiwandiika. Obubonero obulamu, emirimu emiramu, ebyo by'oba oteekako!

377 Si biyiiye ebifu bino mbu, "Mutabani wange nja kumutwala mu kkanisa nkakase nga yeegatta ku kkanisa."

378 Waliwo omuvubuka Omukristaayo omulungi ennyo wano, mukwano gwange, munywanyi ow'edda, omuvubuka omuntumulamu ddala, eya—eyajja wano, n'abatizibwa. Nnyina n'amugamba nti, "Kale ssinga wagenze mu kkanisa enneneko, bw'oba wabadde oyagala ku—kubatizibwa." Olaba? Olaba, ye omuvubuka yali tayagala biyiiye ebyo ebifu na bintu bya ngeri eyo. Olaba?

379 Tetuweereza biyiiye bifu na bakatonda abafu. Tuweereza Katonda omulamu Nnannyini Musaayi ogwayiibwa edda eri, era twateekekebwako Akabonero, akalaga nti naffe tuli balamu. Amiina. Yee, ssebo!

380 Leka kubaako biyiiye ebifu ebitali bimu by'oweereza. Beegaana n'okwegaana ebintu nga Akabonero. Bagamba mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaayitako dda. Eby'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu tebiriiyo." Nga kiki ekikwegassa ku kintu ekifaanana bwe kityo? Olaba? Tokikola ekyo.

381 Teekako Akabonero, olwo "oweereze Katonda omulamu," olw'emirimu emiramu, obubonero obulamu; obubonero obuwonya abalwadde, obuzuukiza abafu, obulanga ebinaabaawo, obwogera ennimi, n'okuzivvuunula, nga butuukirira ddala buli mulundi, obuwa obunnabbi ne bugamba nti *kino* n'ekintu *bwe kiti* bya kubeerawo, ne bulaga obubonero waggulu mu bbanga, ne ku nsi, obubonero n'ebyewuunyisa, amiina, nga bwogerera ddala ekyo kyennyini Bayibuli kye yagamba ekiribaawo. "Weereza Katonda omulamu," teekako Akabonero!

382 Leka kugenda kwegatta ku makanisa kika ekyo na kwegatta ku mirimu emifu n'ebirala ebifaanana bwe bityo, kubanga n'ebintu nga akabonero tebabikkiririzaamu. Naye ffe abakkiriza, amiina, tukimanyi nti. . . Bagamba mbu, "Eby'akabonero tebiriiyo. Ebyo, o, o, obwo butaliimu. Ebyo bye boogerako engulu eyo, bya kiralu. Kubanga, tebiriiyo. Ddala, mmwe bakazi mmwe abali eyo, ha, mmwe—mmwe, lwaki, temu. . . Kiki ekibambaza bwe mutyo. . . ?" Ke kakikola. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. "Enviiri zammwe lwaki teziriimu yadde. . . ?" Bayibuli bw'egamba.

383 Ebyo, ebyo bintu buntu ebitwawula ku bo, olaba. "Tokomako, tokwatako, tolegako." Ye Katonda. Olaba? Kati, ebyo birina kye bitegeeza.

384 Kati, bo balowooza mbu bya kiralu. Naye ffe abakkiriza era abamanyi Amazima, tukimanyi nti Okwo Kubeerawo Kwe okulamu, kubanga Kukola ebintu bye bimu bye yakola bwe Yali wano ku nsi. Amiina.

385 "Ha," bagenda ne bagamba mbunno, "bateebereza buteebereza mbu balabye Empagi y'Omuliro." Nedda, nedda! Nedda, nedda! Tetulina n'ekimu kye tuteebereza.

386 Baalowooza nti Pawulo, naye yateebeereza buteebereza nti Agirabye. Abamisiri baalowooza mbu Isiraeri baagiteebeereza buteebereza, naye Yabatwala mu nsi ensuubize. Yee, ssebo! Tetu. . .

387 Abaebbulaniya 13:8, mumanyi wagamba nti, "Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," bw'oba oyagala okukiwandiika, wansi, olaba, ekyo nti, "Ye omu." Ekyo—ekyo si—si kye kimu. . . si kufumiitiriza bufumiitiriza.

388 Bwe mpandiika Ebyawandiikibwa bino wano bye mpandiika wansi, mmanya Ebyawandiikibwa we biba, era bwe ntyo bwe mbibikkula. Olaba?

389 Tegeera nti kwe Kubeerawo Kwe okulamu, kubanga Akola ekintu kye kimu mu Mwoyo ono. Kati, ssinga guwaba ne gugenda mu kiyiiye eky'engeri emu oba mu kibiina ky'eddiini, tumanyirawo mangu nti tabadde Kristo. Si bwe kiri? Ssinga mbaddeko ekiyiiye eky'engeri emu kye mbatuttemu oba ekintu, ekirala, nnandibadde ntumiddwa kibiina kya ddiini. Naye ssibaleetedde biyiiye, era ssibayigiriza bibiina by'amadiini. Mbayigiriza Kigambo kya Katonda, nga ge maanyi ag'okuzuukira kwa Yesu Kristo agalabisiddwa, si ku lwange nzekka, naye eri oyo yenna ayagala. Mulaba? Nti oli . . .

390 Oli muganda wange. Siri muntu wa kitalo, ate ggwe n'oba nga oli wa wansi. Fenna tuli bantu ba wansi mu Katonda. Mulaba? Tuli baana Be abato. Tetulina kye tumanyi, ku bye tuteekeddwa okumanya. Atukkiriza okumanya nga bw'Aba ayagadde, era tumwebaza olw'ebyo bye tumanyi ebikwata ku mikisa Gye. Na kino ssikigabana nzekka; njagala kukigabana nammwe. Olaba? Njagala mukayingiremu, era njagala mufune Akabonero kano. Era bw'oba tonnaba kukikola . . . Bangi ku mmwe, abasinga obungi ku mmwe, mwamala dda okukikola. Naye bwe wabaawo abamu ku mmwe abatannakikola . . .

391 Mulaba, bye njogera bigenda ne ku lutambi, mukitegeera. Era nnyingi ku zo . . . Kati soogera ku ba wano mu kkanisa; nsuubira, ffenna twavaayo. Naye wandibaayo enkumi n'enkumi abaliwulira olutambi, mukiraba. Kale nno, obwo, nabwo buweereza. Walibaawo alyebbirira n'ayingira mu Yeriko, n'olutambi, n'olwekyo twagala oku—twagala tukwate Ensigo eyo eyateekerwateekerwa bwe luliba lugenzeeyo eyo, mulaba, kubanga obusungu bujja.

392 Tegeera nti Kubeerawo kwa Katonda omulamu, okukakasa nti Katonda yamuzuukiza okusinziira ku Kigambo Kye ekyasuubizibwa. "Esigadde akaseera katono ensi obutaddayo kundaba. Yeriko, Misiri, tebaliddayo kundaba. Naye mmwe mulindaba, kuba Nze . . ." "Nze," nnakasigirwa ey'omuntu, bulijjo y'ekozesebwa, mulaba. "Nja kuba nammwe. Nze Kabonero. Okuzuukira Kwange ke Kabonero. Emirimu gye Nkola ginaaboleka, ginaalaga nti Ndi mu mmwe."

393 "Nga bwe kyali mu biro bya—bya Lutti, bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu, Obubaka obw'akawungeezi bwe bulibuulirwa."

394 "Kubanga walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi. Awo mu kiseera eky'akawungeezi, Omusana gulyaka." Ha, ekitiibwa kibe eri Katonda! Njula okuwaguza mu bantu nziruke mbuuke n'ekisenge. Olaba? Olaba? "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi." Ky'ekyo. Nnabbi bw'atyo bwe yagamba.

395 "Era Ndibeera nammwe. Ndibeera mu mulembe gwa Luther; Ndibeera mu mulembe gwa Wesley; Ndibeera mu mulembe gwa

Pentekoote; naye mu kaseera ako kennyini ak'akawungeezi, walijja Omusana." Ebibiina by'amadiini birisaanawo, olwo Akabonero kalyoke kateekebweko. Ne bano bonna abeesimbu mu mutima, okuviira ddala emabega, awatali—awatali mmwe teba—tebalituukirizibwa. Naye mu mmwe . . .

396 Kiringa omutwe bwe gulina okugenda, okukima ekigere. Omutwe gulina okugenda, okukima omukono. Omutwe gulina okugenda, okukima omutima. Omutwe gulina okugenda, okukima omumwa. Olaba, omutwe gulina okugenda.

397 Era kati tuli mu kiseera akabonero we kaateekebwa ku mufubeeto gw'oluggi, mulaba, ne ku myango. "Kale bwe Ndiraba omusaayi, nga ke kabonero, Ndibayitako."

398 Kati ka nnyanguwe, mangu ddala nga bwe nsobola. Mu ddakiika endala nga ttaano, oba kkumi, tunaaba tumaze.

399 Kikakasa nti Katonda Yamuzuukiza okuva mu bafu. Mukkiriza? Ali mu ffe leero. Era oyo "Ndi" ye Kristo. Era oyo "Ndi" ali naffe okutuusa ku nkomerero y'e . . . Awo kigamba *kutuukirizibwa,* ekitegeeza, "enkomerero y'ensi." "Nja kubaawo okutuusa ku nkomerero y'ensi," okusinziira ku Kigambo Kye ekyasuubizibwa. Yakisuubiza. "Era emirimu gye nkola Nze nammwe muligikola." Eri ffe si bya butaliimu. Ke Kabonero. Ke Kabonero.

400 Tukkiriza ssaddaaka y'Omusaayi eno entukuvu. Tukkiriza Omusaayi Gwe ogwaweebwaayo nga ssaddaaka, ne tuwa . . . Oyo atuwa Obulamu, Akabonero, envumbo y'ekisuubizo Kye. Abaefeeso 4:30, wagamba nti, "Temunakuwazanga omusaayi"? Nedda. "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu, eyabateesaako . . ." [Ekibiina kigamba nti, "'Akabonero.'"—Omuk.] "Mwateekebwa mu ndagaano, mwayawulibwa." Muli mu ndagaano. Mwe muli. Akabonero, Omwoyo Omutukuvu, y'anaaba Envumbo. Ekintu kyonna bwe kisibibwako envumbo, tewetantala okugimenya. Toyinza kugimenya, ggwe, si Envumbo ya Katonda. Nedda. Olaba? Kuba mwa . . . "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu wa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olw'okununulibwa kwammwe," omubiri bwe gulizuukizibwa.

401 Nsigo, kabonero akalaga nti ensigo emeruse n'efuna Obulamu Obutaggwaawo, "*Zoe*, 'Obulamu Bwange Bwennyini,' era Ndigizuukiza ku lunaku olw'enkomerero." Era nga bw'otambula, obeera n'obukakafu nti Obulamu bwa Kristo buli mu ggwe, naawe oli mu Ye. "Ku bw'Omwoyo omu ffenna twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu, ne tusibibwako envumbo n'Omwoyo Omutukuvu munda omwo," mu bakkiriza nga bano wano, "okutuusa ku lunaku Yesu lw'alituzuukiza." Ha, bannange! Teekako Akabonero. Ekyo kye kitegeeza gye tuli. Ssaddaaka eno tugisuubira okutuwa Obulamu, era n'Ekikola. Oluvannyuma n'Etuwa Akabonero, ne tuteekako Akabonero,

nga ye Nvumbo okutuusa . . . Ne tuba—ne tuba abagabana ku Kino, nga kintu kya muwendo nnyo, ne tuba abagabana, nga twabatizibwa Omwoyo ono omu, okuyingira mu ogwo oguta- . . . Omubiri ogw'enfumo.

402 Ekigambo ekyo nkyogedde nga bwe kirina okuba, *ogw'enfumo?* Ogutalabika, Omubiri ogutalabika na maaso, Omubiri gwa Yesu Kristo ogutalabika na maaso. Mulaba, Omwoyo Omutukuvu aŋŋambye nti, "Ekyo tokyogedde nga bwe kirina kuba." Omusiru nga nze, naye Aŋŋambye nti, "Ekyo tokyogedde nga bwe kirina kuba," nguyise, *"ogw'enfumo,"* nga ate gulina kuba Omubiri gwa Yesu Kristo ogutalabika na maaso, olaba, Omubiri gwa Yesu Kristo ogutalabika na maaso. Ssetaaga . . . Tetwetaaga buyigirize; twetaaga Mwoyo Mutukuvu. Ye Ye. Olaba? Ye Ye. Ddala, mulaba, ekyo kibadde . . . kiyinza okuba nga waliwo gwe kyesittazza, omuyigiriza, kati nsuubira akitegedde bulungi. Omubiri ogutalabika na maaso! Kigenda kubaako ensonga, kubanga teyandikyogedde Ye. Olaba? Ali wano kaakano. Ali wano wennyini ku kituuti. Ali eyo yonna. Ye Ye. Mukiraba? Whyu!

403 Era mu Ye temuli kufa. Mu Ye temuli nnaku. Mu Ye temuli kukoowa. Mu Ye temuli kibi. Mu Ye temuli ndwadde. Mu Ye temuli kufa. Tuli mu Ye! Ssinga Ssetaani agezaako okukuwa ekintu nga endwadde, kwata bukwasi Akabonero ko okakozese. Ha, bannange! Kwata Akabonero ko okakozese, okulaga nti oli kyamaguzi kya Yesu Kristo kye yagula. Akabonero kalaga nti ebisale byo bisasuddwa.

Ajja kukugamba nti, "Bw'ofa, oba obuze."

404 Ggwe mugambe nti, "Oli mukyamu. Nnina ekyamaguzi ekyasasulibwa. Ndi kyamaguzi ekyasasulibwa. Nnina Akabonero."

"Akabonero kye ki?"

405 Kye Kali akimanyi. Togeza, togezaako kumusiruwaza. Kye Kali akimanyi. Kati, oyinza okwogerako n'abamu ku babuulizi bano, ne bakuwakanya. Naye si Ssetaani; ye akamanyi bulungi ddala. Olaba? Ha, ddala. Lumu yakalumbagana, emirundi nga ebiri oba esatu, n'akola ensobi, ey'okuleeta ekikemo. Ssetaani ky'oyogerako akimanyi. Ggwe mulage bulazi Kabonero ako, ajja kuddukawo. Ddala.

406 Kubanga, kiki? Kintu ekisibiddwaako envumbo. Tayinza kukisumulula, n'abaako ky'agaba okuva omwo ekitali kituufu. Mugambe nti, "Nzigyaako engalo zo! Ndiko envumbo." Ha, bannange! Ekyamaguzi ekisibiddwako envumbo! Yee, ssebo! Wagulibwa. Akabonero kakwatire waggulu w'okukkiriza kwo okutanyeenyezebwa mu kisuubizo Kye, olabe bw'adduka. "Okusaba okw'obunyiikivu n'obumalirivu okw'omuntu omutuukirivu kukola kinene nnyo!" Olaba? Olaba? Kwata

Akabonero ako. Ogwo gwe mugaso gwako. Ssetaani aliwo kukukema.

Mu Misiri, yaliyo kukema.

407 Ddala, mukimanyi nti, ku lunaku olwo Lakabu lwe yateeka malaaya oyo. . . Malaaya lwe yasibayo ekiwuzi ekyo ne kirengejja, ekiwuzi ekyo, muli nkuba akafaananyi nga ndaba abamu ku baserikale nga baseka ne bamujerega, nga bwe bagamba nti, "Laba omukazi omukadde omuzoole waggulu eri! Agudde ddalu. Laba, ky'awanise wali. Ha, ha, ha! Mazima ddala, ekyo wali okiwuliddeko? Ffe, Dokita Jones, emmanga wano yatugambye nti, 'Ebyo tebirina makulu yadde.'" Naye kyalimu amakulu, kubanga omubaka okuva ewa Katonda ye yaleeta obubaka n'ababuulira.

408 Oyinza okukubamu akafaananyi nga Abamisiri bagamba mbu, "Balinga. . . Laba, lengera ekibinja ky'abatukuvu abeevulungula, bwe basiiga omusaayi! Ha, ha! Tebaasange obuzibu, mu kugunaazaako kati! Ha, bannage! Bambi amaka gaabwe amanene ag'ekitiibwa agalabika obulungi gonna bagasaabye omusaayi! O, nga wanaava oguvundu! Nkukakasa mu nnaku ntono gugenda kuba kyennyinyalwa. Tegugenda kuba na makulu gonna. Omanyi lwaki? Faaza *Gundi* omutuukirivu bw'atyo bwe yagambye." Naye kyalina amakulu. Kyalina. Kyalina amakulu.

409 Eri ffe abakkiriza kirina amakulu. Olaba? Jjukira bujjukizi okukkiriza kwo okutanyeenyezebwa kw'olina mu Kigambo kino! Kati, tokyali Kaawa. Olaba? Toli omu ku bano ababuusabuusa, era, abo, abekkiriranya ne Ssetaani. Ggwe onyweza buli Kigambo kya Katonda. Olaba?

Kaawa yagamba nti, "Naye, Mukama ye yagamba!"

410 Ssetaani n'amugamba nti, "Naye, naawe okimanyi, nga Mukama mazima ddala tayinza kukola kintu nga ekyo ku muntu mulungi nga ggwe. Ha, oli mulungi nnyo. Tayinza." Ha, ddala, Ajja, kukikola. Yagamba Ajja kukikola.

411 "Naye, nze kitange yali muweereza. Nange mbadde muweereza." Si—ssiyinza kukyebeera. Bw'oba tolina Kabonero, obeera obuze. Obusungu bukuliko, olaba, ky'ekyo, bw'oba tolina Kabonero. Olaba? Weewaawo. Yagamba Alikikola, era Ajja kukikola. Ekyo, ekyo kimala. Bw'Agamba nti Ajja kukikola.

"Ha, nze nzikiriza ennaku z'ebyamagero. . . "

412 Weewaawo, naye Ye yagamba si bwe kiri. "Nze omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," olaba, ekyo kyennyini ky'Akakasa okuba.

413 Kati, eri ffe, tukimanyi. Eri bo, tebakakkiriza Ako. Naye ffe tukakkiriza. Tumanyi nti ge Mazima. Olaba?

414 Kati, bwe tubeera mu ekyo, tufuuka kitundu ku Kigambo. Olwo ne tukwata Akabonero, Omwoyo, ku kisuubizo ekigamba nti, "Nze Mukama akuwonya."

415 Kati mwetegekere olukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa akawungeezi ka leero. Olaba? Kwata Akabonero, okawanike waggulu ku Kigambo, ku kukkiriza kwo okutasagaasagana mu Kigambo ekyo, ojja kufuluma. Kati, Ekyo—Ekyo kye kintu ekimufulumya, kubanga mu Ye temuli kintu biringa ebyo.

416 Ssinga kibadde kisoboka nnandibawadde obujulizi kati, ku bintu bye ndabye nga bibeerawo mu wiiki entono eziyise. Olaba? Olaba? Ha, nga bye nnyinza okuweera obujulizi biyitirivu!

417 Mumanyi, ne Lukka yagamba nti, "Ssinga byonna Yesu bye yakola byateekebwa mu bitabo, te. . . tewandibaddewo bitabo bimala mu nsi okubiwandiikamu."

418 Bye ndabye byokka mu buweereza bwange, bye ndabye Akola, tosobola kutuuma bitabo wano ku kituuti ne bigyaawo. Ssinga mbiwandiika nga nnambulula buli kimu eky'ebyo bye ndabye Akola mu buweereza bwange bwokka, bye ndabye nga Akola. Olaba? Afunye obuwanguzi bungi nnyo mu buweereza bwange okusinga bwe Yafuna mu Bubwe. Bwe kiri. Bino bikwatibwa ku ntambi. Kati, mujjukire, kiri nti Afunye obuwanguzi bungi nnyo, si nze; Ye y'afunye. Ekitiibwa! Aleeruuya!

419 Afunye obuwanguzi bungi nnyo mu Jeffersonville okusinga bwe yafuna e Nazaaleesi. Yakola mu kibuga ekyo ekigwenyufu era ne mu kibuga kino ekigwenyufu. Amiina! Ekitiibwa! Kubanga, "Teyasobola kukolayo bya magero eri," naye wano Abikoze. Amalirizza nga alabye obuwanguzi, wano. Wano Abikoleddewo. Oba oli awo kimwetaagisizza okuleeta abantu okuva awalala, naye era mu buli ngeri A—Abikoze. N'olwekyo, Abadde n'obuwanguzi bungi nnyo wano okusinga bwe Yafuna e—e Kaperenawumu oba—oba e Nazaaleesi, mu ekyo. Akoze ebyamagero bingi nnyo wano wennyini mu kkuŋŋaaniro lino okusinga bye yakola mu buweereza bwonna ku nsi. Ekyo kituufu, Abikoze. Kati ate kiri kitya ku bitundu by'ensi ebirala? Ha, bannage! Kati ekyo ky'Akoze.

420 Kati mujjukire kiri nti, "Ye" y'akoze. Kati, ssigambye nti nze mbikoze, mulaba, nedda, kubanga si nze mbikoze. Si nze. Nze mmwagadde bwagazi ne nneewaayo gy'Ali, ne njogera by'Ayogera, awo Omwoyo Omutukuvu n'agenda ku bantu bali abalala ne bakkiriza by'Ayogera, awo n'Akola omulimu. Ky'ekyo kyokka.

421 Ssinga ffenna Asobola okutuleetera okukikkiriza! Ayinza kukola ki mu kiseera kino kyennyini ssinga ffenna Atuleetera okukikkiriza kati, ddala? Tewandibaddewo muntu yenna muyongobevu mu kibuga wonnna. Bwe kiri. Ssinga buli omu amuleetera okukikkiriza, byonna byandibadde biwedde. Olaba?

422 Kwatira Akabonero ko ku kukkiriza kwo okutasagaasagana mu Kigambo Kye ekyasuubizibwa, ne ssetaani ajja kugenda.

Kaakati ŋŋenda kumaliriza.

423 Katonda lumu ensi yagiwa akabonero akalala; yali musoke. Ekyo mukijjukira? Bulijjo, bulijjo Akuumyenga akabonero ako, kubanga Yamussaawo okuba akabonero. Emyaka gino gyonna enkumi n'enkumi, Talemwangako kulaga kabonero ako. Si bwe kiri? Lwaki? Akassaamu ekitiibwa. Ye yakassaawo. Yawa ensi akabonero nti taliddamu nate kuzikiriza nsi na mataba. Era bulijjo, bulijjo, okuva ku lunaku olwo, Abaddenga akalaga.

424 Waliwo ebintu mu bbanga, ebikola musoke oyo. Enkuba bw'etonnya, akasana ne kaaka, ekyo kye kimulaga. Akasana kakaza enkuba, bw'atyo yateekawo musoke okukakasa nti tewalibaawo mazzi mangi gasukkiridde galitonnya ku nsi kuddamu kugizikiriza nate. Eyo ye ndagaano Ye. Kabonero. Yagamba nti, "Nja kukabawa okuba akabonero."

425 Akabonero Ke yakassaamu ekitiibwa. Akabonero Ke yakassaamu ekitiibwa mu biro bya Nuuwa. Akyakalaga n'okutuusa leero. Akabonero Ke yakassaamu ekitiibwa e Misiri. Yakassaamu ekitiibwa e Yeriko. Ne leero Akassaamu ekitiibwa. Lubeerera assa ekitiibwa mu kabonero Ke buli lwe kalagibwa.

426 Emyaka gino gyonna enkumi n'enkumi, Ayagaddenga okulaga akabonero ako. Takeerabirangako. Teeyerabira kabonero Ke. Kati, ensi ne bw'ekyuka etya, musoke ye asigalawo. Olaba, Assaamu ekitiibwa akabonero.

427 Bw'atyo ne kaakano bw'Akola, Assaamu ekitiibwa Akabonero Ke. Ekkanisa ne bw'ekyuka etya, ne bw'ekola *kino*; Katonda asigala akyasaamu ekitiibwa Akabonero Ke, ako kokka. Kitulaga nti talemererwa kussaamu kitiibwa ky'Akola na ky'Ayogera. Tukkiriza, tu—tukissaamu ekitiibwa Ekyo. Nkissaamu ekitiibwa.

428 Naffe atusuubira okulaga Akabonero Ke ku kukkiriza kwaffe, eri Ssetaani n'obubiina bwe obw'enzikiriza enkyamu n'ebibiina by'amadiini, okulaga nti tukkiriza nti ekisuubizo Kye kya mazima, era ng'Ajja kukola bye yasuubiza okukola. Eyo ye Kkanisa.

429 Ky'ova olaba nga tebasobola kutuuka yadde ku ddaala erisooka, nga bwe tukiyita; munsonyiwe okwogera bwe ntyo. Kye bava balemwa okubaako ne we batuuka wonna okuggyako okuddayo obuzzi mu bibiina by'amadiini ne bakola ekibinja ky'abantu abali awo abambazi, ababangule, ab'obwongo, abayivu. Abatalina we bayinza kutuuka, kubanga ekyo kyokka bye balaga mbu, "Ndi Mumesodisiti. Ndi mu Pulesibeteriyani." Ekyo kyokka kye bali.

430 Naye abakkiriza batwala Akabonero! Era Yesu bye yakola nga atandikira mu Galiraaya, Agenda mu maaso n'okubikola kati okuyita mu kulaga Kwe okw'Akabonero, ak'Omwoyo Omutukuvu nga akomyewo ku Kkanisa. Kubanga, tebyali bikolwa bya batume, wabula byali bikolwa bya Mwoyo Mutukuvu mu batume, era ako ke kaali Akabonero.

431 Baagamba nti baalina okuwuliriza Peetero ne Yakobo, bwe baali ba. . . Peetero ne Yokaana, bwe baali bayita mu luggi olwayitibwanga Olulungi, nga babalaba tebalina kye bamanyi. Bayinza okuba nga enjogera yaabwe yalimu bw'eti nti, "Kuba, tannaba, gira, toola, nona, twala. Ka mbabuliire ku *kino*." Olaba? Bayinza okuba, baalina enjogera y'olulimi gye baayogerangamu bali gye baali tebasobola kutegeera. Oba oli awo baali tebamanyiiwo njawulo yonna, byo—byonna. . . okubala kwonna okw'Ebyawandiikibwa. Naye baasobola okubeetegereza ne bakizuula nti baali wamu ne Yesu. Baasobola okwoleka Akabonero ako, kubanga Omwoyo y'omu eyali ku Ye, nga tannaba kukomererwa, yali abasseeko oluvannyuma lw'okuzuukira. Amiina!

432 Kati ekyo Kimufuula okuba Abaebbulaniya 13:8, "Yesu Kristo y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Kw'ekyo kwe tumanyira nti Mulamu. Kubanga lwaki? Tumanya tutya nti tuli balamu? Kubanga Mulamu. Era kwe tumanyira nti tuli balamu, kwe kuba nga tulinga Ye, era tuli mu Ye. Era Yagamba nti, "Kubanga Ndi mulamu, nammwe muli balamu. Ye Nze," mu Kubikkulirwa "eyali afudde, naye kati ndi mulamu emirembe gyonna." Era bwe—bwe tufa eri ffe ne tufuuka abalamu mu Ye, tuba balamu emirembe gyonna. Era n'Obulamu Bwe mu ffe bulinga obulamu obw'ekintu ekirala kyonna, Bulaga ki kye Yali. Era ekyo Kimufuula okuba omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

433 Kati oyinza otya, nga Ekyo bakigaana? Ggwe awo tolaba, "bikolwa bifu"? Weereza Katonda omulamu, olw'Ekitaggwaawo. . . Ntegeeza, endagaano ey'emirembe n'emirembe ey'Obulamu obwali mu Musaayi gwa Yesu Kristo. Kati nga tusemberera, okumaliriza, nze. . . Kale, nzikiriza, tulekere awo. Olaba, okulaga Akabonero k'ekisa Kye, Okwagala Kwe! Kati, awatali kuteekako Kabonero kano. . .

434 Kati, ke Kabonero. Akabonero kye ki? Akabonero kye kiraga nti ebbanja lisasuddwa. Omuwendo ogwetaagibwa gusasuddwa. Omuwendo ogw'obulokozi bwaffe kwali kufa, olaba, era tewali n'omu yali ayinza kugusasula okuggyako Kristo. Ate si—si mwoyo gwa kibiina kya ddiini, si mwoyo gwa paapa, si mwoyo gwa muntu omu oba omutukuvu omu; naye Omwoyo gwa Yesu Kristo, ku Kkanisa, ke Kabonero akalaga nti ebbanja lisasuddwa era Atuukirizza buli kyetaago kyonna Katonda ky'abadde Yeetaaga, era ffe Naye tuli omu. "Ku olwo, mulimanya nti Ndi mu Kitange, Kitange ali mu Nze; Nze mu mmwe, nammwe mu Nze."

435 Teekako Akabonero! Teekako Akabonero k'okuzuukira Kwe. Ako, akalaga nti kubanga Yazuukizibwa olw'okuggyibwako omusango kwaffe, naffe Yatuzuukiza wamu naye. Era kati tutudde mu bifo by'omu Ggulu, mu Kristo Yesu, wansi w'okussa ekimu okw'Akabonero.

436 Isiraeri bwe baali batudde munda eyo, nga emiranga gigenda mu maaso, ebweru mu nguudo, tebaalina kintu kyonna kibeeraliikiriza. Kyali kimu kyokka, kukakasa bukakasa nti omusaayi, akabonero, kaali kalabika.

437 Ekyo kye kintu kyokka ekirina okutweraliikiriza kati. Waliwo omutawaana ogu—ogujja, oguli mu kkubo, ab'emikwano. Ebbanga esigadde ttono, omutawaana gugwe. Ekyo mukimanyi. Kakasa nti Akabonero kalabika. Era Akabonero gwe Mwoyo Omutukuvu. "Kubanga ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu, ne tufuulibwa abagabana ku kitiibwa Kye," ku Ttaka lyaffe, Eka, mukumbe kaakano okugenda mu Nsi ensuubize.

438 Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Akabonero mukakkiriza? ["Amiina."] Bameka abandyagadde okugamba nti, "O, Ow'oluganda Branham, nsabira, nsobole okujja wansi w'Akabonero kano"? ["Amiina."]

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

439 Mukama Yesu, Ggwe Asingayo Ekisa! Ensi bwe yali mu kibi, nga tewali n'omu ayinza kuyamba, Katonda, mu kusaasira, ng'akozesa ekifaananyi, yasooka n'alaga, nti walijja Akabonero akaliggyawo ekibi; si kukibikkako bubissi, naye okukiggyawo. Era Yesu yajja mu kiseera ekituufu, n'Ayiwa Omusaayi, Obulamu Bwe Ye, ng'atwala . . . ng'atangirira ku lw'ebibi byaffe, ate n'Amukomyawo mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, nga kati ke Kabonero akalina okusigala ku Kkanisa okutuusa lw'Alijja. Kubanga Omutume Peetero yagamba nti, "Ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo abali ewala, n'eri abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita."

440 Mukama, olw'ekisa Kyo, n'obuyambi Bwo, mmanja buli omu awulira Obubaka buno. Mbabanja badde eri Katonda, nkusaba, Mukama, bano abali wano enkya ya leero n'abo abaliwuliriza olutambi. Era bwe wabaayo Ensigo awantu wonna, eyateekerwateekerwa, Mukama, okuwulira Ekigambo eky'ebiro bino ebisembayo, leka bajje kaakano, mu bulungi n'obuwombeefu, basse eby'omuwendo byabwe wansi ku musaalaba, oba bo bennyini, nga ekkula ery'ekisa kya Katonda ekibayise. Era leka bajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu era booleke Akabonero ak'Obulamu bwa Yesu Kristo mu kuzuukira Kwe, ebbanga lyonna lye banaamala ku nsi. Kituwe, Mukama.

441 Ebigambo bino, Mukama, nnyinza okuba nga ssibyogedde bulungi. Era bwe kiba bwe kityo, nsaba Omwoyo Omutukuvu atwale Ebigambo ebyo abibawe mu ngeri gye Biteekwa okubaamu, abantu basobole okumanya n'okutegeera, awatali ttima. Era leka bategeere nti okwagala kuwabula. Era bakitegeere nti kiri lwa kiseera kye tulimu kati, n'okujja kwa Mukama okusembedde, era tulaba ebitaala ebimyuufu ebikulu eby'okulabula nga byaka, wonna mu nsi, nti ekiseera kituuse.

442 Abantu ka bafune Omwoyo Omutukuvu olwa leero! Nsaba, era mbawaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo. Era leka Abeere Akabonero gye tuli ebbanga lyonna lye tunaamala nga tuli balamu, kye Wasuubiza nti bw'Aliba. Ekyo kyangu okukisaba, kubanga Wakisuubiza nti bwe kiriba, era mmanyi nti bwe Kijja okuba. Mu Linnya lya Yesu tusabye. Amiina.

Kaakano, nga emitwe gyaffe tugikotese, okumala akaseera.

443 N'okukkiriza, nga nzikiriza, mbasabidde, mu ngeri yonna gye mmanyi okusabamu. Nsa—nsabye mu bwesimbu, na buli ngeri yonna gye mmanyi ey'okukisabamu.

444 Mulabeeyo, nkitegeera nti. Mumanyi? Ekimu eky'ekkumi n'ebiweebwayo byammwe bye bimbeezaawo. Buwagizi bwammwe, wano mu kkanisa, bwe bunsobozesa okubaako gwembuulira. Kwagala kwammwe, ne "amiina" zammwe, n'okussa ekimu kwammwe. N'ebigambo byammwe eby'ekisa ebweru eyo mu nsi gye mutambulira, mu bitundu by'eggwanga ebitali bimu, bigambo byammwe bye biyamba okutambuza Obubaka. Mmwe mukikola. Mu kino tuli bakozi, wamu ne Kristo. Tuli baaluganda abakazi n'abasajja, era Ye ye Kabaka waffe. Era mbaagala. Nze—nze—nze—nze, wendi, we njagala naamwe mubeere. Nvuga emmotoka okwetooloola eggwanga, okusobola okwogera nammwe emirundi egiwerako. Bulijjo njaayaana okubasisinkananga wano ku Ssande ku makya. Mbaagala. Lubeerera mbaddenga mbaagala. Ebiseera ebimu mba nnina okwogera n'obukambwe, naye mba ngolola bugolozi nsobi. Mulaba, nkikola lwa kuba mbaagala, mukiraba, era ssaagala mukasubwe. Te, temusaanye kukasubwa.

445 Kati, mu buwombeefu ne mu bukkakkamu, na byonna ebiri mu mutima gwo, mu buziba ddala, kakkirize bukkiriza. Gamba nti, "Mukama Yesu, mu kiseera kino kyennyini twala buli kimu kyonna ekiri mu nze, ekitakufaanana Ggwe, era leka nzigyewo amalala gange gonna, na byonna ebiri mu nze, mbifulumye. Ebisasiro byonna, obutakkiriza bwonna obuli mu nze, mbye—mbyetakkuluzaako kaakano, Mukama. Mbisamba bifulume. Era leka Omwoyo Omutukuvu omulungi owa Katonda, ng'ejjiba, akke munda mu nze. Nja—njagala kubeerawo emirembe Egitaggwaawo, Mukama, era nja—njagala Onnyambe mu kaseera kano. Kinkolere kaakano."

446 Nga bwe musaba, tugenda kumuumuunya oluyimba luno, oba tuluyimbe mpola, ffena wamu, *Mmwagala.* Era, jjukira, kijja lwa kwagala, kuba Ye kwagala. Nga bwe nteeka emikono gyange ku biremba bino, kubanga abantu bayinza okubitwala nga tebunnaziba.

Mmwagala, Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Mmwagala, Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala,

Kati waayo obulamu bwo gy' Ali.

Era n'asasulira obulokozi bwange
. . . gw'e Kalivaaliyo.

447 Mwagale, mwagale, mwagale. Laba kye yakukolera. Kibaawo lwa kwagala. Okwagala kuleeta obuwulize. Okwagala kuleeta okwogerezeganya. Okwagala kuleeta obufumbo. Era awo we twolekedde: Embaga y'Obugole ey'Omwana gw'endiga. Mpulira Omulokozi wange nga ayita, nti nange, Anjagala.

. . . nange, anjagala.

Mwa . . .

448 N'omutima gwo gwonna, wulira Ekintu ekiwoomerevu nga kikuyingira. Oyo ye Mwoyo Mutukuvu.

Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

449 Bwe . . . Nyimusa emikono gyange, wamu n'ekibiina, n'amaloboozi g'ebivuga. Bwe mba nnyonoonye, bwe mba nnina ekintu kyonna ekikyamu kye nkoze . . .

Mbasabira kaakano, nga nange bwe nneesabira.

450 Bwe mba nnina ekintu kyonna ekikyamu kye nkoze, nnyimusa omukono gwange gy'Oli, Mukama, ekitegeeza nti nsaba onsonyiwe. Nnyimusa omukono gwange gy'Oli, Mukama, nga ntegeeza nti si—ssaagenderedde kukikola. Era mmanyi nti nfa, Mukama. Nnina okuva ku nsi eno, mu mubiri. Njagala kukusisinkana. Omukono gwange gutegeeza, gutwale, Mukama. Nzijuza n'Omwoyo. Mpa Akabonero k'okwagala Kwo, Omwoyo Omutukuvu, anaandeetera okutambulira mu bulamu obulungi, obukkakkamu, andeetere okutambulira mu Bulamu obwali mu Kristo; omutima gwange gubeere nga gubugujja ku lw'abalala, nneme okuwummula n'akatono, emisana n'ekiro, okutuusa nga ndeese buli muntu yenna gwe nsobola okuleeta. Nja kuba nga ababaka e Yeriko; nja kugenda eri buli muntu yenna gwe nsobola okutuukirira, ndabe oba nga nsobola okubaleeta wansi w'endagaano y'Omusaayi, wansi w'Omusaayi gw'Omwana gw'endiga, basobole okufuna Akabonero.

451 Mulaba, Omusaayi gwe gulongoosa. Omwoyo ke Kabonero akalaga nti Omusaayi gusiigiddwa. Olaba? Omwoyo ke Kabonero akalaga nti Omusaayi gusiigiddwa. Okutuusa nga Omusaayi gusiigiddwa, o—Omwoyo tayinza kujja. Naye Omusaayi bwe gusiigibwa, olwo Omwoyo abeera Kabonero, akakuweerezebwa, okulaga nti okukkiriza kwo mu Musaayi kukkiriziddwa, ebisale byo eby'entambula bisasuddwa. Ebisale byo eby'entambula bisasuddwa. Kiwedde. Omusango

guggaddwaawo. Oli Mukristaayo. Oli mukkiriza. Kristo ali mu ggwe, naawe oli mu Kristo.

> . . .yasooka okunjagala
> Era n'asasulira obulokozi bwange
> Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

452 Nga mukotese emitima gyammwe kaakano mu maaso ga Katonda; omusumba wammwe, Ow'oluganda Neville, n'ebigambo bye ebiggalawo ne by'agenda okwogera.

453 Mujjukire enkuŋŋaana z'akawungeezi, olukuŋŋaana lw'okusabira abalwadde. Mujje nga bukyali. Tutandike ku ssaawa emu, nze nzijje ku kituuti ku ssaawa emu n'ekitundu. Kirina obuzibu, Ow'oluganda Neville? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Tekirina buzibu."—Omuk.] Kati tugenda kusembera, mulaba, akawungeezi ka leero. Mujje!

454 Olw'eggulo lwa leero, musigale nabwo. Temuganya Bubaka buno kubavaako. Mujjukire, temuganyanga Bubaka buno kubavaako!

455 Omusaayi gunaababeerera Akabonero nti Obulamu buweereddwaayo. Olaba? "Era bwe Ndiraba Omusaayi, Ndibayitako." Omwoyo Omutukuvu ke Kabonero akalaga nti Omusaayi gusiigiddwa ku mutima gwo, era ke Kabonero akalaga nti Omusaayi guteekeddwaako. Bwe guba teguteekebwangako, n'Akabonero tekasobola kujja. Mukitegeera? Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Omusaayi guteekwa okusiigibwa olwo Akabonero ne kalyoka kajja. Ke Kabonero akalaga nti Omusaayi gw'obununuzi gusiigiddwa era ebisale byo eby'entambula bisasuddwa. Katonda abawe omukisa. Ow'oluganda Neville.

AKABONERO LUG63-0901M
(Token)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 1 Ssebutemba, 1963, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org